DIGNITY
www.dignityonline.org.uk

Essomo ly’emisingi 1:

# Obulamu Butandika

Bannamawulire:
Sarah Small,
Jon Paul Witt,
Alan Scantlebury
ni Jo Kimball



# Essomo ly'emisingi 1
# Obulamu Butandika

*'Balyoke bayitibwe miti gya butuukirivu,*
*Mukama gye yasimba, alyoke aweebwe ekitiibwa ye.'*

*Isaaya 61:3*

**Essomo ly'emisingi 1: Obulamu butandika, lyasooka okufuluma, mu mwezi gwa kkumi mu 2017.**

Mu mateeka, omusomo guno gwassibwako akabonero k'envumbo kano, ©Dignity 2017 okulaga nti ekitongole kino kigaana omuntu omulala yenna okufulumya omusomo guno nga bwe guli mu nsengeka ya gwo.

**Bw'oba oyagala okutuukirira ekitongole kino ekiyitibwa Dignity, kozesa endagiriro eno:**

Akabokisi ka posta: 6 Barlow Moor Road, Didsbury, Manchester, M20 6TR, UK

Bw'oba okozesa e mail: hello@dignityonline.org.uk

Bw'oba okozesa essimu: +44 (0) 7340 753 937

**Okwebaza**

Dignity, kyebaza Yesu olw'obulamu bw'atuwa okusobola okusengeka ekitabo kino.

Diginity kyebaza buli muntu na buli kibiina ekigabiridde ensimbi mu kukola omulimu guno.

**Omulimu gwa Dignity**

Diginity kikolaganira wamu n'abantu abali mu bitundu mwe kiri nga kibakyuusa okubaggya mu bwavu okuyita mu nkolagana ne Yesu. Kino tukituukako okusookera ddala nga tuyitira mu Bibiina By'Obulamu, be bakristaayo ab'omu kitundu abatendeka bannaabwe okutambula nga bagoberera Yesu n'okulaga okwagala kwe eri abo ababeetoolodde. Okuyita mu mulimu gwaffe, tulaba abantu abali mu bulamu obwewunyisa era nga bwetooloddwa eby'amagero ebya buli lunaku. Ebingi ku bino oyinza okubisanga ku mukutu gwaffe oguyitibwa **www.dignityonline.org.uk**

**Abantu abali emabega w'emisingi**

Bannamawulire: Sarah Small, Jon Paul Witt, Alan Scantlebury ne Jo Kimball

Abasomi b'eby'obuwangwa: Cornelius Chalwe, Gervas Chalwe ne Dorothy Jikubi

Abasomi abasunsuzi: Rachel Warner, Mark Vermes, ne Abigail Cummings

Abavvuunuzi: Pr. Ggenza Patrick Kiwanuka

**Ebyawandiikibwa bya Baibuli**

Ekitabo Ekitukuvu ekiyitibwa Baibuli Endagaano Enkadde n'Empya
Luganda Bible 1968 Edition © United Bible Societies 1968, and British and Foreign Bible Society, London, England, 1954, 1967, 1972, 1994 and The Bible Society of Uganda, 2013.

**Obubonero obulungamya**

Obubonero obulungamya bwakubibwa ab’ekitongole kya Studio5 ekiyitbwa Metro Icon ne bufulumizibwa aba SyncFusion. Obubonero buno bukozesebwa oluvannyuma lw’okufuna olukusa.

# Emisingi

**Emisingi ly’essomo** eriyamba abantu okunoonyereza n’okukula mu nkolagana yabwe ne Katonda era n’okubazzaamu amaanyi okuweereza bantu bannaabwe mu bitundu mwe bawangaalira. Lyawandiikibwa mu ngeri ey’omutindo ogwa waggulu ennyo esobola okusomesebwa mu buli kitundu kyonna okwetooloola ensi, era nga lituukana na buli buwangwa bw’abantu. **Essomo ly’emisingi** liri mu nsengeka ya bitabo bina, nga buli kitabo kirimu engigiriza esengekeddwa mu ngeri ey’okukubaganya ebirowoozo wakati w’ebibinja by’abantu ya mirundi kkumi n’esatu.

**Essomo ly’emisingi** lyawandiikibwa abantu abaakyaala nga bava mu bitundu eby’enjawulo mu nsi yonna nga bakola nga ba nnakyewa, era ne bakungaanya wamu emisomo gye baawaandiika ne gisunsulwa ab’ekitongole ekiyitibwa (Dignity).

***Essomo ly’emisingi 1: Obulamu Butandika*** ligendereddwa okuyamba abaakalokoka oba abo abatalokokanga. Litandika mu ngeri ennyangu ennyo okutegeera mu kulungamya abantu mu mitendera egy’okukkiriza n’okumanya Katonda.

***Essomo ly’emisingi 2: Obulamu Bukula*** kazimba emisingi okukkiriza kwe kuyinza okukulira ne kayamba okutegeera ezimu ku njigiriza eziwagira enkozesa ya Baibuli era n’okusaba.

***Essomo ly’emisingi 3: Obulamu Butonda*** kateeka essira ku ngeri abayigirizwa ababeera mu kitundu gye basobola okukyuusa ebibeetoolodde. Abakristaayo abalamu obulungi basobolera ddala okuddamu okutonda obulamu bwe baaweebwa mu bantu be bawangaala n’abo ne mu bantu abalala.

***Essomo ly’emisingi 4: Obulamu Butuukirira*** kalaga omukristaayo atuukiridde mu bukulu bw’afaanana. Akatabo kano kalina emitwe gy’emisomo egisigaddeyo, nga kaginnyonnyola mu buziba era n’okugigaziya.

# Ab'awandiika omusomo guno:

***Essomo ly'emisingi 1: Obulamu Butandika*** lyawaandiikibwa ba nnakyewa abaava mu bitundu eby'enjawulo eby'omu nsi yonna. Abawandiisi abaliko kye baasonda ku katabo kano basengekeddwa nga bwe baagenda baddirigana.



**Cornelius Chalwe** ye akulembera mu Maanyi ekitongole kya Dignity, mwawule mu Kkanisa ya Abapolotestant (Anglican), era muleesi wa nkyuukakyuuka aleetedde abantu okutuuka ku bukulu obw'omwoyo n'okulokoka kw'abantu ba Katonda. Ayagala Katonda, akkiriza nti ekigambo kye kireeta emirembe era ne kiggulirawo Katonda ebyaalo n'amaka.

*Essomo 11*

**Alan de Wet** yeyogerako nga makanika afuna obuzibu mu kunnyonnyola ekyo kyaali, omulimi, omwami, taata era ow'omukwano abuulira, asomesa era kati omuwandiisi. Tumumanyi nga omusajja ayagala Katonda era agabana n'abalala obulamu Katonda bw'agaba okuyita mu bigambo bye.

*Essomo 6*



**Kurt Francis** aweerereza wamu n'omusumba we Ruthin Christian Fellowship mu Wales. Ye bba wa Ann alina abatabani 3 abakulu era kati Jjajja, alina okutegeera okwa waggulu ennyo. Anyumirwa nnyo okusoma ebitabo era ebiseera bye asinga kubimalira mu ba mikwano, ab'ennyumbaye obw'olumu agendako mu kuloba eby'ennyanja.

*Essomo 2*



**Mary Hardy** yalokoka nga aky'ali muyizi mu kibuga Manchester, e Bungereza. Yafumbirwa Randall era yamala emyaka mingi mu maka gaabwe agaalimu abaana 6, nga asomesa mu ssomero ly'abakristaayo era nga asomesa ne mu maka gaabwe. Anyumirwa nnyo okuba n'empuliziganya n'ab'ewaabwe, okusoma ebitabo, okulima, ennimi n'ebyafaayo.

*Essomo 7 ne 8*



**Jo Kimball** abadde omu ku b'ekinja kya Dignity okuviira ddala mu mwaka gwe 2008, nga akyaala mu bitundu bingi ddala eby'omu Zambia okukola n'Ebibiina by'Obulamu wamu n'Ebibiina abaleeta Enkyuukakyuuka mu bitundu. Muteesiteesi era azzaamu amaanyi mu bantu era asanyukira okulaba abalala nga bakulaakulana era nga bayiga kye kitegeeza okwagala Yesu.

*Essomo 5*



**Ben Jeffery** ono ye musumba w'ekkanisa eyitibwa, Soul City, gye yatongoza nga ali ne mukyala we Emma e Stockport, mu Bungereza. Ye omu ku kibinja ky'abantu b'ekibiina ekiyitibwa NewThing Global Operations ekiri mu nteekateeka ez'okusimba amakanisa 10,000 agagenda okwezaazaamu omwaka ogw'e 2020 we gulituukira.

*Essomo 1*



**Tobbias Ngala** ye musumba omukulu mu kanisa eyitibwa Trinity Chapel e Mombasa, Kenya. Mukyala we ye Joyce, era bakazaala abaana ab'obuwala babiri, omutima gwe gwagala nnyo okutandika amakanisa era alina okwolesebwa okw'okuzimba ekkanisa ereeta obulamu mu buli kibuga na buli kabuga ku lukalu lwa Africa. Mukugu mu kutendeka n'okukuza abasumba n'abakulembeze.

*Essomo 10*



**Sarah Small** yakulira mu Yorkshire n'atendekebwa mu misomo gy'eddiini egya Baibuli mu Manchester. Oluvannyuma lw'emyaka 10 nga akolera mu kitongole ekimu nga nnakyewa mu Bungereza ne mu Africa, yasalawo okwemalira mu buminsane mu kimu ku byaalo by'omu Bungereza. Alina obukulembeze bw'agenda nga yennyigiramu wano na wali mu makanisa ag'enjawulo, n'okukola emirimu gy'obwa nnakyewa mu by'amaka na abaana 2 era abadde yakamaliriza emisomo gye ku ddaala lya MA (Masitazi) mu misomo gya Baibuli egikwata ku bwa kabaka.

*Essomo 4, 9 ne 13*



**Jon Paul Witt** ye mutandisi w'ekitongole kino ekya Dignity era akoze nnyo mu nsi nnyingi. Obwongo bwe bugazi nnyo, mutandisi, mubuulizi era muminsane. Mukyala we ye Judith, na abaana 3. Bawangaalira wakati wa Zambia ne Bungereza. Okuyaayaana kwa Jon, kwa kulaba nga abantu balokoka era ne basobola okuleeta enkyuukakyuuka ez'omuggundu mu bitundu mwe bawangaalira.

*Essomo 12*

Omuwandiisi w'essomo 3 teyayagala kwemanyisa linnya lye.

# Ebirimu

Okukuuma abaana obulungi nga muli mu Bibiina by'Obulamu ....................................8
1: Obulamu Obupya obuva eri Katonda....................................................................10
2: Obulamu mu Ffe ......................................................................................24
3: Obulamu Obupya Bukula ..........................................................................36
4: Okugabana Obulamu Obupya ....................................................................48
5: Okukulira mu nnyubma ya Katonda............................................................58
6: Mu Kifo Ekisirifu ne Katonda ....................................................................70
7: Baibuli kye ki? .......................................................................................82
8: Engeri y'okuyiga Baibuli ..........................................................................96
9: Okusaba kye ki? ................................................................................... 106
10: Okusabira Awamu ................................................................................ 116
11: Okusinziza Awamu ............................................................................... 126
12: Omwoyo Omutukuvu Agaba Obulamu ..................................................... 138
13: Omusomo mu bufunze ........................................................................... 148

# Enkozesa y'ekitabo kino

Ekitabo kino kyategekebwa kibeere nga kikozesebwa mu kibinja kya bantu bangi. Omuntu akulembera yeyetaaga okubeera ne kitabo yekka. Weetaaga okugezaako okulaba nga buli ssomo liggwera mu ssaawa 1.5 ku 2. Bw'ozuula nga lijja ku kwetaagisa ekiseera kiwanvuko, oyinza essomo 1 okulimalako wiiki 2.

**Engeri y'okukulemberamu omusomo**

Kikulu okulaba nga ozzaamu abantu bonna amaanyi buli omu abeere nga yenyigira mu musomo. Tosomera busomezi bantu ebiri mu kitabo okubategeeza bye bateekeddwa okukola. Tukkiriza nti buli muntu alina eky'enjawulo ky'ayinza okusonda era nti Katonda atusomesa nga ayitira mu abo be tubeera n'abo. N'olwekyo, emisomo gyategekebwa mu ngeri ereetera abantu bonna okwetaba mu kukubaganya ebirowoozo. Mulimu ebyawandiikibwa ebyetaagisa okukwata obukusu, ebibuuzo, obuzannyo, obugerogero n'okukubaganya ebirowoozo nga byetaagisa buli ali mu kibiina okwenyigiramu.

Nga omukulembeze, weetaga okuleeta emboozi n'okugirunganya mu ngeri entuufu, naye tekyetaagisa ggwe wekka okuba nga oli nakyemalira.

Beera nga ozzaamu amaanyi abo abalina ensonyi n'abo abasirifu okugezaako okubaako kye boogera bwe baba basobola. N'abo aboogeziyogezi, nga boogera ennyo, obakugire basobole okuwaako bannaabwe abalala omwagaanya ogw'okubaako n'ebirowoozo bye bagabana.

**Bye weetaaga mu buli ssomo**

Emisomo gyategekebwa mu ngeri nnyangu era nga tegyetaagisamu bintu bingi eby'okukozesa. Ojja kwetaaga:

- Akatabo akalimu omusomo guno, omukulembeze kaalina okukozesa.

- Baibuli (kiba kiyamba singa abamu ku basomi bajja ne Baibuli, naye era si ze nkulu ennyo).
- Ekkalaamu ya bwiino n’empapula, eby’okukozesa. Osaana okukuutira abantu beereetere ebintu bino okuva ewaabwe.

Singa wabaawo ekirala ekyetaagisa, kijja kuba kitegeerekeka mu ntandikwa y’omusomo n’ensonga ekyetaagisa. Ebintu bino osaana okubitegeka nga omusomo tegunnaba kubeerawo.

**Obubonero obw’okukuyamba**

Tutaddemu obubonero obuyinza okukuyamba okukulaga engeri y’okukulembera omusomo. Obubonero bulagiddwa wammanga era n’amakulu gaabwo. Kati twala akaseera nga weetegereza omanye amakulu ga buli kabonero era oyite mu buli ssomo, olabe engeri buli kabonero gye kakozesebwamu. Kino kijja kukwanguyizako bw’onooba okulembera omusomo.

**Okuteekateeka**

Okwekakasa nti buli ssomo ligenda bulungi, waliwo ebintu ebyangu by’osobola okukola nga oteekateeka. Mu bino mulimu okwekakasa nti buli kye weetaaga okubeerawo mu musomo kitegekeddwa n’okulungamya abanaakola nga ba nnakyewa nga temunnakungaana. Bino osaana okubikolako nga wabulayo ennaku mu maaso, osobole okuba n’ebiseera ebikumala.

**Ekigendererwa**

Buli kitundu kitandika n’ekigendererwa. Kino kikulungamya mu ekyo ky’osomesa ekibiina era ne kiraga kiki buli muntu ky’alina okumanya nga bamazeeko omusomo. Ebigendererwa bino oteekeddwa okubikuumira mu birowoozobyo era nga weebuuza oba abasomi bo bayambibwa okukituukako. Kirowoozo kirungi okuba nga otandika n’okugabana ekigendererwa kino n’abantu b’ogenda okusomesa.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**
Buli omu asaanidde ayige ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu era nga asobola okukyogera nga essomo liwedde. Weetaaga okuba nga ekyawandiikibwa ekyo okibasomesa nga ojuliza Baibuli mu lwatu. Ate era oddemu okisome naye ku mulundi guno, kisome mu butundutundu, nga abasomi bwe baddamu. Ddamu era enkola eno oluvannyuma lw'akaseera akatono naye era ku mulundi guno nga osoma obutundutundu buwanvuko nga abasomi bwe baddamu okutuusa buli omu lw'olaba nga asobola okwogera ekyawandiikibwa yekka nga tomuyambyeko. Bazzeemu amaanyi okuba nga bagezaako okubyogera bokka.

**Okugero**
Engero nkola nnungi ddala mu kwanjula essomo era ne ziyamba okuyigira ku kintu abantu kye bamanyiridde. Buli omu anyumirwa okuwulira obugerogero era buba bwangu okujjukira! Ekibiina bw'oba okinyumiza olugero, gezaako okuba nga olunyumisa mu ngeri ya katemba. Bwe wabaawo omuntu mu kibiina alina ekirabo ky'okuleeta engero, kyandibadde kirungi okumuwa omukisa n'azibuulira banne. Weetaaga okubuuza oba waliwo alina olugero lw'asobola okubuulira banne, n'omuwa ekiseera okuteekateeka nga bukyaali, ekiseera ky'essomo nga tekinnaba kutuuka.

**Okumanya Baibuli**
Wakiri buli musomo gulimu e Byawandiikibwa bya Baibuli bya mulundi nga gumu, emisomo egimu girimu ebyawandiikibwa bingiko. Bwe wabaawo abantu mu kibiina abasomi obulungi, oyinza okubawa omukisa gw'okukusomera. Osaanye obasabe oba obategeeze nga ekiseera ky'ekibiina tekinnaba kutuuka basobole okwegezesa oba okugamba nti tebaasobole. Jjukira nti abamu tebasobola kusoma kale okubasaba okusoma mu maaso ga bantu ate nga tebasobola kugambira awo nti nedda kiyinza okubaswaza.

**Okwogera**
Mu musomo guno mulimu ebitundu ebyetaaga okusoma mu lwatu. Bw’oba nga osoma weetaaga okusoma nga owummulamu emirundi emingi, naddala nga osomye ekitundu ekirimu ensonga enkulu ddala, obabuuze oba bategeera ky’osomye. Bwe baba tebategeera ky’osoma, kikwetaagisa okuddamu okukisoma oba okunnyonnyola basobole okutegeera.

**Okukubaganya ebirowoozo**
Okuddamu ebibuuzo n’okukubaganya ebirowoozo kubisomeddwa, kuyamba abantu okuyiga n’okubaako kye beezuulira. Kino kibayamba okujjukira bye bayize. Bw’osanga akabonero ak’ekibuuzo, kiba kikulu ggwe okubaako ekibuuzo ky’obuuza ekibiina era n’ozzaamu abantu amaanyi abatonotono basobole okuddamu ekibuuzo ekyo. Ebiseera ebimu ebibuuzo bisaana bibe bya kukubaganya birowoozo mu bubinjabinja obutonotono. Essomo bwe riba liraga nti ekyo kye kyetaagisa wetaaga okwawulayawulamu abantu mu bubinja bw’abantu 3 oba 4, obawe ekiseera okukubaganya ebirowoozo ku kibuuzo ky’obabuuzizza. Bwe bamaliriza nga bakomyewo, kkiriza buli kabinja okubaako kye kagabana naddala ensonga enkulu ze baba bazudde mu kukubanya ebirowoozo.

Ebibuuzo bwe biba ebingi oba nga waliwo ebyawandiikibwa bya Baibuli abantu bye beetaaga, oyinza okubazzaamu amaanyi okukuba ekifaananyi ky’ebibuuzo ku masimu gaabwe oba okutegeka nga bukyali n’oyokesamu empapula eziwerako okuli ebibuuzo.

**Eky’okukola**
Abantu bayiga nga balina engeri y’obuzannyozannyo bwe bakola bwe baba basoma. Ebikolebwa biyamba kino okubeerawo. Abantu bonna bazzeemu amaanyi babe nga benyigira mu buzannyo obuba bubaweereddwa!

**Okusaba**
Katonda ky'ayogera n'abantu obutereevu kiba kikulu nnyo. Twagala okukubiriza ekibiina ky'abantu bo okubeera abasaba n'okusabiragana awamu nga bakunganye buli wekiba kisobose. Buli lw'olaba akabonero kano osaana okugamba ekibiina kyo kisabe. Waliwo engeri nnyingi ez'okusaba ezikozesebwa mu katabo kano. Ebiseera ebimu ekibiina kisabibwa okusabira awamu ate ebiseera ebirala, ne kyawulwayawulwamu mu bubinja obutonotono, ate olundi ne basaba nga beekutte babiribabiri. Ebiseera ebimu abantu basabibwa okusaba Katonda nga amaloboozi gaabwe gali waggulu, ate ebiseera ebimu ne basabibwa okusaba mu kasirise. Kikulu nnyo okubeera nga otondawo akaseera ak'okusaba ate era n'okukubiriza abantu babeere nga bawuliriza kiki Katonda ky'ayogera.

**Eky'okukola mu wiiki eno**
Buli wiiki ebaamu eky'okukola. Osaana okukinnyonnyola n'obwegendereza era ne weekakasa nti abantu bakitegeera era n'obawa eky'okukola. Ku buli ntandikwa ya buli ssomo, obuuza abantu olabe oba nga baakola omulimu gw'oba wabawa.

**Okujulira**
Kikulu okuba nga tulaga okwagala kwa Yesu eri abo aba twetoolodde. Kino tuyinza okukikola mu ngeri nnyingi ez'enjawulo. Buli ssomo lituwa ekirowoozo eky'engeri gye tuyinza okukikola. Kikwetaagisa obe nga okinnyonnyola n'obwegendereza eri ekibiina era okubirize abantu bonna okukola emirimu gino wakati mu wiiki. Bwe tuba tulaga okwagala kwa Yesu eri abo abatwetoolodde tukkiriza nti Yesu agenda kukyuusa obulamu bw'abantu abaleetere emirembe. Kyandibadde kirungi okukuutira abantu babeeko we bawandiika amannya g'abantu be babuulidde era obakubirize babeere nga babasabira.

Eddakiika 5

**Ebiseera**

Mu bitundu ebimu tulaze ebiseera bwe byenkana ebisaanye okukolerwamu emirimu gino oba okukubaganyizibwamu ebirowoozo. Kino kijja kuba kikuyamba okukuumira amasomo mu biseera ebikuweereddwa.

**Ebyawandiikibwa bya Baibuli ebijuliddwa**

Buli lw'olaba erinnya ne namba nga eriko akasittale mu ngeri eno, Zabbuli 1:4-6 kiba kikujjukiza ekitundu ky'oteekwa okusoma mu Baibuli. Kino kye nnyini ky'otekwa okusoma mu kitabo kya Zabbuli, essuula 1 n'olunyiriri 4 okutuuka ku 6.

# Okukuuma abaana obulungi nga muli mu Bibiina by'Obulamu

Fenna wamu twakkiriziganya ne tuvaayo n'amateeka amangungu abaana baffe basobole okukuumibwa oba bali waka oba wamu n'Ekibiina Ky'Obulamu mu musomo. Amateeka gano makulu okuba nga gakolera ne mu bitundu ebirala gye tubeera. Oba tuli mu nnimiro zaffe, mu kkanisa oba nab'emikwano, Katonda ayagala twekakase nti abaana baffe tebatuukibwako kizibu.

Buli omu ajja mu musomo ateekwa okwekakasa nti abaana be abalese mu bukuumi obulungi eka era nga balabirirwa omuntu ow'obuvunaanyizibwa oba si kyo batambule n'abaana baabwe.

Abakulembeze b'ebibinja bateekwa okujjukiza abantu be bakulembera okuleka abaana babwe mu bukuumi obwesigika ewaabwe era nga balabirirwa omuntu ow'obuvunaanyizibwa era n'abaana babeere nga baanirizibwa okubeera mu musomo wamu n'e kibinja.

Omuntu yenna akola ku baana mu kibinja, tateekwa kuba nga akola yekka naye n'omuntu obulala oba abantu abasingawo. Bwe baba bantu babiri, tebateekwa kuba nga bava mu maka gamu. (Bateekwa okuba nga baviira mu maka ga njawulo.)

Abo abakola ku baana bateekwa okubanga wakiri bamaze ekiseera kya myeezi 3 nga beetaba mu misomo.

Abakulembeze b'ebibinja n'abantu abeetabye mu musomo tebateekwa kukuba baana bifaananyi nga beetabye mu misomo gy'Ebibiina by'Obulamu.

Abaana bwe baba baweebwa emmere mu kiseera eky'emisomo, kakasa nti emmere gye balya tejja kubaleetera buzibu mu bulamu bwabwe.

Bannakibiina bwe baba baakukyalira maka mu bitundu mwe bagenze, bateekwa kutambulira mu bibinja bya bantu babiri babiri; okugeza, abasajja 2 okukyalira musajja munnaabwe, oba abakazi 2 okukyalira mukazi munnaabwe.

1

# Obulamu Obupya obuva eri Katonda



'Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi.'

Yokaana 10:10b

**Okuteekateeka**

Bye weetaaga okukozesa mu musomo guno:

- Ekkalamu ya bwino n'olupapula era n'ezisukkawo, obeere nga osobola n'okuyambako n'omulala aba teyasobodde kwereetera zize.

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?
- Gw'osabye okuleeta ekkalaamu ya bwino n'empapula?

**Okwaniriza**

Eddakiika 5

Kisoboka okuba nti abantu abeetabye mu musomo tebamanyigane. Osaanidde okuba nga weyanjulira abantu amannyago ate era n'okusaba abantu buli omu yeyanjulire ekibiina. Era osaanye webaze abantu okuba nga bazze okwetaba mu musomo ate era onnyonnyole ebisuubirwa okubeera mu musomo nga bali wamu.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa ky'omusomo gwa wiiki eno kwe kutegeera nti okugoberera Yesu kitegeeza nti tusobola okubaako n'entandikwa empya; wasobola obaawo entandikwa empya ku lw'obulamu bwaffe. Eby'obulamu bwaffe obwayita byasonyiyirwa ddala. Bwe twali nga *tetunnamanya* Katonda; kakati *tumumanyi* Katonda.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna. Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo ku lwabwe bokka.

*Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi.*

*Yokaana 10:10b*

**Okugero**
Somera ekibiina okugero luno wammanga.

Hetty Green yayitibwanga mukono gaamu asingira ddala ba mukono gaamu bonna ab'omu America. Mukono gaamu ye muntu akungaanya eby'obuggaga, n'eyeterekera ssente nnyingi nnyo naye nga asaasaanyako katono ddala.

Wadde nga yalina essente nnyingi nnyo, Hetty yawangaalira mu bulamu obwalagiranga ddala ekifaananyi eky'omuntu omwavu lunkupe kubanga teyayagalanga kusaasaanya ssente ze yalina. Yagamba nti yanywanga obuugi obuwoze olw'ensonga nti yalowoozanga nti okubugumyako obuugi kyali kyetaagisa masannyalaze agandimutwalidde ssente ye zeyalowoozanga nti zaali nnyingi nnyo. Olumu mutabani we yafuna ekiwundu ku kugulu naye yagaana okumugulira eddagala ery'okumujjanjaba okutuusa lwe baamutemako okugulu. Omukyala ono we yafiira yali yakamala okubeera mu luyombo ssinziggu nga akaayanira amata amasunde ge bamaze okujjamu omuzigo nti ge gaali gasinga obulungi olw'esonga nti gaali gagula ssente ntono okusinga gali agatali masunde.

Hetty bwe yaffa mu 1916 ebintu byonna bye yalina byabalirirwamu obukadde 100 obwa ddoola. Ezo zaali ssente nnyingi nnyo mu 1916 era n'okutuusa kati zikyali nnyingi ddala. Wefumiitirize naawe omuntu okubeera ne ssente ennyingi bwe zityo naye nga yeyisanga omwavu ddala atalina bimumala? Hetty yalina buli kintu kye yali yeetaaga naye teyabeera mu bulamu bwe yalina okubeeramu.

**Okukubaganya ebirowoozo**

Eddakiika 3

Buuza ekibiina kiki buli omu kye yandikoze singa yali asikidde essente ennyingi bwe zityo?

Kkiriza buli muntu abeereko ekirowoozo kyaleeta.

**Okumanya Baibuli**

Somera ekibiina <u>Abaefeso 2:1-9:</u>


> *[1]Era nammwe yabazuukiza bwe mwali nga mufiiridde mu byonoono n'ebibi byammwe, [2]bye mwatambulirangamu edda ng'emirembe egy'ensi eno bwe giri, okugobereranga omukulu w'obuyinza obw'omu bbanga, omwoyo ogukoza kaakano mu baana abatawulira; [3]era naffe fenna be twatambulirangamu edda mu kwegomba kw'omubiri gwaffe, nga tukolanga omubiri n'ebirowoozo bye byagala, ne tubeeranga olw'obuzaaliranwa abaana b'obusungu, nga n'abalala: [4]naye Katonda, kubanga ye mugagga w'ekisa, olw'okwagala kwe okungi kwe yatwagala ffe, [5]era ffe bwe twali nga tufiiridde mu byonoono byaffe, yatufuula abalamu awamu ne Kristo (mwalokoka lwa kisa), [6]n'atuzuukiza wamu naye, n'atutuuza wamu mu bifo eby'omu ggulu mu Kristo Yesu: [7]mu mirembe egigenda okujja alyoke alage obugagga obusinga ennyo obw'ekisa kye mu bulungi obuli gye tuli mu Kristo Yesu: [8]kubanga mwalokoka lwa kisa lwa kukkiriza; so tekwava gye muli: kye kirabo kya Katonda: [9]tekwava mu bikolwa, omuntu yenna aleme okwenyumirizanga.*

Tuyinza okuwuliriza ebyafaayo bya Hetty Green ne tulowooza nti ffe tetwandibadde nga ye, naye amazima gali nti ekirabo bya Katonda eky’obulamu kisingira ddala essente bye ziyinza okugula, naye bangi mu ffe babeerawo mu nsi nga tebakkirizanga kirabo kino oba ne twefaananyiriza nga abatakiweebwangako nakatono.

Ekyawandiikibwa kye tusomye mu Baefeso kitundu ku bbaluwa eyawandiikirwa ekkanisa eyali ekyali ento mu Butuluuki. Mu yo Pawulo omuwandiisi, annyonnyola nti mwali mufiiridde mu byonoono byammwe naye kati muli balamu. Mwafuna obulamu. Kino kye kisaanye okukyuusiza ddala buli kintu.

Katonda okutuwa obulamu obupya kitegeezaaki? Engeri ennyangu ey'okutegeera kino eri mu kukozesa ekifaananyi eky'enkulungo 3.[1] Nnyonnyola nti ojja kukuba ekifaananyi bwe munaaba mweyongera okugenda mu maaso n'omusomo ogunaddirira. (Funa olupapula olugazi ddala, okube buli mutendera gw'ekifaananyi nga bwe munagenda nga mweyongera okusoma ekituntu ekinaddako.)

**Enkulungo 1 - Obwonoonefu**




Bwe tutunuulira ensi etwetoolodde, tulaba nti ebintu si birungi. Tulaba nti ebintu byayonooneka. Abantu balwala, obufumbo n'amaka bimenyeka, abantu bakosagana, balimbagana era babbangana. Abantu abamu balina bingi ate abalala tebalina bibamala. Waliwo ebikankano ebiva ku musisi ayuuguumya ebitundu by'ensi n'amataba. Abantu n'amawanga mulimu okulwanagana.

[1] Ebifaananyi eby'enkulungo 3 byava mu Family Church, West Palm Beach, Florida. Bya kukozesa ebiriko olukusa buli omu bwaba yandibyetaaze okubikozesa.


Bwe twetunuulira, naffe tweraba nga tetutuukiridde. Tusobola okwekebera ne twerabamu ensobi ze tukola era n’engeri gye twakosebwakosebwa.

Eddakiika 3

**Okukubaganya ebirowoozo**
Buuza ekibiina beetegereze balabe oba nga waliwo kye balaba mu bulamu bwabwe oba mu nsi ebeetoolodde ekyayonooneka?

Bazzeemu amaanyi buli omu abeereko ky’asonda.

**Enkulungo 2 – Enteekateeka ya Katonda etuukiridde**
(Kaakati kuba ebitundu by’ekifaananyi ky’enkulungo ebiddako ku lupapulalwo)




Baibuli etutegeeza nti Katonda bwe yatonda ensi yali si nnyonoonefu. **Katonda yakola** ensi etuukiridde nga nnungi nnyo. Mu Olubereberye 1:31 ebyawandiikibwa bigamba nti:


> *Katonda n'alaba buli ky'akoze; era, laba, kirungi nnyo. Ne buba akawungeezi, ne buba, enkya, olwo lwe lunaku olw'omukaaga.*

Tukyalaba bingi kw’ebyo ebituukiridde Katonda bye yatonda mu nsi era n’abantu abatwetoolodde – ebintu ebirungi byonna, kitundu kw’ebyo bye yatonda nga bituukiridde.

Baibuli yeyongera okugenda mu maaso nga etutegeeza engeri ebintu ebirungi Katonda bye yatonda gye byagenda byonooneka olw'okuba nga abantu abaasooka Katonda be yakola baamujeemera ne **bamuvaako**. Wano ekibi wekyayingirira mu nsi.
Ekibi ky'ekintu kyonna ekitwawula ne Katonda. Ekibi kitegeeza nti enkolagana wakati waffe ne Katonda evuddewo era nti ensi etuukiridde nga Katonda bwe yagitonda eyonoonese. Kino tukirabira mu bwonoonefu bwe tukubaganyizzaako ebirowoozo.

Abantu bangi bagezaako okunoonya engeri gye bayinza okutereezaamu ebyakyaama naye nga tebabiyinza.

**Enkulungo 3 – Enteekateeka ya Katonda ey'okutereeza ebyakyaama nga ayita mu Yesu**
(Kaakati kuba ebitundu ebirala eby'ekifaananyi ebiddako ku lupapulalwo.)



Ekibi kyaffe n’obwonoonefu bwe tuyitamu butegeeza nti twayawukana ne Katonda, era nti tetusobola kuddamu kubeera mu bulamu obutuukiridde mu bujjuvu. Naye newankubadde nga kiri bwe kityo, Katonda yatuma omwanawe Yesu okutukomyawo gy’ali nga atujja mu bwonoonefu obwo.

Yesu yajja mu nsi yaffe eyayonooneka nga omuntu atuukiridde, n’abeera mu bulamu obutuukiridde. Yasasula omutango gw’obwonoonefu bwaffe n’ekibi nga awaayo obulamu bwe n’afa mu kifo kyaffe. Naye teyasigala nga mufu. Oluvannyuma lw’ennaku 3 yazuukira mu bafu, n’awangula okufa. Ssaddaaka ye n’etutemera ekkubo ery’okuzzibwa obuggya mu nkolagana yaffe ne Katonda, ebibi byaffe bisobole okusonyiyibwa, era tuddemu okubeera mu bulamu nga bwe bwategekebwa mu ntandikwa.


**Eky’okukola**

Eddakiika 3

Saba ekibiina okwogera ekyawandiikibwa nga tebalina we basoma kiri kye twayizeeko edda. Gezaako okulaba nga wakiri waliwo abatono abasobola okukyogera bo bokka.

(Kakati kuba ekitundu ky’ekifaananyi ekisigadde ku lupapulalwo).

Tuyize nti Katonda yatonda ensi etuukiridde naye n’eyonooneka olw’ekibi. Tuyize nti Yesu Katonda era nti yajja ku nsi n’attibwa, oluvannyuma n’addamu okubeera omulamu. Kati Yesu mulamu era ali mu ggulu era atuwa ekirabo kya bwereere: eky’obulamu obutuukiridde era obujjuvu.




Buli omu ku ffe yetaaga okusalawo oba ayagala **okufuna** ekirabo Yesu ky’atugabira oba okutambula n’avaawo nga takifunye ne yeyongera okubeera mu mbeera ey’obwonoonefu.

**Okufuna** ekirabo ky’obulamu, waliwo ebintu ebyangu 2 bye twetaaga okukola.

- **Kyuuka** nga ova mu kibi n’eri obulamu obwa kyetwala (obwonoonefu) **okyuuke okomewo** eri Yesu.
- **Salawo okugoberera** Yesu obeere nga weyisa nga ye bw’ayagala obeere.

Kino bwe tukikola Yesu asuubiza **okutuzzaayo** mu mbeera eri gye twatonderwa okubeera.
Atugabira ekirabo ky'obulamu obujjuvu bwe twetaaga okufuna. Kino kitegeeza nti tusobola mbagirawo okubeera mu nkolagana ne Katonda era Katonda ajja kujja atuule mu ffe. Era kitegeeza nti okuyita mu kiseera kyonna eky'obulamu ku nsi, Yesu alituyamba mu kukula mu nkolagana yaffe ne Katonda era atukyuuse tumufaananire ddala.

Bwe tuba tumaze **okufuna** ekirabo kino okuva eri Yesu, Yesu atulagira **okugenda** eri abantu abalala abali mu nsi abakyali mu bulamu obwonoonefu n'abo bawulire era balabe engeri gye bayinza okudda eri Katonda.

Teweeraliikirira bw'oba nga totegedde bulungi byonna nga bwe tubyogedde. Ebifaananyi by'enkulungo 3 bijja kukuyamba okukulaga ekifaananyi ekigazi. Tujja kwongera okulaba obuziba bwa buli nsonga gye twogeddeko ekiseera kye tunaamala nga tusoma emisomo egiri mu bitabo by'Emisingi.

**Eky'okukola**

Eddakiika 15

Weekakase nti ekifaananyi kyo eky'enkulungo 3 kiri awantu buli omu w'asobola okukirabira.

Buli omu kijja kumwetaagisa okubeera n'ekkalamu n'olupapula. Bwe wabaawo abatasobola kuwandiika, kino basobola okukiyigira mu bigambo ebyogere obwogezi.

- Abantu baawuleyawulemu babeere mu bubinjabinja bwa bantu babiribabiri.
- Omuntu omu mu buli kabinjaabeere nga akoppa ekifaananyi eky'enkulungo 3, nga bwannyonnyola munne ku buli nkulungo gy'akuba.
- Bw'aba amalirizza, ne munne gwali naye mu kabinja akole kye kimu.

Kiyinza okukwetagisa okujjukiza omuntu yenna gw'olaba nga afuba bufubi okujjukira ebitundu by'ekifaananyi era ne kye bitegeeza.

Eddakiika 15

**Okukubaganya ebirowoozo**

Abamu mu ffe tuyinza okuba nga twamala dda okulokoka n'okugoberera Yesu. Twafuna ekirabo ky'obulamu mu bujjuvu Yesu ky'agaba.

Abamu mu ffe tuyinza okuba nga twamala dda okulokoka n'okugoberera Yesu. Twafuna ekirabo ky'obulamu mu bujjuvu Yesu ky'agaba.

Abamu mu ffe bayinza okuba nga tebasalangawo kugoberera Yesu era n'okufuna ekirabo kyobulamu mu bujjuvu.

Mu buli kabinja k'okoze, kubaganya ebirowoozo ku nsonga zino:

- Wali olonzeewo okugoberera Yesu era wali ofunye ekirabo ky'obulamu mu bujjuvu?
- Bw'oba nga wakikola, ebyafaayo byo byali bitya ebyogera ku ngeri gye wasisinkanamu Yesu? Gezaako okuddamu buli kibuuzo mu ddakiika 1.
    - Obulamu bwo bwali butya nga tonnaba kusisinkana Yesu?
    - Yesu wamusisinkana otya?
    - Kati obulamu bwo buli butya okuva lwe wafuna Yesu?
- Bw'oba nga tonnaba kulondawo kugoberera Yesu, kino ky'ekiseera okkirize ekirabo ky'obulamu mu bujjuvu era omwanirize mu bulamu bwo. Gezaako okugabana engeri gy'olimu kati mu bulamu era na lwaki oyagala okumanya Yesu. Tujja kusabira wamu essaala ku nkomerero y'omusomo guno. Oyinza okusabira awamu n'omukulembeze, nga oyaniriza Yesu mu bulamu bwo.

Eddakiika 5

Ekibinja kisomere essaala eno. Gisome mu butundutundu era osabe buli omu addemu by'osoma ku buli katundu k'osoma oba nga baagala okulokoka n'okumanya Yesu n'okusingawo.

Weebale Yesu olw'okunfiirira.
Weebale okumpa obulamu obupya.
Nsonyiwa ebibi byonna n'obwonoonefu bwonna obw'obulamu bwange.
Nsalawo okukyuukira ddala nga nva mu bulamu obukadde.
Olw'ebyo bye wankolera byonna
Nsalawo okukugoberera n'okuwaayo byonna bye nnina ku lulwo!
Nnyamba okutambulira mu bulamu bw'ogaba mu bujjuvu.

Amiina.

Kkiriza okuwa abantu akaseera akamala basigale nga basaba era nga beesabira bokka na bokka mu bubinja bwabwe nga basinziira ku kukubaganya ebirowoozo okubaddewo. Bazzeemu amaanyi okuwuliriza ekyo Katonda ky'ayogera n'abo.

**Eky'okukola mu wiiki eno**
Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno, wandiika olukalala lwa buli kibi ky'owulira nga kyamenyeka ne kiva mu bulamu bwo. Tandika okwebaza Katonda olwa buli kintu ky'akyuusizza era n'akitereeza.

**Okujulira**
Twala eka ekifaananyi ky'enkulungo 3 kye wakubye. Nga oli eyo eka, beera nga weegezesa okukikuba nga okiggya mu bwongo awatali ku koppa. Baako mukwano gwo gw'osabira era otandike okugabana naye obubaka obuyitira mu nkulungo 3, eno nga bwe mukubaganya ebirowoozo okusobola okumanyisa amakulu agali mu nkulungo ezo era na ki ky'ozudde. Buuza mukwano gwo akubuulire, nkulungo ki gy'alowooza nti gy'alimu era omubuuze oba nga yandyagadde

osabire wamu naye. Yongera obeere nga omusabira mu nnaku ezisigaddeyo eza wiiki.

**Essomo erya kyeyagalire**
Abantu bwe baba ne Baibuli era nga baagala okusoma olugero olulaga engeri Katonda gye yatonda ensi era na ngeri ki ensi gye yayonooneka n'ekibi, basobola okusoma
Olubereberye 1 – 3.

Abantu bwe baba baagala okusoma ku kiki Yesu kye yakola bwe yajja mu nsi, basobola okusoma ekitabo kya Makko mu Baibuli.
(Matayo, Lukka ne Yokaana nabyo bitabo ebisobola okutubuulira ebyafaayo ebikwata ku biseera bya Yesu ku nsi.)

# Ebyokuwandiika

2

# Obulamu mu Ffe



'Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange.'

Sinulo 3:20

**Okuteekateeka**

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 5

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa ky'essomo lya wiiki eno kwe kutegeera nti okugoberera Yesu kitegeeza nti Katonda ajja n'abeera mu nda mu ffe. Bulijjo ali wamu naffe era n'atukyuusa okuviira ddala munda mu bulamu bwaffe.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Somera ekibiina ebyawandiikibwa eby'okukwata obukusu ne webisangibwa mu Baibuli babiwulire. Ddamu obisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwekiddamu. Oluvannyuma ogende nga osoma obutundutundu obuwanvuko era nga ekibiina bwe kiddamu okutuusa nga buli omu asobola okwogera okunyiriri lwonna. Bazzeemu amaanyi okugezaako okuluddamu ku lwabwe bokka nga tobayambyeko.

*Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange.*

*Okubikkulirwa 3:20*

**Okugero**

Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Abantu bulijjo bagamba nti, “Empisa z’omuntu ziba nkulu nnyo okusinga engeri gy’alabika kungulu”. Abantu bulijjo babalowooleza okubako eby’omugaso ebibavaamu nga basiziira ku ngeri gye balabikamu kungulu kwokka.

E Japan, eriyo engeri y’okukuba ebifaananyi eyitibwa *Doradango* (ekitegeeza emipiira egyakolebwa mu ttaka egimasamasa). Abakubi beebifaananyi oba ababumbi bakola emipiira emirungi ennyo nga bagiggya mu ttaka erisotteddwa nga olitabuddemu amazzi. Batandika n’ettaka ery’olububi okutayitamu mazzi ne baluleka lusooke lubenga olukalakalamu ate oluvannyuma mu nnaku eziddirira batandika okugenda nga bongerako ettaka ekkungunte obulungi ennyo, okutuusa lwe bakulunga omupiira ogw’ettaka oguweza obunene bw’ekikonde kyo. Ekyo kiyinza okulabika nga ekyewuunyisa, naye ate ekisingayo okwewuunyisa ky’ekyo kyebongera okugenda nga bakola.

Nga teginnakalira ddala, omubumbi akwata akagoye akaweweevu n’agenda nga ayooyoota emipiira ogy’ettaka. Okumala essaawa ennyingi nga agyetoolooza mpola mpola n’akagoye gifuna akabubi akaweweevu akokumaliriza. Emipiira egyettaka egimasamasa bwe giba giwedde, giteekebwa ku kabaawo aketooloovu okutuusa nga buli muntu agiraba atandise okugyegomba.

Wadde nga girabika nga emibalagavu ekiyitiridde, oba bukuguki omubumbi bwe yakozesa, oba girina kumasamasa kwa ngeri ki, gisigala nga gyakolebwa mu ttaka. Gimasamasabumasamasa kyokka era nga omuntu akoma kukugyegomba bwegombi nti mirungi kitalo, naye nga tewali kirala ky’oyinza kugikozesa ekyamakulu.

Ggwe giteekebuteesi mu kalobo k’amazzi mbagirawo ojja kulaba nga giddamu okufuuka kiri kyennyini kye gyali, ttaka butaka, naye nga

tewali mugaso mulala.

Olwaleero tugenda kuyiga nti Katonda ayagala okutufuula abalungi nga abeera mu ffe. Katonda atumanyi era asobola okulaba ebisingawo ku kye tulabika ku ngulu, n'ategeerera ddala ekyo kyetuli. Tayagala kutuyooyoota ku ngulu nga omubumbi oli bwayooyoota emipiira egimasamasa. Wazira, Katonda alonzeewo okubeera mu ffe asobole okutukyuusa nga aviira mu nda.

Kino kitegeeza nti tusobola okubeerera ddala ab'enjawulo ku giri emipiira egy'ettaka egimasamasa kungulu naye nga munda gya ttaka butaka. Bwe tusaba Katonda okubeera munda mu bulamu bwaffe, tuba n'obusobozi okubeera abasingawo ku kye tuli era n'okubeera abalungi ennyo munda muffe ne ku ngulu.

**Okumanya Baibuli**
Somera ekibiina <u>2 Abakkolinso 4:1-12:</u>

> *[1]Kale, kubanga tulina okuweereza okwo, nga bwe twasaasirwa,*
> *tetuddirira: [2]naye twagaana eby'ensonyi ebikisibwa, nga*
> *tetutambulira mu bukuusa, so tetukyamya kigambo kya*
> *Katonda; naye olw'okulabisa amazima nga twetendereza eri*
> *omwoyo gwa buli muntu mu maaso ga Katonda. [3]Naye*
> *okubikkibwako oba ng'enjiri yaffe ebikkibwako, ebikkibwako*
> *mu abo ababula: [4]Katonda ow'emirembe gino be yaziba*
> *amaaso g'amagezi gaabwe abatakkiriza, omusana gw'enjiri*
> *ey'ekitiibwa eya Kristo, oyo kye kifaananyi kya Katonda,*
> *gulemenga okubaakira. [5]Kubanga tetwebuulira fekka, wabula*
> *Kristo Yesu nga ye Mukama waffe, naffe nga tuli baddu*
> *bammwe ku lwa Yesu. [6]Kubanga Katonda ye yayogera nti*
> *Omusana gulyaka mu kizikiza, eyayaka mu mitima gyaffe,*
> *okuleeta omusana ogw'okutegeera ekitiibwa kya Katonda mu*
> *maaso ga Yesu Kristo.*
>
> *[7]Naye obugagga obwo tuli nabwo mu bibya eby'ebbumba,*

*amaanyi amangi ennyo galyoke gavenga eri Katonda, so si eri*
*ffe; 8tutaayizibwa eruuyi n'eruuyi, naye tetunyigirizibwa;*
*tweraliikirira, so si kweraliikiririra ddala: 9tuyigganyizibwa,*
*naye tetulekebwa; tumeggebwa, naye tetuzikirira; 10bulijjo nga*
*tutambula nga tulina mu mubiri okuttibwa kwa Yesu, era*
*n'obulamu bwa Yesu bulyoke bulabisibwenga mu mubiri*
*gwaffe. 11Kubanga ffe abalamu tuweebwayo ennaku zonna eri*
*okufa okutulanga Yesu, era n'obulamu bwa Yesu bulyoke*
*bulabisibwenga mu mubiri gwaffe ogufa. 12Bwe kityo okufa*
*kukolera mu ffe, naye obulamu mu mmwe.*

**Tuli nga ebibya ebyakolebwa mu bbumba**

Ebyawandiikibwa by'olwaleero byawandiikibwa Pawulo, omu ku bakulembeze b'ekkanisa eyasooka. Pawulo yakozesa ekifaananyi ky'ekibya ekinafu ekyakolebwa mu bbumba, ekibya ekiva mu ttaka, ekyokebwa mu muliro omungi ennyo. Ekibya eky'ebbumba si kye kintu ekisikiriza okutunuulira. Ebiseera bingi kirabibwa nga kya bulijjo naye kisobola okuba nga kikozesebwa okukuuma ebintu eby'omuwendo omungi nga amafuta ag'omugavu, emmere oba ebiwandiiko eby'omuwendo oba ebiseera ebimu, zaabu ne feeza.

Pawulo yakozesa eky'okulabirako eky'ebbumba nga ekifaananyi ekiraga ye yennyini era naffe.

**Yesu ali nga eky'omuwendo omungi munda mu bulamu bwaffe**

Ffe fennyini tuli nga ekibya ekinafu ekyatika amangu. Pawulo yaleeta ensonga nti Katonda yatuma Yesu abeere eky'omuwendo mu ffe munda.

Ebiseera ebimu tuyinza okulabika nga abebbeeyi. Katonda yali akozesa Pawulo mu maanyi naye mu ky'okulabirako kino Pawulo anokolayo ensonga nti si magezi ge oba maanyi agamufuula ow'amaanyi. Naye agamba nti ekkula Katonda lye yateeka mu ye lye

limufuula ow’amaanyi.

Pawulo yali agamba nti si nsonga tufaanana tutya oba kye tumanyi kyenkana ki. Naye kiri ku nsonga y’oyo gwe tulina - Yesu. Okubeera n’okukkiriza mu Yesu, okubeera n’ekkula lino mu ffe, kwe kumanya Yesu nga omulokozi waffe.

Pawulo yayagala ekkanisa okutegeera nti ekintu ekikulu ennyo ye Yesu n’obulamu bwalina obukolera mu ffe. Mu mazima Abafiripi 2:13 ekyawandiikibwa kigamba nti:
*Kubanga Katonda yakoza mu mmwe okwagala n'okukola, olw'okusiima kwe okulungi.*

Katonda anoonya abantu abawombeefu abateekemu ekkula lino. Yatutondera ekigendererwa ekya waggulu era ayagala okutuwa ekkula lye mu mitima gyaffe – Yesu.

**Ggwe oli nga ekibya eky’ebbumba?**
Bw’oteeka ekibya ekya bulijjo ekiyooyoote wamu n’ekibya ekiwunde n’amajjolobera, ekibya ekyamajjolobera kirabika nga kya njawulo. (Oyinza okulaga abantu ekifaananyi kino okusobola okuleeta amakulu g’ennyini).



Ekibya ekya bukijjo tekisikiriza nnyo. Tekirina kisobola kukulaga nti kibalagavu oba kirungi nnyo. Kikoma ku kukulaga nti munda mu kyo mulimu ekirimu.

Naye ekibya ekiwunde ekyamajjolobera kikusikiriza mangu okitunuulire enkaliriza mu kukyewuunya n'okukyegomba, awo ne kyetwalira ekitiibwa. Naye oyinza obutalowooza ku kukitunuulira munda mu kyo.

Abantu abamu bakoma ku birabika obulungi kungulu ne bamatizibwa, nga bagoberera obulungi bw'ekintu mu ndabika, oba magezi, ekitiibwa oba ettutumu omuntu lyabeera nalyo oba bya bugagga. Abo bafaanana nga ekibya ekiwunde oba emipiira egy'ettaka egimasamasa gye twalabye mu lugero lwaffe lwe twasomye. Bawangaalira mu bulamu obutalina kigendererwa okujjako okwegulumiza (nga berungiya ku ngulu). Bawulira obubaka bwa Yesu, naye tebabuganya kuyingira mu mitima gyabwe. Kuno kubeera kulaba bya kumpi. Nekivaamu, ebintu ebimasamasa bifuuka bya layisi, ebimenyefu era ebitali birungi.

Abantu abamu tebeefiirayo kukutunuulira oba balabika batya kungulu naye bafaayo nnyo okumanya kye bateekwa okufaanana munda mu bulamu bwabwe. Bafaanana nga ekibya ekiyooyoote naye nga si kiwunde n'amajjolobera. Baaniriza Yesu ayingire mu bulamu bwabwe. Kino kye kisingayo obulungi ddala: Buno bwe bulungi obutayonooneka era Yesu ye nannyini bwo. Abali mu bulamu obuli bwe butyo bassaamu Yesu ekitiibwa era babeera babe.

?
Eddakiika 5

**Okukubaganya ebirowoozo**

Nga muli mu bibinja bya bantu 3 oba 4 mukubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino wammanga. Gezaako okwebeerera owamazima mu kuddamu ebibuuzo byo.

- Abantu tubassaamu ekitiibwa okusinziira ku ngeri gye balabika mu kungulu oba ku ekyo kye bali munda?
- Abantu betussaamu ekitiibwa beebo betulaba nga balina agassente gangi ne bintu okusinga abo abalina ebitono?
- Ebirabika kungulu bye bisinga obukulu oba Katonda alina ekirala kye yatutondera ekisingayo?
- Oba nga Katonda alina ekisingayo kyeyatutondera, bintu ki byeyandyagadde okutukolamu n'okutukoleramu?

**Yesu ayagala okubeera mu ggwe**

Yesu ayagala okujja abeere mu ggwe. Kino tukisomako mu bugazi mu bitundu bingi ko mu Baibuli.

Mu kitabo ky'Okubikkulirwa 3:20 Yesu agamba nti:

> *Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange.*

Bw'oba osobola okumuwulira, Yesu agamba nti, 'Njagala kujja mbeere mu bulamu bwo.'

Yesu bwabeera mu ffe, akyuusa enneeyisa yaffe, endowooza, ebigambo n'ebirowoozo. Atuwonyeza ddala era n'atulungiya. Wano waliwo engeri endala ey'okunnyonnyolamu ensonga eno.

Mu Yokaana 15:5 Yesu agamba nti:

> *Nze muzabbibu, mmwe matabi: abeera mu nze, nange mu ye, oyo abala ebibala bingi: kubanga awatali nze temuliiko kye muyinza kukola.*

Ekintu ekirungi ennyo kiri nti Katonda yateekawo embeera esobozesa Yesu okubeera mu ffe. Ekintu ekisooka Katonda ky'akola, kwe kutulongoosa n'afuula emitima gyaffe emipya. Mu 2

Abakkolinso 5:17 Pawulo annyonnyola nti Yesu bw'ayingira mu bulamu bwaffe, tukyuusibwa. Agamba nti:
*Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.*

Gye bugenda bweyongera, Yesu akyuusa enneyisa n'ebirowoozo byaffe. Mu 1 Abakkolinso 3:16 tusoma nti Katonda ayagala okutuula mu bantu be, ensi esobole okumulaba nga eyitira mu ffe:

> *Temumanyi nga muli yeekaalu ya Katonda, era nga Omwoyo gwa Katonda abeera mu mmwe?*

Eddakiika 5

**Eky'okukola**
Mutuule wamu mu bubinjabinja mugabane kiki buli omu kya laba mu munne ekyo Kristo kye yamukolamu. Mubeere ba kisa naye nga muli besimbu. Ebyo byemunaaba mwogera nga muddamu ekibuuzo kino bisobola okuba nga bibikkula ekyama ate era nga bizzaamu amaanyi.

Eddakiika 10

**Okusaba**
Kaakati, ekibiina kiwe akaseera okuddamu okunyiriri olw'obukusu. Abantu abamu bawe omukisa ogwokulwogera bokka nga tobayambye bwe beewulira nga basobola.

> *Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange.*
>
> *Okubikkulirwa 3:20*

Kikulu nnyo okuwa abantu omukisa okuddamu eri ekyo Katonda kyabagambye olwa leero. Buuza oba nga waliwo ayandyagadde okwaniriza Katonda atume Yesu okubeera mu bulamu bwe. Bwe babawo, bakulembere mu ssaala eno ennyangu.

Mukama wange Yesu, weebale okuba nti oyagala okubeera mu bulamu bwange. Weebale, newankubadde nga nfaanana nga ekibya eky'ebbumba ekiyooyoote, oyagala okubeera mu nze. Olwa leero, nnyaniriza ekkula lino, obulamu obupya era nsaba nti ojje onkyuuse nga oviira ddala munda yange nga odda wabweru kungulu kw'obulamu bwange. Jangu obeere mu mutima gwange. Nsonyiwa olw'engeri gyembaddemu era okuva kati n'okweyongerayo, njagala kubeerawo ku lulwo. Amiina.

Kakati, mu bubinja bwe bumu nga ekyokukola, saba abantu basabiragane okusinziira ku kukubaganya ebirowoozo kwe babaddemu. Bazzeemu amaanyi okuwuliriza kiki Katonda kyabagamba.

**Eky'okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki.


Buli ku makya mu wiiki eno, saba Katonda akuwe omukisa ogw'okusobozesa abalala okulaba Yesu nga akola mu bulamu bwo. Wulira emirembe, Katonda tayagala kirala okujjako okulaba nga akozesa abo abeeteseteese era nga baagala okumukolera.

**Okujulira**

Wiiki eno twala ekiseera okwogera n'omuntu gw'olaba nga tewandyagadde kwetaba naye olwendabika ye oba olyawo eya wansi. Bategere amatu era obazzeemu amaanyi nga obagamba nti Katonda abaagala. Obannyonnyole ku kkula eriri mu bulamu bwo lye wafuna – anti ye Yesu ali mu ggwe. Gabana nabo obagambe nti nabo Yesu ayagala okubawa obulamu. Era osabeko nabo.

Okuyita mu wiiki, beera nga osabira ow'omukwano gwe wagabanye naye enkulungo ziri 3 era n'abantu booyogedde nabo bonna.

# Ebyokuwandiika



3

# Obulamu Obupya Bukula

'Nneebaza Katonda wange buli lwe mbajjukira,...nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo:'

Abafiripi 13 & 6

**Okuteekateeka**

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 5

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa ky'essomo lya wiiki eno kwe kutegeera nti era nga abaana abawere bwe bagenda nga bakula, okutuusa lwe bafuuka abantu abakulu, naffe tukula mu bulamu obupya mu Katonda. Tugenda tufuuka nga Yesu, era n'ebirowoozo byaffe n'ebikolwa bigenda bifaanana ebya Yesu.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Somera ekibiina ebyawandiikibwa eby'okukwata obukusu ne webisangibwa mu Baibuli babiwulire. Ddamu obisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwekiddamu. Oluvannyuma ogende nga osoma obutundutundu obuwanvuko era nga ekibiina bwe kiddamu okutuusa nga buli omu asobola okwogera okunyiriri lwonna. Bazzeemu amaanyi okugezaako okuluddamu ku lwabwe bokka nga tobayambyeko.

*Nneebaza Katonda wange buli lwe mbajjukira, nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo:*

*Abafiripi 1:3&6*

**Okugero**

Somera ekibiina okugero lw'omulenzi ayitibwa Petero Pani:

Petero Pani bwe yali nga akyaali muto, yadduka okuva ewaabwe n'agenda n'abeera e Neverland, ekifo gye yali tasobola kukulira oba okufuuka omukadde. Yasisinkana abaana abalala abaabeeranga eyo, kale n'asigala nga muto lubeerera, era nga bwe yali. Abaana bonna baazannyiranga wamu. Baafunanga ebibasoomooza era ne bazuula bingi mu Neverland. Kye baasinga okubeeramu kwekusaagasaaga era nga tewali muntu n'omu eyababuuliranga eky'okukola.

Lwali lumu Petero n'addayoko eri mu kitundu kye yazaalibwamu n'asisinkana abaana basatu: Wendi, Yokaana ne Mayikolo. Nebafuuka ba mukwano, Petero n'abaaniriza okugedako naye e Neverland.

Abaana bonna mu Neverland bwe balaba Wendi ne basanyuka nnyo ne bamusaba abeere maama waabwe. Wendi n'alaba nga tewaali muntu yenna ayali asobola okubeera nga maama eri abaana abo kubanga tewaali n'omu eyali akuze n'olwekyo nakkiriza okugezaako. Wendi yakola kye yali asobola kyonna, naye ate naye yali muto ye kennyini era nga talina bumanyirivu bwonna.

Olumu, Wendi yanyumiza abaana bonna olugero – lwali lukwata ku ye kennyini. Yabanyumiza olugero olw'engeri omuwala ne bannyina bwe baava eka ewabwe ne baddukira mu kitundu kye bayita Neverland. Ne baba nga basubwa okukulira mu bukuumi bwa nnyabwe ne kitaabwe era baakimanya nti abazadde baabwe abo baali basubwa okubeera nabo.

Wendi bweyabanyumiza olugero yamala n'awulira ennaku ku mutima era n'asalawo okugamba nti kino kyekiseera ye nebannyina

okuddayo eka ewaabwe. N’ayaniriza Petero ne banne bonna okugenda naye.

Bonna baddayo eka bazadde ba Wendi ne basalawo okukkiriza okufuuka bazadde babaana abo bonna nga ne Petero mwali. Abaana bonna baasanyuka okulaba nga bafunye amaka amapya, okuyiga ebintu ebipya era oluvannyuma n’okukula ne basobola bo bennyini okufuuka abantu abakulu. Naye Petero yanakuwala. Yayagala okuddayo e Neverland obeere nga takula ennaku zonna. Yayagala okusigala nga muto obulamu bwe bwonna. Petero n’asalawo okuleka banne bonna n’atambula naddayo e Neverland. Okusigala nga muto Petero yali alina okwerabira ebintu byonna bye baali bayiseemu ne banne era n’ebyo bye yali ayize mu nsi engazi gye yali atambuliddemu.

Petero Pani lwe lugero olwawandiikibwa J.M. Barrie mu 1904. Embala ya Petero Pani erowoozebwa okuba nga esinziira ku muganda wa J.M.Barrie eyali afiiridde mu kabenje bwe yali nga akyaali wa myaka 14 n’olwekyo, teyafuna mukisa gwa kukula okufuuka omuntu omukulu. Newankubadde nga Petero Pani yali ayize ebintu bingi, byonna byali birabika nga katemba mu maaso ge, olugerolwe lutulagira ddala ekisembayo, kya nnaku nnyo singa abaana tebakula.

**Okumanya Baibuli**
Somera ekibiina Abaefeso 4:11-15:

> *[11]Era oyo n'awa abalala okubeera abatume, n'abalala*
> *bannabbi, n'abalala ababuulizi, n'abalala abalunda*
> *n'abayigiriza; [12]olw'okutuukiriza abatukuvu, olw'omulimu*
> *ogw'okuweereza, olw'okuzimba omubiri gwa Kristo: [13]okutuusa*
> *lwe tulituuka fenna mu bumu obw'okukkiriza,*
> *n'obw'okutegeera Omwana wa Katonda, lwe tulituuka okuba*

*omuntu omukulu okutuuka mu kigera eky'obukulu obw'okutuukirira kwa Kristo:* [14]*tulemenga okubeera nate abaana abato, nga tuyuugana nga tutwalibwanga buli mpewo ey'okuyigiriza, mu bukuusa bw'abantu, mu nkwe, olw'okugoberera okuteesa okw'obulimba;* [15]*naye, bwe twogeranga amazima mu kwagalana, tulyoke tukule okutuuka mu ye mu byonna, gwe mutwe, Kristo;*

Abaana babiibiitibwa, naye tebasaana kusigala nga bawere emirembe gyonna. Omwana omulamu akula era n’ayiga eby’okukola bingi ddala.

Bw’oba olina abaana ojjukira essanyu ly’olunaku olwasooka. Lyali terituukiridde. Lyali lya kaseera katono oba olyawo lyakoma ku kaseera akokugwiramu ku nsi. Naye kyali kiseera kinyuvu. Bw’oba olina omwana ayize okwogera, oyinza okujjukira ebigambo by’eyasooka okwogera? Yasooka kwatula Maama oba Taata? Kireetera omuzadde essanyu lingi nnyo omwana we bwayiga ekintu ekipya. Twenyumiriza nnyo mu baana bwe bakula era ne bakulakulana. Twagala babeere bulungi.

Bwe tufuuka abakristaayo tukkiriza ekirabo kya Katonda eky’obulamu obupya. Baibuli egamba nti tuzaalibwa omulundi ogw’okubiri. (Osobola okusoma Yokaana 3:1-8 okufuna obubaka obweyongerako). Emibiri gyaffe tegidda buggya oba tegizaalibwa mulundi gwa kubiri naye tuzaalibwa mu bulamu obw’omwoyo. Mu ngeri y’emu, omwanagy’akulamu era n’akyuuka, naffe bwe tukula ne tukyuuka mu bulamu bwaffe obw’omwoyo okuviira wali wetulokokedde.

Abaana abawere bwe bazaalibwa, emibiri gyabwe tegiba mikakafu. Mu ntandikwa bakula nga banywa mata; eno nga bwe bakula, bayiga okulya emmere enkalubo olwo emibiri gyabwe ne gikakata ne basobola okwetuuza bo bennyini era oluvannyuma ne bayimirira

era ne batambula n’okudduka ne badduka. Obwongo bwabwe nabwo bukula. Embala zaabwe zikula ne bayiga okunyumyako ne bantu bannaabwe.

Okukula kuno tekwekola bwekozi kwokka. Kubaawo na kulya nnyo emirundi emingi n’okunywa era n’okuyiga ennyo era n’okwegezesa, omwana okusobola okufuuka omuntu omukulu. Okukula kulina ebintu bingi oby’okukola okusinga ebintu ebirala byonna. Tewali akulira mu lunaku olumu oba mu kiro kimu. Ebiseera ebisinga omwana teyetegeera nti akula. Naye ffe abazadde tukitegeera kubanga tulaba nga engoye zaabwe zibalesewo nga tezikyabatuuka. Abaana abalamu bakula.

Kino kye kyetaagisa okubaawo ne mu bulamu bwaffe obw’omwoyo nga tuzaaliddwa omulundi ogwokubiri. Tutandika nga akaana akawere, nga twetaaga mata. Kitwala ekiseera okukula era n’okulya kuba kungi n’okunywa okukula kulyoke kubeerewo.

Mu 2 Abakkolinso 13:9 Pawulo asabira abakristaayo abaali mu kkolinso, e Buyonaani. Asaba nti:

> *era na kino tukisaba, mmwe okutuukirira.*

Ekigambo eky’oluyonaani Pawulo kye yakozesa eky’otuukirira, kitegeeza kufuna mbavu na kutuukirizibwa. Katonda atwagaliza kukula. Katonda tayagala ffe tusigale nga tuli bawere mu mwoyo.

Mu Baebbulaniya 5:12-14 omuwandiisi anyolwa olwa Bayudaaya abakkiriza beyawandiikira. Yagamba nti:

> *12Kubanga bwe kibagwanira okubeeranga abayigiriza olw'ebiro ebyayita, mwetaaga nate omuntu okubayigiriza ebisookerwako eby'olubereberye eby'ebigambo bya Katonda; era mufuuse abeetaaga amata, so si mmere nkalubo. 13Kubanga buli anywa amata nga tannamanya kigambo kya butuukirivu; kubanga mwana muto. 14Naye emmere enkalubo ya bakulu, abalina*

*amagezi agayigirizibwa olw'okugakoza okwawulanga obulungi n’obubi.*

Yabagamba nti baali babadde bakkiriza, abamazemu bulokozi abbanga ddene era nga webaali batuuse mu kiseera ekyo ngabasaanira kusomesa bannaabwe. Naye ate mumazima, nga bakyali bawere, abakyali ku mata era nga beetaaga kulabirirwa bulabirirwa. Pawulo yabaagaliza kukula bafuuke ab’amaanyi abasobola okwawula ekirungi ku kibi. NgaKatonda kimunakuwaza nnyo bwalaba omu ku baana be nga takula.



Eddakiika 10

**Eky’okukola**

Mu bubinja obw’a 3 oba 4 ddamu osomere abantu Abaefeso 4:11-15. Saba buli kabinja kagezeeko okuba nga kazuula ebigambo bino mu lugero:

- Okuzimba
- Okutuukiriza
- Okutuusa lwe tulituuka
- Okufuuka
- Abaana abato
- Tukule

Basabe bakubaganye ebirowoozo ku buli kigambo oba ekitundu kye mboozi bazuule amakulu gaabyo.

Oluvannyuma lw’eddakiika 5, komyawo obubinja obwo wamu era obasabe bagabane bye batuuseeko mu birowoozo byabwe ku makulu g’ebigambo ebyo.

Onoonya bya kuddamu ebyogera ku nkola etambula, nga egenda mu maaso oba ekulakulana n’eyogera ku biseera n’ekyuukakyuuka.



Mu Baefeso 4:15 kyogera nti okukula kwe kufaanana Yesu. Ekyo kye twagala okubeera - nga Yesu.

Abangi ku ffe twagala okutuuka ku ddaala ly'abantu abukuze. Bangi mu ffe twagala tubeere nga Yesu, naye ebiseera ebisinga tetumanyi ngeri gye tuyinza okukula. Emisomo gyonna mu kitabo kino gyategekebwa kukuyigiriza n'okukuyamba okukula. Eby'okuyiga biringa emmere n'eby'okunywa eby'obulamu bw'omwoyo gwo gusobole okukula.

Eddakiika 5

**Okukubaganya ebirowoozo**

Buuza ekibiina biki omwana omuwere byeyeetaaga okukola okusobola okukula? Bwe baba baddamu ekibuuzo (laba ebiri wansi mu lukalala) oyinza okubikozesa okunnyonnyola okulaga engeri naffe gye twetaaga ebintu bino mu bulamu bwaffe obw'omwoyo**.**

- Kulya mmere na kunywa – Mu bulamu bwaffe obw'omwoyo twetaaga okulya n'okunywa ekigambo kya Katonda.
- Okussa omukka – Okussa omukka mu bulamu bwaffe obw'omwoyo twetaaga okwogera ne Katonda era n'okufuna okuva eri Omwoyo Omutukuvu owa Katonda.
- Okufuna omukwano – Twetaaga okwagalwa n'okulabirirwa ab'omunnyumba yaffe ey'omwoyo (be Bakristaayo abalala).
- Okwegezesa n'okuba abakozi – Twetaaga okugezesa ebinywa byaffe eby'omwoyo nga tukola ebikolwa eby'obwa Katonda nga okugaba, okuweereza n'okusinza Katonda.

Mu bino byonna, twetaaga okutegeera mu birowoozo byaffe nti Katonda ye akolera mu bulamu bwaffe okuyitira mu Mwoyo Omutukuvu okutukuza mu myoyo; kino si kye kintu kye tuyinza okwekolera ku lwaffe.

Bwe tuba tumanyi Baibuli YONNA, kuyinza kuba kumanyabumanyi okuli mu bwongo bwaffe, naye nga obulamu bwaffe obw'omwoyo bunafu era nga butono okujjako nga Omwoyo Omutukuvu owa Katonda akoze mu bulamu bwaffe okutusobozesa okukula mu mwoyo.

Bwe tuba ekitundu ku Kkanisa era ne tugaba, ne tuweereza era ne tubuulira, naye nga Omwoyo Omutukuvu takola mu bulamu bwaffe, tuba tetukuze mu bujjuvu mu bulamu bwaffe obwomwoyo.

Obulamu bwaffe obw’omwoyo bujja kukula singa tukola buli kintu na kukkiriza mu Katonda era nga amaaso gaffe tugatadde ku Katonda so si ku busobozi bwaffe. Bw’oba ogenda kuteeka obwesigwabwo mu ggwe wennyini okusobola okutuuka ku kino, tekigenda kusoboka.

Bw’osoma Baibuli yo, weetaaga kugisoma na kukkiriza nti Katonda agenda kukuyigiriza era akuyambe okukula. Bw’osaba, weetaaga okusabira mu kukkiriza nti Omwoyo Omutukuvu owa Katonda akuwulira era nti awa empeera eri abo abamunoonya era nti Omwoyo we Omutukuvu agenda kukuzzaamu amaanyi, akugumye era akulongoose - mu mazima, Omwoyo we Omutukuvu agenda ku kyuusa omutima gwo ogw’ejjinja agufuule ogw’ennyama. Bw’oba n’okwagala n’oweereza abalala, oteekwa okukikola okuleetera Katonda ekitiibwa era mu kukkiriza n’okkiriza nti ekyo ky’okola kigenda kikufuula okufaanana nga Yesu. Bw’osinza Katonda n’ebyo byonna by’olina, olwo aba agenda akuza ebinywabyo eby’omwoyo.

Yesu yayigiriza abayigirizwabe mu Lukka 11:1-13 engeri y’okusaba. (Teweetaaga kusoma kyawandiikibwa kino kati naye osobola okuzzaamu abantu amaanyi okukisomera eka wakati mu wiiki). Yesu agamba abayigirizwabe okusaba Katonda asindike Omwoyo we Omutukuvu okubakolamu omulimu. Yesu agamba nti Katonda agenda kubasindikira Omwoyowe Omutukuvu bwe mumumusaba. Ye alinga taata omulungi era amanyi okuwa ebirabo ebirungi eri abaana be. Tujja kuba nga twongera okulaba bingi ebikwata ku Mwoyo Omutukuvu owa Katonda mukuyiga okunaddako gye bujja.


Eddakiika 15

**Okusaba**

Omwana omuwere okusobola okukula, ateekwa okusooka okuzaalibwa; bwe kityo bwe kiri ne mu kukkiriza kwaffe. Bwe tuba twagala okukula ne tukakata mu kukkiriza kwaffe, tuteekwa

okutwala eddaala eryo okusaba Katonda atuyambe tuzaalibwe omulundi ogwokubiri. Buuza oba nga mu kibiina mulimu abaagala okutwala eddaala eryo olwaleero. Bwe babaamu, olwo nno saba essaala eno wamu nabo:

> Mukama Yesu, nkwebaza olw'okumpa ekirabo ky'obulamu obupya. Olwaleero njagala okukkiriza ekirabo ekyo. Nkyuuka okuva mu bulamubwange obukadde era ne nkusaba ojje obeere mu nze, nga onnyamba okufuuka nga ggwe. Amiina.

Ekiddako, mu bubinja obwa bantu 3 oba 4 saba abantu okuba nga basabirako wamu. Waayo ekiseera ekiwera basobole okusaba mpola nga tebapapa era nga befumiitiriza ku ngeri Katonda gyagenda nga akolera mu bulamu bwabwe.

Buli muntu abeere nga:

- Yebaza Katonda olw'embeera yonna mu bulamubwe gyamuyambyemu okukula.
- Asaba Katonda okumulaga embeera yonna mu bulamubwe gyayagala omuntu oyo okule.
- Asaba Katonda asindike Omwoyo Omutukuvu okukola mu bulamu bw'omuntu oyo era amuyambe okukula mu mwoyo.

Komyawo abantu wamu era oggalewo be ssaala eno.

> Weebale mukama okubeera taata omulungi era nti oyagala okutuwa ffenna bye twagala okufuuka nga mutabaniwo Yesu. Leka Omwoyo wo Omutukuvu akole mu bulamu bwaffe tusobole okukula tukuweese ekitiibwa. Tuwe okuyaayaana mu mitima gyaffe okwagala okukula, okulya n'okussa omukka ogw'Omwoyo wo Omutukuvu, obwakabaka bwo busobole okuggya mu bulamu bwaffe. Mulinnya lya Yesu. Amiina.

**Eky'okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno, funayo omuntu akusingako obukulu mu mwoyo omaleko naye akaseera. Omubuuze akubuulire engeri Katonda gyabadde akola mu bulamubwe, naawe otandike okuteeka mu nkola ekimu ku ebyo byakubuulidde.

**Okujulira**

Wiiki eno, baako omuntu gwobuulirako ekyo Katonda ky'akoze mu bulamu bwo. Gabana engeri gyatandise okukola omulimu omulungi era nakiki kati kyakola mu kiseera kino. Ono ayinza okuba omu ku abo bewagabanye naye enkulungo 3 oba omuntu gwe wayogerako naye wiiki ewedde oba omuntu omulala yenna.

# Ebyokuwandiika



4

# Okugabana Obulamu Obupya

'Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;'

Mateu 28:19

**Okuteekateeka**

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?

Eddakiika 5

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa ky'essomo lya wiiki eno kwe kutuyamba okutegeera nti nga tutandika okugoberera Yesu, tufuuka kitundu ku nteekateeka za Katonda ez'okutuukirira abalala. Obulamu bwaffe obupya kyakulabirako eri abalala ku ekyo Katonda ky'asobola okukola, era atwagaliza tugabane obujulizi bwaffe n'amawulire amalungi aga Yesu, n'abantu abatwetoolodde.

Eddakiika 5

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna. Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo ku lwabwe bokka.

*Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;*

*Matayo 28:19*

**Okugero**

Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Thandiwe ali lubuto lwa myezi 9 era omwana we ekiseera kyonna okuva kati azaalibwa. Thandiwe amanyiddwa bulungi nnyo mu bantu ab'omu kyaalo kye. Bba Chimwemwe mukulembeze wa kyaalo aweebwa ennyo ekitiibwa era bakolera wamu okukuza ekitundu kyabwe. Bombi baagalibwa nnyo mu kyaalo kyabwe.

Thandiwe ne Chimwemwe bwe baabuulira abantu nti basuubira okuzaala omwana ekiseera kyonna, abantu baasanyuka nnyo. Buli omu yabasanyukirako nga basuubira omwana waabwe asooka. Abantu baatandika okwewunaganya nga bagamba nti oba oli awo n'omwana oyo naye alibeerako omukulembeze w'ekyaalo kyabwe. Abantu bayagala okumanya engeri Thandiwe gye yali yewuliramu mukiseera ekyo ekyaali eky'olubuto olukulu ddala. Yali yewulira bulungi? Mulwadde? Omwana yali asamba bulungi nga bwe yali nti ali kumpi n'okuzaalibwa?

Abantu bayagala nnyo okumanya oba omwana yali mulenzi oba muwala. Nebatandika okuteebereza buli omu nga agezaako okwogera erinnya eryali liyinza oba olyawo okuwebwa omwana eyali asuubirwa. Nga bagamba nti alizaalibwa ku makya oba lwaggulo; alizaalibwa mirembe? Ekiseera gye kyakoma okweyongera abantu gyebaakoma okugenda nga bakyamukirira. Kaakati Thandiwe nga yeyongeredde ddala okusemberera okuzaala okunaku lwonna, okwesunga kwa abantu gyekwakoma okweyongera okwagala okuwulira amawulire agamufaako n'omwana.

Bwali bwa kumakya nnyo, omulenzi omuto neyetegereza n'alaba ekibinja ky'abakazi nga batambula beyanguyiriza okwesogga amaka

ga Thandiwe ne Chimwemwe. Omulenzi nadduka mangu okutegeeza maama we eyali ateebereza nti kaali kaseera ka kuzaala era nga abakazi abo baaliba nga baali bayitiddwa kuyambako. Maama w'omulenzi naye n'abuulirako munne naye eyabuulirako omulala bwebatyo olukalala ne lugenda nga lweyongera. Mu bwangu ddala nga ekibinja ky'abantu ekinene ne kiba nga kyebunze mu lujja lw'omwani w'ekyaalo. Abantu baagala okuba nga buli omu yasooka okuwulira amawulire era oba olyawo n'okulaba omwana eyakazaalibwa. Nebalindirira mu kasirise wabweru, nga bonna tebateredde naye nga bakyamufu.

Wakati mu ttuntu Thandiwe ne Chimwemwe ne bafuluma wabweru wa maka gaabwe, nga buli omu mukoowu okukamala naye nga musanyufu. Mu mikono gya Chimwemwe mwalimu engoye ennungi ezizingiddwa mu ngeri eraga nti yali akutte mwana eyali asambagala nga bwakaaba, ow'obuwala omubalagavu era nga buli omu asobola okumulaba n'okumuwulira. Olwo obuluulu obwessanyu ne buvuga nga eno bwe bakuba ebifaananyi ku masimu gaabwe.

Mu bwangu ddala amawulire agessanyu ne gabuna mu kyaalo kyonna. Wiiki yonna yaggwako nga abantu beekuluumulula okujja mu maka ga Thandiwe ne Chimwemwe okubakulisa okuzaala omwana n'okujaguliza awamu nabo. Nga buli omu ayagala okumanya ebifa ku mwana era n'okumulaba. Bannamawulire ne batwala ebifaananyi mu kawulire akayitibwa Lusaka Times nga kuliko omutwe ogugamba nti, "Okutuuka kwe kwa mawulire malungi!"

Bwe tuba n'amawulire amalungi twagala okugabunyisa mu bantu. Twetaaga okugabana essanyu lyaffe nab'emikwano mu maka agenjawulo. Obulamu obupya Katonda bwatuwa gaba mawulire malungi! Bwe twaniriza ekirabo kino okuva eri Katonda, kya butonde ffe okuba nga tugabanako ne bannaffe abatwetoolodde amawulire ago amalungi. Bwe tugabana ebyafaayo byaffe ebikwata

ku bulamu obupya Katonda bweyatuwa, abantu basobola okulaba engeri Katonda gyali omulungi era n’okumanya ekyo Yesu kyeyatukolera mu bulamu bwaffe. Bennyini bagenda kwerabirako n’amaaso gabwe ebiva mu mawulire amalungi agali mu bulamu bwaffe.

**Okumanya Baibuli**
Somera abantu <u>Yokaana 4:4-30</u>:

> *[4]Era kyamugwanira okuyita mu Samaliya. [5]Awo n'atuuka mu*
> *kibuga eky'e Samaliya kye bayita Sukali, ekiriraanye olusuku*
> *Yakobo lwe yawa omwana we Yusufu: [6]era, mwalimu oluzzi*
> *lwa Yakobo. Awo Yesu yali akooye olugendo, n'amala*
> *gatuulirawo ku luzzi, obudde nga ssaawa mukaaga. [7]Omukazi*
> *Omusamaliya n'ajja okusena amazzi: Yesu n'amugamba nti*
> *Mpa nnywe. [8]Kubanga abayigirizwa be baali bagenze mu*
> *kibuga okugula emmere. [9]Awo omukazi Omusamaliya*
> *n'amugamba nti Ggwe Omuyudaaya, kiki ekikusabya okunywa*
> *eri nze omukazi Omusamaliya? (Kubanga Abayudaaya nga*
> *tebatabagana na Basamaliya.) [10]Yesu n'addamu n'amugamba*
> *nti Singa obadde omanyi ekirabo kya Katonda n'oyo akugamba*
> *nti Mpa nnywe bw'ali, ggwe wandimusabye, naye*
> *yandikuwadde amazzi amalamu. [11]Omukazi n'amugamba nti*
> *Ssebo, tolina kya kusenya, n'oluzzi luwanvu: kale oggya wa*
> *amazzi ago amalamu? [12]Ggwe oli mukulu okukira jjajjaffe*
> *Yakobo, eyatuwa oluzzi luno, eyanywangamu ye n'abaana be*
> *n'ensolo ze? [13]Yesu n'addamu n'amugamba nti Buli muntu*
> *yenna anywa amazzi gano ennyonta erimuluma nate: [14]naye*
> *anywa amazzi ago nze ge ndimuwa ennyonta terimulumira*
> *ddala emirembe gyonna; naye amazzi ge ndimuwa*
> *ganaafuukanga munda mu ye ensulo y'amazzi nga gakulukuta*
> *okutuuka ku bulamu obutaggwaawo. [15]Omukazi n'amugamba*
> *nti Ssebo, mpa amazzi ago, ennyonta ereme okunnumanga,*
> *n'okukoma nkome okutambula olugendo luno lwonna*
> *okusenanga. [16]Yesu n'amugamba nti Genda oyite balo,*
> *okomewo wano. [17]Omukazi n'addamu n'amugamba nti Sirina*

*baze. Yesu n'amugamba nti Oyogedde bulungi nti Sirina baze;*
*[18]kubanga walina babalo bataano, naye gw'olina kaakano si*
*balo: ekyo ky'oyogedde mazima. [19]Omukazi n'amugamba nti*
*Ssebo, ndaba nti oli nnabbi. [20]Bajjajjaffe baasinzizanga ku*
*lusozi luno; nammwe mugamba nti Yerusaalemi kye kifo*
*ekigwana okusinzizangamu. [21]Yesu n'amugamba nti Omukyala,*
*nzikiriza, ekiseera kijja kye batalisinzizangamu Kitaffe ku lusozi*
*luno newakubadde mu Yerusaalemi. [22]Mmwe musinza kye*
*mutamanyi; ffe tusinza kye tumanyi; kubanga obulokozi buva*
*mu Buyudaaya. [23]Naye ekiseera kijja, era kituuse, abasinza*
*amazima lwe banaasinzizanga Kitaffe mu mwoyo n'amazima:*
*kubanga Kitaffe anoonya abali ng'abo okubeera*
*ab'okumusinzanga. [24]Katonda gwe Mwoyo: n'abo abamusinza*
*kibagwanira okusinzizanga mu mwoyo n'amazima. [25]Omukazi*
*n'amugamba nti Mmanyi nga Kristo ajja (gwe bayita*
*Eyafukibwako amafuta): ye bw'alijja alitubuulira ebigambo*
*byonna. [26]Yesu n'amugamba nti Nze nzuuno ayogera naawe.*
*[27]Amangu ago abayigirizwa be ne bajja; ne beewuunya*
*kubanga abadde ayogera n'omukazi: naye tewali muntu*
*eyagamba nti Onoonya ki? oba nti Kiki ekikwogeza naye?*
*[28]Awo omukazi n'aleka ensuwa ye, n'agenda mu kibuga,*
*n'abuulira abantu nti[29]Mujje mulabe omuntu aŋŋambye bye*
*nnakolanga byonna: ayinza okuba nga ye Kristo? [30]Ne bava mu*
*kibuga, ne bajja gy'ali.*

Eddakiika 10

**Eky'okukola – Amawulire Amalungi**

Buli muntu mu kibiina alowoozeeko kukubuulira amawulire amalungi eri banne bwe bali mu musomo. Bo bennyini basale amagezi okulaba ngeriki gye bayinza okukikolako, eky'okulabirako; bayinza okugamba bannaabwe okuyimba obuyimbi obubaka, okuwandiika ku kapapula, okukuba ekifaananyi oba engeri endala yonna. Bazzeemu amaanyi babe bayiiya mu bwongo.

Eno nga bwe bagabana amawulireamalungi, bazzeemu amaanyi okukubira bannaabwe abagabana mu ngalo n'obuluulu

obwessanyu! Kirungi okugabana amawulire amalungi!

Mu lugero lwaffe olw'omu Baibuli lwe tusomye olwaleero Yesu tulabye nga atambula wamu n'abayigirizwabe. Ayingira ekibuga nga abantu abalimu Basamaliya. Nga olugero bwe lutubuulira, Abasamaliya baali tebatabagana na Bayudaaya (nga Yesu bwe yali). Naye, Yesu yakozesa omukisa ogwo okunyumya n'omukazi omusamaliya bwe yali alindiridde ku luzzi. Kino nakyo tekyali kya bulijjo kubanga abasajja tebayogeranga na bakazi. Kino kinnyonnyola lwaki omukazi yewuunya bweyawulira nga Yesu amusaba amazzi okunywa.

Yesu yakozesa omukisa okubanga asomesa omukazi ebikwata ku mazzi ag'obulamu. Eno nayo ngeri ndala eyokwogera ku bulamu bw' agaba era ekyewuunyisa, Yesu amugamba nti amazzi gano gaali gage wadde nga mukazi, omusamaliya era omwonoonyi. Yasanyukira amawulire gano era ne gamwewuunyisa mu ngeri Yesu gye yabikkulirwa mu mwoyo ku byali bimufaako n'alyoka afubutuka emisinde neyesogga ekyalo kyewaabwe okubuulira abantu n'abo bajje basinkane Yesu.

Mu kitundu kino eky'ebyawandiikibwa omukazi abuuza Yesu oba nga ye Masiya. Masiya yali ategeerwa nti yali ateekwa kuba muntu eyali alina okuba nga ava eri Katonda okununula abantu be. Kyalowoozebwa nti Masiya yali ateekwa kuba munnamagye eyalina okukuba nawamba entebe y'obufuzi bw'Abarooma abaali bababonyabonya basobole okununulibwa. Naye, Yesu agamba omukazi nti ye Masiya, kyokka nga ye si y'oli eyali asuubirwa mu ngeri bo gye baali balowooza era nga gwe balindirira. Ye yajja okununula abantu bonna, so si bayudaaya bokka, era nga naabo abaali balowoozebwa okubanga banaku abatalinako mwasirizi basobole okuweebwa obulamu obupya okuva eri Yesu.

**?**

Eddakiika 15

**Okukubaganya ebirowoozo**

Mu ssomo 1 eryekitabo kino, twawulidde ebikwata ku bulamu obupya Katonda bwatuwa. Mu ssomo 2 twayize nti Katonda abeera mu bulamu bwaffe, nga ekkula oba ekyomuwendo ekiterekeddwa mu kibya ekyebbumba. Mu ssomo 3 twavumbudde kyekitegeeza okubeera nga tukula mu bulamu bwaffe obwomwoyo.

Kati tugenda kuddamu ekikolwa eky'omu ssomo 1. Gezaako okuzingiramu ebimu ku bintu byetwakayiga mu byokuddamu byowa.

Gamba abantu badde mu bubinja bwabwe n'okutandika okwogera engero zaabwe nga bakozesa ebibuuzo bino wammanga. Bagezeeko okuddamu bulikibuuzo mu ddakiika 1 yokka.

- Obulamu bwo bwali butya bwe wali tonnasisinkana Yesu?
- Yesu wamusisinkana otya?
- Kati obulamu bwo buli butya bukya osisinkana Yesu?

Oluvannyuma lw'eddakiika 6 oba 7, gamba abantu beegatte nga bakola obubinja bwa bantu 4. Abantu bannyonnyole nti tugenda kulowooza ku ngeri ekirabo kya Katonda eky'obulamu obupya bwe kiri ekya buli muntu era nga bwe twalabye mu byawandiikibwa by'olwaleero. Basabe bakubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino:

- Owulira otya nga otegedde nti obulamu bwa Katonda obupya bwa buli muntu, so si nti bw'abo bokka abalinga ffe, oba abayinza okufaanana ko nga ababusaanira.
- Bantu ki abali mu kyaalo kyo abayinza okuba nga balabika nti tebasaanira kirabo kya Katonda eky'obulamu obupya?
- Mukubaganye ebirowoozo ku makubo gemusobola okuyitamu okutuuka ku bantu bano ne mugabana nabo ku bulamu obupya Katonda bwatuwa. Kino kiyinza okubanga kikuleetera okuwalirizibwa okugabana n'abo olugero lwo.

Eddakiika 15

**Okusaba**

Mu bubinja bwammwe mwebaze Katonda olw'obulamu obupya mmwenna bwe mwafuna okuva eri Katonda. Bwe wabaawo obamu mu bubinja abatannaba kukkiriza kirabo kino eky'obulamu obupya, kati nno obawe omukisa basobole okukikola. Bwe baba bakkirizza okufuna ekirabo kino, awonno basabe basabire wamu naawe essaala eno:

> Mukama Yesu, weebale olw'ekirabo kyo eky'obulamu obupya. Weebale, waddenga sikisaanira, nange wajja okunn unula. Olwaleero, nzikiriza obulamu buno obupya era ne nkusaba nti ojje onkyuuse okuviira ddala munda yange. Jangu obeere nga mu mutima gwange. Nnyolwa olw'engeri gye mbadde neyisaamu mu bulamu bwange era okuva kati n'okweyongerayo, njagala kubeerawo kululwo. Amiina.

Kaakati twalako akaseera nga osabira abo bemukubaganyizzaako ebirowoozo bemulabye nti tebasaanira kutwala kirabo kino eky'obulamu obupya obwa Katonda. Saba Katonda akuwe ebiseera obisaaniramu okubasisinkana ogabane nabo olugero lwo era n'okubalaga nti Katonda abaagala nnyo.

**Eky'okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno, kakasa nti ojjukira ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu era obeere nga okiddingana buli lunaku. Gy'okomya okukiddingana beera nga osaba Katonda akulage engeri gy'osobola 'okugenda' 'okufuula amawanga gonna abayigirzwa'.

**Okujulira**

Jjukira abantu bali bemwakubaganyizzaako ebirowoozo mu ntandikwa era n'amakubo gemwalowoozezza okuyitamu okubatuukako. Genda olabe abantu abo, oteeke enteekateekazo mu nkola wiiki eno. Oba olyawo obaanirize bajje begatte ku kibinja

kyammwe, olabe oba bayinza okukkiriza okutandika obulamu obupya. Sooka essaala nga tonnaba kugenda era ogisembyeyo nga ovuddeyo.



5

# Okukulira mu nnyubma ya Katonda

'Era tulowoozaganenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi; obutalekanga kukuŋŋaana wamu, ng'abalala bwe bayisa, naye nga tubuulirira; era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo,'

Abaebbulaniya 10:24-25a

**Okuteekateeka**
Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 5

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**
Ekigendererwa ky'essomo lya wiiki eno kwe kutegeera nti obulamu bwaffe obuva eri Katonda butegeeza nti tuli kitundu ku maka ge: ye Kitaffe era ffe tuli baana be**.** Twetaaga okutuukiriza omulimu gwaffe mu maka gano n'okukula mu Katonda.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna. Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo ku lwabwe bokka.

*Era tulowoozaganenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi; obutalekanga kukuŋŋaana wamu, ng'abalala bwe bayisa, naye nga tubuulirira; era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo,*

*Abaebbulaniya 10:24-25a*

**Okugero**
Somera ekibiina okugero luno wammanga.

Miriya, Luusi, Simoni ne Yakobo babeera mu kaalo akatono wamu ne bazadde baabwe bombi. Buli lunaku bonna batandika okunaku nga basooka kugenda ku nayikonto okusena amazzi. Basenera ddala amazzi mu bungi nga bwe basobola olwo ne balyoka badda eka. Ogwo bwe guggwa, Miriya, Luusi ne Simoni bonna ne bagenda ku ssomero. Yakobo akyaali muto nnyo n'olwekyo asigala waka ne maama wamu ne taata.

Abaana bwe bakomawo nga bavudde ku ssomero, bonna bayambako maama ne taata okukola emirinu egy'enjawulo. Miriya ayamba mu kufumba emmere. Akola nnyo era maama we amusomesezza okulunga ebirungo mu nva obulungi.
Luusi ayamba mu kuyonja naye ebiseera ebisinga abeera alabirira Yakobo. Amuyamba okumuyigiriza okutambula mu kiseera kino era atandiikirizza okubaako obugambogambo bw'agezaako okwoyogera! Simoni ye mukulu era abeera ayambako taata we mu nnimiro. Kitaawe amuyigirizza ddi lwe basimba ensigo z'ebimera eby'enjawulo, na bigimusa ki ebyetaagisa era na bungi ki obw'amazzi ageetaagisa okufukirira ebimera ebya buli kika.

Bonna mu maka bakozi nnyo, era bakola emirimu egy'enjawulo. Oluvannyuma lwa buli lunaku, batuula wamu bonna ne balya emmere yabwe. Banyumya ku ebyo bye bayiseemu mu lunaku era ne bamala ekiseera nga bawuliriza amawulire agafuddeyo mu lunaku. Oba oli awo nga wandibaawo omu kubo abaddeko n'emboozi ey'enjawulo n'omu kubaliranwa babwe. Ne baagala okumanya oba mu bo mulimu ateewulidde bulungi mu mubiri gwe. Oba nga Yakobo alinako ekigambo ekipya kyayize okwogera basobole okujaguliza awamu. Oba oli awo nga waliwo oluyombo olubaddewo wakati w'abaana bano era nga beetaaga buli omu okwenenyeza munne. Oba oli awo nga omu ku baana abakulu yayise ekigezo ku ssomero. Oba oli awo nga maama oba taata ayagala

okubanyumiza ko olugero ku bimu bye baayitamu nga bakula okuviiraddala mu buto bwabwe.

Okuyita mu lunaku lwonna, Miriya, Luusi, Simoni ne Yakobo baba buli omu ayigira ku munne ebintu bingi era ne ku bazadde baabwe. Bayiga engeri gye bayinza okukolera awamu era nga bayiga emirimu egy'omugaso egisobola okubabeezaawo mu bulamu. Era bayiga n'okuwuliriza n'okumanya okunyumiza awamu emboozi ezibazimba nga bazzinganamu amaanyi. Bamanyi nga basobola okwogera ne bazadde baabwe mu kiseera eky'essanyu oba mu kyennaku era basobola okwogera ku bintu ebirungi ne ku bibi ebiba bibaddewo mu bulamu bwabwe.

Ekiseera kye bamala nga bakolera wamu n'okubeera awamu baaba nga bonna buli omu ayigira ku munne.

Era nga okugero lw'olwaleero olukwata ku baana abana, bwe tuzaalibwa, tubeera mu maka agafaanana ko bwe gatyo. Musobola okubaamu abazadde, ba jjajja, abaana nga bwe baddinganako, ba ssenga ne ba maama abato, era ne ba taata abato. Bwe tubeera abato twetaaga abantu b'omu maka gaffe okututeekako obukuumi, okutuyamba okukula n'okutuyigiriza. Bwe tuba tugenda tukula nga bwe tukakata, tusobola okukola emirimu egikwatibwako mu kuyambako bannaffe mu maka, okulabirira abo abakyali abato oba abakaddiye, nga tubayamba mu biseera eby'obulwadde oba mu biseera eby'akazigizigi. Gyetukomya okugenda nga tukula gye tukomya okubaako n'ebirabo eby'enjawulo ku bya bannaffe bye tusonda okuzimba amaka gaffe, okusobola okwongera okugalungiya era netugafuula amanywevu okusinga ne bwe gaali mu ntandikwa. Era tutandika okukiikirira amaka gaffe eri abantu abalala. Twogera ne tukola n'emirimu gya maka gaffe.

Kino kifaanayi ekituyamba bwe tulowooza ku kugoberera Yesu. Bwe tusalawo okugoberera Yesu, Katonda atuyita batabani be na bawalabe, tuba tuzaalibbwa mu maka ge. Kino tujja ku kigenda mu buziba wamu nga tusoma ku bantu abamu abaasalawo okugoberera

Yesu.

**Okumanya Baibuli**
Somera ekibiina Matayo 4:18-22:

> *[18]Bwe yali ng'atambula ku ttale ly'ennyanja y'e Ggaliraaya,*
> *n'alaba ab'oluganda babiri, Simooni gwe bayita Peetero, ne*
> *Andereya muganda we, nga basuula omugonjo mu nnyanja,*
> *kubanga baali bavubi. [19]N'abagamba nti Mujje, muyite nange,*
> *nange ndibafuula abavubi b'abantu. [20]Amangu ago ne baleka*
> *emigonjo, ne bayita naye.[21]N'atambulako mu maaso n'alaba*
> *ab'oluganda babiri abalala, Yakobo omwana wa Zebedaayo, ne*
> *Yokaana muganda we, nga bali mu lyato wamu ne kitaabwe*
> *Zebeedaayo, nga bayunga emigonjo gyabwe; n'abayita.*
> *[22]Amangu ago ne baleka awo eryato ne kitaabwe, ne bagenda*
> *naye.*

Mu ssuula eziddako mu kitabo kya Matayo, tusoma ebyaddirira oluvannyuma lwa Peetero (ayitibwa Simoni) Andereya, Yakobo ne Yokaana n’abayigirizwa abalala baatandika okugoberera Yesu. Tusoma nti Yesu yawonyanga abantu abaabanga abalwadde era n’agobanga ba dayimon. Tusoma ku ebyo bye yasomesa abasajja bano abana, ne bayigirizwa bannabwe era n’ebibinja ebinene ebya bantu ebyamukunganirangako. Waliwo wetusoma awagamba nti Yesu yakyaalira ennyumba ya Peetero n’awonya maama wa muka Peetero. Tusoma we yali mu lyaato n’abayitirizwa be omuyaga wegwakuntira. Abayigirizwa baali batidde naye Yesu n’alagira omuyaga okusirika, ne gusirika.

Yesu yamala ekiseera kinene ne Peetero, Andereya, Yakobo, Yokaana n’abayigizwa abalala. Yabalaga engeri y’okukolamu ebintu ye bye yali akola, era n’ayogera nabo. Yakyaalira amaka gaabwe era n’atambula nabo. Nabeeranga nabo mu biseera webaabeerera

n’okutya n’abalaga nti basobola okwesiga Katonda.

Kaakati tugenda kusoma ku kiseera ekirala ekikulu ddala mu byafaayo bya Peetero, Andereya, Yakobo ne Yokaana n’abayigirizwa abalala.

Somera ekibiina Matayo 10:1 n’olwo 7-8:

*[1]N'ayita abayigirizwa be ekkumi n'ababiri, n'abawa obuyinza ku dayimooni omubi, okumugobanga, n'okuwonyanga endwadde zonna n'obunafu bwonna.*

*[7]Bwe mubanga mutambula mubuulirenga nga mugamba nti Obwakabaka obw'omu ggulu bunaatera okutuuka.*
*[8]Muwonyenga abalwadde, muzuukizenga abafu, mulongoosenga abagenge, mugobenga dayimooni: mwaweebwa buwa, nammwe muwenga buwa.*

Nga amaze okumala ekiseera n’abayigirizwa be era nga abasomesa, Yesu yamala n’abatuma okugenda okusisinkana abantu abalala.

Mu ngeri nnyingi Peetero, Andereya, yakobo ne Yokaana baafuuka ba maka ga Yesu. Baamala ekiseera wamu naye, nga bayigira ku ye era nga naffe bwe tuyigura ku bazadde baffe ne baganda baffe. Bwe baatandika okukula mu kutegeera n’okukkiriza, Yesu yabatuma ebweru okwongerayo omulimu gwe yali atandise. Yesu teyayagala kukola mulimu gwa Katonda yekka; yayagala okugukola n’abantu abalala. Yayaniriza abayigirizwa be era kati atwaniriza okubeera ekitundu ku maka ge n’okukolera awamu naye era n’abantu abalala.

**Okukubaganya ebirowoozo**

Eddakiika 5

Kikulu okujjukira nti si buli muntu nti alina obumanyirivu obw’okuyita mu maka n’abantu abalala kubanga tulina okukimanya nti waliwo abantu abamu abataafuna mukisa gwa kukulira mu

maka.

Nga muli mu bibinja bya bantu 3 oba 4 mukubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino wammanga:

- Gwe okitwala otya bw'owulira nti Yesu yakolagana n'abayigiriizwabe nga abo mumaka agamu, nga amalanga ekiseera wamu nabo, nga abalaganga ebintu era n'okubasomesanga?
- Obumanyirivu bw'olina ku maka mu bulamu bwo bulungi oba bubi era kino kiyinza kukyuusa kitya obulamu bwo mu kubeera ekitundu ku maka ga Katonda?

Bwe tutandika okugoberera Yesu atwaniriza okuyingira mu maka ga Katonda. Gano maka ag'omwoyo agabunye ensi yonna, agagenze nga gagaziwa okumala ekiseera. Buli muntu ali mu maka gano tetumumanyi olwokubanga magazi nnyo, naye Yesu atuwa abantu ababa batwetoolodde tusobole okugabana nabo ebintu byetuyitamu buli lukedde. Bano basobola okubeera abantu nga bava mu makanisa gaffe, mu Kibiina ky'Obulamu oba obubondo obutonotono.

Kikulu ffe okubeera nga tumala ekiseera n'abantu bano, n'abo ababa bagoberera Yesu. Tusobola buli omu okuyigira ku munne nga tuyitira mu bumanyirivu buli omu bwayisemu era bwalina. Mugenda kubeeramu abantu abamaze ekiseera ekiwanvu nga bagoberera Yesu era nga basobola okubeera nga abazadde baffe ab'omwoyo. Tusobola buli omu okuzzaamu munne amaanyi n'okusabiragana. Kino kisobola okutuyamba bwe tuba tuwulira nga tuli wala ne Katonda oba bwe tuba nga tufuba bufubi okwefuga mu nneyisa. Bwe tubeera obumu buli omu abeera alina okuwa munne embalirira mu mukama waffe.

Era nga ab'oluganda ab'obulenzi n'abobuwala, tusobola okuba n'obutakkiriziganya ebiseera ebimu ne tulwanagana, naye era nga

bwe kiri ne mu maka gonna, kikulu ffe okuba nga tuddingana ne tuzzaawo emirembe buli omu ne munne. Bwe twegatta tusobola okubeera amaka ag'omwoyo amanywevu, nga tugoberera Yesu, nga twaniriza abalala okutwegattako.

Bw'oba weetegerezza, ekiseera ky'omala nga totabagana na ba maka gammwe n'abemikwano, wesanga nga mwawukanye temukyakwatagana, n'ogenda nga obavaako mpolampola. Bwe kityo bwe kiba ne ku maka gaffe ag'omwoyo. Bwe tutatabagana mu kubeera awamu mu mbeera eza bulijjo, tuyinza okwesanga nga twawukanye. Tugenda kuba banafu era nga embeera embi zisobola okutumira ne tubula. Kino tekitegeeza nti tosobola kubeera na kaseera ko ggwe wekka ne Katondawo. Ekyo nakyo kikulu ggwe okuba nga okikola era tujja kuba nga tuzuula bingi ku nsonga eno mu ssomo erinaddako.

Tusobola okumala ekiseera awamu nga amaka ga Katonda mu ngeri za mirundi mingi. Tuyinza okuyimbira awamu, okusomera awamu Baibuli, okusabira awamu oba okumala ekiseera mu kasirise nga tusaba Katonda abeereko byayogerako naffe. Tusobola okuliirako awamu, okuyamba abaavu mu byaalo gye tuwangaalira nga tuli wamu nabalala oba okukolera awamu. Waliwo engeri nnyingi zetusobola okubeeramu nga amaka ag'omwoyo.

Tuteekeddwa bulijjo okujjukira nti obulamu bwaffe mu Katonda butufuula ekitundu ku maka amapya. Twetaaga amaka ago mu kukula kwaffe mu kukkiriza, era amaka gaffe gatwetaaga.

**Eky'okukola – Omuzannyo gw'okukoppa**

Eddakiika 5

Mu maka, bulijjo tuyiga nga tukolera wamu ebintu. Tutunuulira bannaffe engeri gye bakolamu emirimu ne tubakoppa. Bannyonnyole nti tugenda kuzannya akazannyo katuyambe okujjukira kino!

Gabanyagabanyamu abantu mu bubinjabinja, mu buli kabinja mujja kuvaamu omu, omu abeere nga yakola ebikolwa, ate nga omulala

agoberera nga akoppa ebikolwa oli byagenda akola. Bannyonnyole nti abanawangula beebo abanaaba abamalirivu mu kubeera nga bakola ebikolwa mu bumalirivu!

Bawe eky'okulabirako nga ggwe kennyini ofunayo omu kubo aneewaayo okukola ebikolwa nga ye agenda agoberera mu kukola buli ky'ogenda okola okumala eddakiika emu. Oyinza okukyuukira mu kifo kye kimu, ne weekubako akayi ku mutwe, n'obuukabuukamu, n'oddukaddukamu nga weetooloolera mu kisenge mwe muli oba okusiba emitaafu mu bwenyibwo! Kola ekintu kyonna ne bwe kiba nga kirabika nga ekya katwewungu; nga ggwe bw'onooba okirowoozezza.

Bonna bw'olaba nga beeteeseteese, woggana ogambe nti, "Genda" buli omu muwe eddakiika 2 oba 3 okuzannya akazannyo.

Jjukira okwetegereza akola n'obumalirivu osobole okulondako ani awangudde ku nkomerero.

?

Eddakiika 10

**Okukubaganya ebirowoozo**

Nga muli mu bibinja bya bantu 3 oba 4 mukubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino wammanga:

- Twakamala okuzannya akazannyo nga tukoppagana. Osobola okuwayo eky'okulabirako ky'ekintu kye wayiga nga okoppye muntu mulala?
- Osobola okugabana naffe eky'okulabirako eky'ekiseera kye wali ofubye obufubi okubaako ky'otuukako naye omu ku b'omu maka gammwe oba ow'omukwano nakuyamba oba nakuzzaamu amaanyi n'osobola okuwangula ekyo ekyali kikutawaanya?
- Waali wabaddewo akaseera kewawulira nga ozziddwamu amaanyi lwakubanga omazeeko akaseera n'owomukwano oba omuntu w'omu maka go?

Eddakiika 15

**Okusaba**

Tugenda kumala ekiseera nga tusabira wamu era nga tusabiragana kaakati. Nga abantu basigadde mu bubinja bwabwe obwa 3 oba 4 basabebaddemu ebibuuzo bino:

- Waliwo ekintu kyonna ky'oyagala okugabana osobole okuzzaamu amaanyi amakago ag'omw'oyo?
- Waliwo ekintu ky'ofuba obufubi okukikola obulungi naye nga weetaaga amaka go ag'omwoyo okukuzzamu amaanyi?

Abantu bawe ekiseera ky'okuwuliriza Katonda era n'okuwuliziganya bokka na bokka n'okugabana mu lujjudde era mu bwesimbu. Abantu bwe bamala okufuna ekiseera eky'okukubaganya ebirowoozo ku bibuuzo bino, basabe buli omu asabire munne nga bwe bali mu bubinja bwabwe.

Bw'omala bazze wamu bonna. Basabe bayimirire nga bakola enkulungo emu nga bakwataganye emikono. Mugenda kuba nga mutwala ekiseera nga mwebaza Katonda olw'amaka gaffe. Buli omu muwe omukisa gw'okwebaza Katonda olw'amaka g'atuwadde. Oluvannyuma lw'akaseera, ggalawo n'essaala eva gy'oli.

**Eky'okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno londa omuntu omu mu buli kibinja yeweeyo okubaako gw'akyalira nga omusomo oguddako tegunnaba kubaawo, bazanganemu amaanyi. Bwe wabaawo omu mummwe gwe mufunye naye obutakkaanya, kino kye kyandibadde ekiseera ekirungi okuba nga mutereeza ensonga zammwe muzzeewo emirembe. Muyinza okwetaaga buli omu okwenenyeza munne ne musonyiwagana. Kino kiyinza okulabika nga ekizitowa naye kintu kikulu nnyo okukikola mu maka gaffe gano ag'omwoyo.

Nga temunnaba kusisinkana, twalako akaseera nga osabira abantu abo era osabe Katonda akuwe ekintu ky’oyinza okumuzzaamu nakyo amaanyi, kiyinza okuba ekyawandiikibwa, oluyimba oba biyinza okuba ebigambo eby’ekisa ebituufu okumuleetera okwongera okumanya Katonda okusinga bwe babadde bamutegeera.

Bwe musisinkana, buli omu azzeemu munne amaanyi, buli omu abuuze munne biki ebisoomooza by’ayitamu, era musabireko wamu nga musaba Katonda okubayamba okubivvuunuka. Bwe muliba musisinkanye mu musomo oguddako, muyinza buli omu okuwa munne obujulizi ku kiki kyafunye bukya basabira ensonga zaabwe.



**Okujulira**

Gye mukomya okubeerako n’ekiseera mu kubaawo kwa Katonda, agenda kwogera nammwe. Mu musabe abayambe musobole okuzzaamu amaanyi omuntu atannaba kuyingira mu maka ga Katonda era mu mwanirize naye yetabe mu musomo oguddako wiiki ejja. Musabe Katonda abayambe okubalaga ani gwe muyinza okwogerako naye, oba olyawo nga y’omu oyo gwe mwayogerako naye wiiki ewedde.

# Ebyokuwandiika

6

# Mu Kifo Ekisirifu ne Katonda



'Musirike mumanye nga nze Katonda.'

Zabbuli 46:10a

**Okuteekateeka**

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 5

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa kye ssomo wiiki eno kwe kutegeera nti okusobola okukula mu kubeera obumu ne Katonda n'ogenda nga weyongera okumufaanana, wetaaga okubeerangako n'ekiseera eky'okweyawula n'obeerako mu kifo ekisirifu ne Katonda.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Soma olunyiriri olw'okukwata obukusu olage ne we luva mu Baibuli mu lwatu. Ddamu olusome nga eno bwe baddamu, oluvannyuma lwokusoma kwo, okutuusa nga buli omu alukutte. Bazzeemu amaanyi buli omu asobole okwegezesa yekka.

*Musirike mumanye nga nze Katonda.*

*Zabbuli 46:10a*

**Okugero**

Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Daniel yali musajja eyali akyali omuto nga abeera mu kyaalo we yasisinkanira Comfort, omuwala eyali omulungi kaalaala

eyatundanga mu dduuka. Namwegomba n'ayagala okumuwasa, naye yali akimanyidde ddala nti yali ateekwa kusooka kumumanya nga tannaba kumugamba bigambo bya mukwano.

Yamukyaliranga buli lunaku ku dduuka gye yakoleranga ne banyumyanga emboozi buli lwe basobolanga, naye olw'okubanga edduuka lyakolanga nnyo, tewayitangawo bbanga ddene nga tewali muguzi ayingiddewo; kale nno newatabangawo bbanga limala okunyumizangamu, nga alina kumuleka aweereze abaguzibe. Nannyini dduuka naye teyayagalanga kulaba nga omuwala anyumya n'omulenzi bbanga ddene kale kye yakolanga, kwe kumufuniranga emirimu emirala egy'okukola buli lwe yalabanga nga edduuka lisiriikiridde. Baagezangako okwogera eno nga omuwala bwakola naye era kyabanga kizibu kubanga ebirowoozo by'omuwala byabeeranga ku mulimu gwe bamuwadde ekiseera ekisinga so si ku mboozi yaabwe.

Daniel kyaddaaki n'akitegeera nti yali tagenda kumanya Comfort nga ali mu dduuka; kye baakola, kwe kuteesa nti basisinkane mu kafo webayinza okunywerako ka kaawa nga ebiseera by'emirimu biweddeko buli lunaku mukiseera omuwala bwe yabanga addayo ewaabwe. Kyokka era, nakadduuka we bayagala okunywerako ka kaawa, nako kakolanga nnyo era nga ne mikwano gyabwe gijja buli ddakiika mu kadduuka, nabo olwabalabanga, nga batuula kukuba mboozi era nga bwe batumya ka kaawa banywere wamu nabo. Era n'ebidongo byabanga ne ddoboozi lya waggulu nnyo kale obuzibu ne bweyongera nga ku buzibu bunnaabwo, anti nga tewali awulira munne kyayogera.

Daniel ne yeyongera okuterebuka olw'okulabanga alemereddwa okubaako nekiseera ekyokumanya Comfort gwe yayagala, n'asalawo agende butereevu amukyalire mu maka ga bazadde be. Era bwe yatuuka mu maka g'omuwala, bamwaniririza mu ddiiro Kitaawe w'omuwala mwe yatuulanga nga laba ebigenda mu maaso ku TV. Taata wa Comfort n'ayagala nnyo Daniel, namusumululira emboozi lubalala ku mupiira gwe yali alaba. Ne maama wa Comfort naye

nabegattako era nga naye yali mukazi munyumya nnyo, nalyoka ababuuza biki bye bayiseemu mu lunaku era nga bw'ababuuza n'enteekateeka zebalina. Comfort yalina bannyina abamuddako nga bato era nga bali mu kuzannyira awo mu ddiiro, era nga bwe basaba Daniel azannyeko nabo, naye teyagaana kubanga yayagala bannyina ba Comfort ate era nga ayagala n'okusanyusa omuwala.

Awo Daniel natandika okuterebuka bwe yazuula nti newankubadde nga yali amala ekiseera kiwanvu nga ali n'omuwala, yali tagenda kumutegeera. Kubanga buli lwebasisinkananga nga wabaawo ebibatabulatabula, nga abantu abalala babayingirira mu mboozi yaabwe, n'amaloboozi g'ebivuga nago gabanga waggulu nnyo. N'akizuula nti waali wasigaddeyo ekyokukola kya mulundi gumu. Nasaba omuwala avenga eka okugenda ku mulimu nga wabulayo essaawa nnamba buli ku makya, ne bamalanga akaseera nga batudde ku lubalama lwennyanja buli lunaku mu kafo akasirifu, awataabeeranga maloboozi gabataataaganya okujjako okuwulira amazzi agayira, namaloboozi g'emboozi yabwe bokka.

Tebaalwa, ne batandika okumanyagana obulungi ddala era okwagalana kwabwe nekutandika okukula mu buziba buli lunaku olwakyanga. Ddaaki, Daniel nasaba taaka wa Comfort okumukkiriza atwale muwalawe mu bufumbo.

Eddakiika 5

**Eky'okukola**

Gabanya abantu mu bubinja obutonotono. Bazzeemu amaanyi buli omu abeere n'omuntu gwatamanyi bulungi. Akabinja akamu kajja kwetaba n'akabinja kannaako olwo walyoke wabeerewo obubinja bw'abantu 4.

Mu buli kibinja, buli kabiina kaweebwe eddakiika 2 okuba nga bafuba buli omu okumanya munne nga bwe kisoboka. Mubuuzagane ebibuuzo nga: Olina emyaka emeka? Wazaalibwa wa? Okola mulimu ki okusobola okwebeezaaawo? Osinga kwagala

mmere ki, n'ebirala.

Mu kaseera ako nga bakyawulizanganya, abantu balii ababiri abasigadde mu kabinja bateekwa okugeezaako okutaataaganya bano, nga baleeta amaloboozirboozi, bababuuza ebibuuzo, bababkubira amasimu oba okukola kyonna ekisobola okubaziyiza okuwulizaganya obulungi.

Bwe bamala, olwo bakyuuse bano nabo bakole bannaabwe kye babadde bakola. Kati nno awo buli kabiina kawe embalirira nga bwe basobodde okumanyagana. Fuba okulaba kabiinaki akasobodde okumanyagana obulungi mu mbeera efaanana bwetyo. Yitayo abantu boogere oba nga kyangu okumanya omuntu obulungi wakati mu kavuyo ak'amaloboozi amangi bwe gatyo.

**Okumanya Baibuli**
Somera abantiu <u>Makko 1:21-39</u>:

> *[21]Ne bayingira e Kaperunawumu; amangu ago ku lunaku lwa
> ssabbiiti n'ayingira mu kkuŋŋaaniro n'ayigiriza. [22]Ne
> bawuniikirira olw'okuyigiriza kwe: kubanga yabayigiriza nga ye
> nnyini buyinza, so si ng'abawandiisi. [23]Amangu ago mu
> kkuŋŋaaniro lyabwe mwalimu omuntu aliko dayimooni omubi;
> n'akaaba [24]nga agamba nti Otuvunaana ki, Yesu ow'e
> Nazaaleesi? ozze kutuzikiriza? nkumanyi ggwe, ggwe oli
> Mutukuvu wa Katonda. [25]Yesu n'amuboggolera ng'agamba nti
> Bunira, muveeko. [26]Dayimooni n'amutaagula n'akaaba
> eddoboozi ddene n'amuvaako. [27]Ne beewuunya bonna, ne
> beebuuzaganya nga bagamba nti Kiki kino? okuyigiriza kuggya!
> alagira n'obuyinza dayimooni ne bamuwulira. [28]Amangu ago
> ettutumu lye ne libuna ensi yonna eriraanye Ggaliraaya.
> [29]Amangu ago bwe baafuluma mu kkuŋŋaaniro ne bagenda
> wamu ne Yakobo ne Yokaana mu nnyumba ya Simooni ne
> Andereya. [30]Awo nnyina mukazi wa Simooni yali ng'agalamidde*

*ng'alwadde omusujja; amangu ago ne bamubuulira bw'ali:*
*31 n'ajja n'amukwata ku mukono n'amugolokosa, omusujja ne*
*gumuwonako, n'abaweereza.*
*32 Awo olweggulo, enjuba ng'egudde, ne bamuleetera*
*abalwadde bonna, n'abo abaliko dayimooni. 33 N'ekibuga*
*kyonna ne kikuŋŋaanira ku wankaaki. 34 N'awonya bangi abaali*
*balwadde endwadde nnyingi, n'agoba dayimooni bangi,*
*n'atabaganya kwogera kubanga baamumanya.*
*35 Awo mu makya ennyo, nga bukyali kiro, n'agolokoka*
*n'afuluma, n'agenda mu ddungu, n'asabira eyo. 36 Simooni*
*n'abo abaali naye ne bamugoberera; 37 ne bamulaba ne*
*bamugamba nti Bonna bakunoonya. 38 N'abagamba nti*
*Tugende awalala mu bibuga ebiri okumpi mbuulire n'eyo;*
*kubanga ekyo kye nnajjirira. 39 N'ayingira mu makuŋŋaaniro*
*gaabwe mu Ggaliraaya yonna, ng'abuulira ng'agoba*
*dayimooni.*

Ekitundu ekisooka eky'ebyawandiikibwa bino, kitunnyonnyola olunaku olumu Yesu lwe yasingira ddala okukolerako ennyo. Olunaku olwaddako, Yesu yamanya nti kyaali kikulu nnyo ye okumala ekiseera nga ali yekka ne Kitaawe okuba nga azzibwamu amaanyi mu mwoyo, okusinga okusigala mu buliri nga yebasse mbu azzibwemu amaanyi mu mubiri. Yamanya nti yali yeetaaga akaseera akaakasirise yekka ne Katonda.

Yesu yamanya nti singa takozesa kaseera ako nga abantu bakyebasse n'alinda ne bazuukuka nga okunaku lukedde n'ebyalwo, yali tagenda kufuna mukisa gwa kubeerako yekka ne Kitaawe. Kino tusobola okukiraba mu lunyiriri olwa 36 okutuuka ku lwa 39 abayigirizwabe bwe bajja nga bamunoonya ne bamugamba nti buli omu yali amunoonya. Bayagala okubeera naye. Bayagala okulaba Yesu abasumulule mu kuwonyezebwa okwokubagobako emizimu n'okuwulira engigirizaye. Baali tebasobola kumuwa kaseera ka kuwummula, yandibadde mu kasattiro olunaku lwonna nga atambula kyaalo ku kyaalo nga bw' asomesa abantu.
Olunyiriri lwa 35 lutugamba nti Yesu yagenda mu kifo ekyesudde

n'asaba. Ebeera nsobi bwe tugamba nti Yesu yagenda mu maaso ga Katonda nga akutte olupapula oluliko ebyetaago bye. Naye ekigambo ekikozesebbwa wano, kiraga amakulu magaziko: kizingiramu okusinza, okwebaza, okuwaayo ebyetaago, n'okulindirira Katonda Kitaffe. Okulindirira Katonda kitegeeza ku tuula awo mu kasirise mu kubeerawo kwa Katonda nga tuwuliriza abeereko kyayogera naffe. Yesu yamanya nti abo abalindirira Mukama balizza buggya amaanyi gabwe (Isaaya 40:31) era n'akiteeka mu nkola! Yamanya nti obuweerezabwe buyinza okumenyeka bwatandikoze bwatyo.

Mu kiseera kye eky'okweyawula nga ali yekka ne Kitaawe, Yesu alabika nga yalaga okwagala kwe yalina n'okusiima eri Katonda. Era nga yasabira ebyetaago ebyenkalakkalira oba embeera n'obuyinza, amaanyi, embavu okusobola ekweyongerayo mu buweerezabwe.

Ateekwa okuba nga yalindirira Katonda, yalindirira okweraga kw'okwagala kwa Katonda gyali, n'okulungamizibwa n'okulagirirwa kiki kye yali ateekwa okukola mu lunaku n'okweyongerayo. Tulaba mu lunyiriri olwa 38 nti Yesu yalina enteekateeka y'olunaku olwo eyenkukunala nga amaze okubeerako ne Taata – okusobola okuva mu kifo ekyo n'ebyalo ebyo kumpimpi.

Oba nga Yesu Omwana wa Katonda eyalina obuyinza obwenkanidde awo n'amaanyi, yeetaaga akaseera akokwezza obuggya mu Katonda, olwo ate ffe twetaaga kyenkana ki?

**Eky'okukola**

Eddakiika 5

Okubeera nga Yesu era n'okutwalako akaseera mu maaso ga Katonda kyetaagisa kwefuga. Ffenna buli omu agenda kwekolera enteekateeka egenda okumuyamba okukola kino. Saba ekibiina kyeyawuleyawulemu obubinjabinja basobole okukubaganya ebirowoozo ku bibuuzo bino wammanga. Buli muntu agenda kwesalirawo ku kyokuddamu kyabwe era n'okukigabanako mu

kabinja kaabwe, era nga bawandiika kiki kye basazeewo okubayamba okujjukira.

- Ekifo kiri ludda wa gyosobola okugenda ne weyawula, ggwe osobole okubeerako ne Katonda? Kiteekeddwa kubeera nga kisirifu temuli biwoggana gy'osobola okubeera nga totaataaganyizibwa, okusumbuyibwa oba okuggibwa ku mulamwa. Wateekwa okuba nga osobola okubeerayo buli lunaku.
- Kiseeraki ekirungi mu lunaku kye weesaliddewo okubeera mu kasirise ne Katonda? Lowooza ku mirimu gyo egya buli lunaku olyoke osalewo kiseera ki ekirungi ky'osobola okusalawo. Abantu bangi besanga nga ekiseera ky'okumakya nga tebannaba kubaako kye bakola kye kisinga. Oyinza okusooka n'eddakiika 10 n'ogenda nga oyongerako gy'okoma okugenda nga omanyiira.

Zzaamu abantu amaanyi okuwandiika enteekateeka zaabwe bwe baba basobola.

Eddakiika 5

Mu bubinja bwabwe obw'ababiri, saba abantu okusabiragana. Mukusaba beera mulambulukufu ku kiki ky'osabira, ekifo kyogere n'essaawa omuntu gy'agenda okubeera mu kasirise nga ye ne Katonda basisinkane, babeere bumu, amusabe okumuyamba.

Mukusooka kiyinza okuba nga ekizibu era nga ekitali kya buliwo. Sitaani agenda kugezaako okukumalamu amaanyi nga akugamba nti kya kumala biseera era nti tosobola kuwulira Katonda nga ayogera. Naye tobivaako. Weyongere bweyongezi okugenda mu maaso, ennaku gyezirikoma okuba nga zeyongera ne wiiki, kiritandika okulabika nga kintu ekituufu era ekiriyo. Wagenda kubeerawo ekiseera ky'oliwulirira ddala nga oli bumu nnyo ne Katonda, era wabeerewo n'ekiseera ky'oliwulira nga ate oli wala ne Katonda. Tobivaako. Enkolagana zitwala ekiseera n'amaanyi. Fuba okubeera nga obumu ne Katonda mu kifo ekisirifu.

Eddakiika 5

**Eky'okukola**

Abantu bannyonnyole nti kati tugenda kwegezesa okubeerako mu kasirise. Saba abantu bagoberere emitendera gino. Kigenda kukwetaagisa okugisoma gumu ku gumu, nga bw'oleka abantu okuba nga bakola ekyetaagisa.

- Londawo akafo mu kisenge mwe mukunganidde w'osobola okutuula oba okuyimirira nga oli mu kasirise.
- Amasimu mu gagyeko.
- Ebirowoozo byo bigobeemu ebirowoozorowoozo ebiralalala, okweralikirira oba okutetenkanyatetenkanya mu birowoozo byo nakyo kiviireko ddala. (Okumala akaseera ne Katonda mu kaseera akokumakya nga wakazuukuka nga ebirowoozo byo tebinnasaasaana mu mirimu kuyambira ddala).
- Beera wamu. Tuula wamu nga okkalidde. Tosagasagana.
- Tandika na kusinza n'okuvunamira Katonda. Laga okwagala Katonda. (Kino kikolere akaseera akamala.)
- Yatula ekibi kyonna ky'omanyi era ky'ojjukira era omusabe akujjukize ky'oyinza okuba nga oyisizzaako amaaso oba nga okyerabidde osobole okutereera mu maaso ga Katonda.
- Malako akaseera nga omwebaza ku lw'obulungibwe ne ku lw'ebyo by'akukoledde.
- Musabe akusisinkane mu byetaagobyo era omutegeeze ebiri ku mutima gwo.
- Maliriza nga otwalako ekiseera mu kasirise owuliriza Katonda kyanakugamba. Soma ebimu ku byawandiikibwa mu Baibuli. Oyinza okutandika ne Zabbuli 46 olwaleero. Soma mpolampola. Soma nga weetegereza. Soma eno nga bw'osaba. Juliza ebyawandiikibwa mu ssaala gy'osaba eri Katonda.
- Bw'oba nga osaba, wuliriza n'obwegendereza. Wandiika buli ky'owulira oba ekirowoozo kyonna ky'olowooza nti kivudde eri Katonda. (Bw'obeera nga oli awo wekka, nga ebirowoozo byo biwunjawunja, soma mu lwatu nga owuliza eddoboozilyo. Kiba kikuyamba obutava ku mulamwa.

Kati gwe omukulembeze komyawo ekibiina wamu obuuze oba nga waliwo ayinza okubeerako kyagabana okusinziira ku kyawulidde mu kweyawula okwo.

Eddakiika 5

**Okusaba**

Ekibiina kikulembere mu ssaala eno. Soma lunyiriri ku lunyiriri era nga eno ekibiina bwe kiddamu byosoma bwe baba baagala:

> Ow'omukwano Yesu, nkwagala era njagala kukumanya mu mukwano ogw'ebuziba bw'omutima gwange. Nsaba ongigirize okukkakkana, okubeera mu kasirise era malenga akaseera nga ndi wamu naawe wekka. Nyamba kino nkifuule ekitundu ku bye nteekeddwa okukola buli lunaku. Nsaba onkuume eri Sitaani aleme okuntataaganya nga neyawudde mu kubeerawo kwo. Nkwagala Mukama Yesu, nyamba ntambulire nga wamu naawe. Amiina

**Eky'okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno teeka mu nkola ebyo byoteeseteese. Genda mu kifo kye wasalawo okubeera nga buli lunaku. Buli lunaku gendangayo omulundi gumu era ogoberere emitendera gy'ebyo byetwayiseemu. (Omukulembeze oyinza okwetaaga okujjukiza abantu kino). Weeweeyo kino okukikolanga era n'okujjukiza abantu 2 mu kibinja kyo okubeera nga nabo bakikola wakati mu wiiki.

Gamba abantu beetegereze emirundi gye beesanga nga bawugulibwa oba bataataaganyizibbwa, olwo balowooze ku ngeri gye bayinza okuvvuunuka okutaataaganyibwa n'okuwugulibwa okwo okuyita mu wiiki eyo.

**Okujulira**

Lowooza ku bantu bonna b'oyogeddeko nabo era osabe Katonda akuyambe oba nga waliwo omuntu yenna gw'ayagala oddemu okw'ogerako naye wiiki eno oba era nga waliwo omuntu omupya gwa yagala otuukirire. Genda obuulireko omuntu Katonda gwateeka mu birowoozobyo nti ogenda kubeera nga weyawula obeereko mu kasirise ne Katonda. Bannyonnyole nti ogenda kumala akaseera nga oyogerako ne Katonda owulire kiki kyagamba. Babuulire by'oyize olwa leero era obayite nabo bakole kye kimu.

# Ebyokuwandiika

7

# Baibuli kye ki?




'Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu: omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi.'

2 Timoseewo 3:16-17

**Okuteekateeka**
Essomo lino lijjakwetaaga abantu bonna mu kibiina okubeera ne Baibuli. Batuukirire obasabe buli omu aleete Baibuli ye bwaba agirina. Mu ssomo, kakasa nti Baibuli zigabanibwa bonna wamu era singa mubeeramu omuntu atasobola kusoma, banne bamuyambeko okumutegeeza ebigenda mumaaso. Bwe wabaawo alinaomutibagano ku ssimu ye, asobola okukebera n'alaba Baibuli ne ddoboozi erisoma Baibuli. (Ayagala okuzuula bino ku mutimbagano, mulagirire asome endagiriro eri ku nkomerero yakatabo kano mu kitundu ekyendagiriro ye by'okusoma.)

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?
- Osobodde okubajjukiza okuleeta Baibuli bwe baba bazirina?

Eddakiika 5

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**
Ekigendererwa ky'essomo lya wiiki eno kwe ku twanjula eri ekigambo kya Katonda, ye Baibuli. Baibuli etubuulira ebikwata ku Katonda n'abantu be era n'etuyamba okumumanyira ddala obulungi ennyo.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**
Soma olunyiriri olw'okukwata obukusu olage ne we luva mu Baibuli

mu lwatu. Ddamu olusome nga eno bwe baddamu, oluvannyuma lwokusoma kwo, okutuusa nga buli omu alukutte. Bazzeemu amaanyi buli omu asobole okwegezesa yekka.

*Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu: omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi.*

*2 Timoseewo 3:16-17*

**Okugero**
Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Emyaka nga 200 egyakayitawo mu kitundu ekiyitibwa Wales mwabeerangamu omuwala omuto nga ayitibwa Mary Jones. Yajja nga aviira mu maka amaavu naye nga Nnyina ne Kitaawe baali bakristaayo abakkiriza. Mary yalokoka nga wa myaaka nga munaana. Yali yayigirizibwa Baibuli okuva mu buto bwe, naye nga ayagala nnyo okuba nga asobola okugyesomera. Naye waaliwo ebizibu bye yali alina okuwangula. Ekisooka, yali tasobola kusoma, nga tamanyi w'ayinza kujja Baibuli, n'ekisembayo, yali agenda kugifuna atya?

Ekizibu ekisooka kyaggwawo bwe waalabika nga bagguddewo essomero mu kyaalo ekyali okumpi ne kyaalo ekyali kibaliraanye. Mary n'asobola okuyiga okusoma. Yatambulanga buli lunaku mu buli mbeera, naye yagumiikiriza mu kulemerako. Yakolanga emirimu gy'omunnyumba eka, naye neyeyongerako omulimu ogwokukolera abantu abalala nga abooleza engoye, alunda enkoko, n'atunda amagi okusobolanga okweterekerawo akasente akatonotono. Buli lwe yafunangayo amagoba amatonotono, nga agatereka ku mabbali, nga alindirira lwaliwangula omusomo.
Bwe yaterekera emyaka mukaaga nalaba nga awezezzaawo essente

ezimala. Mary n'abuuza abakulembeze bekkanisa yomukitundu bamubuulire engeri gyayinza okugula Baibuli. Tewali gwe yali amanyi, naye nebamulagirira eri omusajja ayitibwa Thomas Charles eyali abeera ku Bala- mailo 26 okuva awo webaali, ebiseera ebimu yabeeranga ne Baibuli ez'okutunda. Baibuli za Welsh zaali tezirabikalabika mu biseera ebyo, naye Mary yali amaliridde. Kale ku myaka 14 n'atambula olugendo oluwanvu. Yatambula nga ayita mu nsozi empanvu ezaali wakati wa maka ge waabwe n'ekifo ekyo Bala. Ekkubo teryali tereevu, mwalimu ebisirikko, amayinja ate nga teyalina ngatto mu bigere naye ya wangula.

Bwe yakonkona ku luggi lwa Mwami Charles yali mukoowu nnyo ate nga mukyafu, naye amaaso ge gaali masanyufu nga acamukiridde. N'abuuza nga yenna alinga ataliimu mukka nti, 'Ssebo olinayo Baibuli ezitundibwa?' Mwami Charles n'abulwa ekyokwogera. Kubanga Baibuli zeyalina zaali zaggwawo oba nga ez'aliwo nga ziriko abantu be yali azisuubizza. Naye wano nga alaba akawala akamaliridde mu kwetaaga Baibuli nga n'amaaso gaako gajjudde ebiyengeyenge, eyali asoloozezza obusente bwe okumala ebbanga eddene ate nga atambudde olugendo luwanvu ddala. Mu butuufu nga kizibu okumugamba nti tewali Baibuli, addeyo eka nga tafunye kyabadde agenderedde. Awo Mwami Charles naalowooza mangu nnyo ekyokukola. Namugamba nti 'Ka nkuwe eyange gye mbadde nsigazizza. Njakulaba engeri gyenfuniramu oli gwe mbadde ngiterekedde'.

Kale nno Mary nafuna Baibuliye neyeyongera okugisoma obulamu bwe bwonna. Yali yaterekebwa mu tterekero lyebyafaayo naye kati eri muWales, nga ewandiikiddwako ebiwandiiko ebiraga engeri gye yagifunamu mu mukono gwe gwennyini. Mwami Charles, ddala yakwatibwako nnyo olwokumalirira kwomuwala ono eyali omuto bwati, kyeyava asalawo okutandika Bible Society abantu bangi

basobole okufuna Baibuli ezaabwe kubwabwe. Okwagala Mary Jones' kweyalaga mu kwetaaga Baibuli ne Katonda wa Baibuli kwakakasa omukisa gyali n'amaka gewaabwe, naye neri abantu abalala bangi.

**Okumanya Baibuli**

Somera abantu 2 Timoseewo 3:14-17:

> *[14]Naye ggwe beeranga mu ebyo bye wayiga n'otegeerera ddala, ng'omanyi abakuyigiriza bwe bali; [15]era ng'okuva mu buto wamanyanga ebyawandiikibwa ebitukuvu ebiyinza okukugeziwaza okuyingira mu bulokovu olw'okukkiriza okuli mu Kristo Yesu. [16]Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu: [17]omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi.*

Baibuli kitabo ky'amaanyi. Nga ekyawandiikibwa kyaffe bwe kigambye, tusobola okukyuusibwa bwe tuba nga twetwalira amazima gaayo mu mitima gyaffe. Baibuli eyogera ku Katonda: olukalala lw'ebitabo ebyogera ku kutonda ensi, ebyafaayo byayo, okwagala kwalina eri abantu be, enteekateeka ye okutulokola okuyita mu mwana we Yesu, n'ebyo ebiribaawo mu nkomerero.

Ebyafaayo bya Mary Jones biraga engeri gye kiri ekikulu okubeera ne Baibuli gye tusobola okusoma mu nnimi zaffe. Oba olyawo, nga Mary naawe tobeeranga ko na Baibuli yiyo kububwo. Lwaki tosalawo olwaleero okusaba Katonda akuyambe okutereka essente okutuusa lw'olyefunira emu ggwe n'amaka go gye munasomeranga awamu.

**Okukubaganya ebirowoozo**

Ku buli kibuuzo ekiri wammanga, zzaamu omuntu omu oba babiri amaanyi bagabane ekyo kye balowooza nti kye ky'okuddamu. Nga

bamaze okugabana ebyabwe, somera abantu ebyokuddamu ebiwandiikiddwa wano.

**Baibuli kye ki?**
(Jjukira nti olina okuwayo omuntu omu oba babiri okubaako ebyokuddamu bye baddamu).
Baibuli kkunganiro lya *byawandiikibwa* eryefaanana. Ekigambo *Baibuli* kiva mu linnya ery'oluyonaani eryaweebwa ebyawandiikibwa obyasookera ddala, ebyavvuunulwa nti *kitabo*. Mu mazima lino kungaaniro lya bitabo, eriweza ebitabo 66, ebyawandiikibwa mu biseera ebitali bimu era nga biweerezebwa abasomi ba njawulo. Yayawulwamu ebitundu bibiri:

- Endagaano enkadde yakolebwa ebitabo 39 ebiseera wezaawandiikibwa ziri eyo mabega nga Yesu tannazaalibwa.
- Endagaano empya yakolebwa ebitabo 27(ebisinga kubyo mabaluwa) byogera ku kuzaalibwa kwa Yesu okutuuka ku nkomerero y'ensi.

Ekifaananyi ekiri ku lupapula oluddako kiraga ebitabo ebyenjawulo ebya Baibuli era n'engeri gye byasengekebwamu. Mu ndagaano enkadde ebitabo byasengekebwa mu nsengeka za mirundi 5:

- Ebitabo eby'amateeka: Bino bitubuulira entandikwa y'olugero lwa Katonda n'abantu be n'engeri gye yayagalamu batambulenga mu bulamu bwabwe.
- Ebitabo by'afaayo: Bino biraga emyaka emingi egy'ebyafaayo bya Katonda n'abantube, ebiseera ebimu byogera ku ggwanga lyonna, byogera ku maka agamu nga matono oba ku muntu omu.
- Ebitabo by'ebitontome: Bino bikozesa olulimi olutegeerekeka okusobola okusisimula ennewulira y'obulamu bwaffe, bituyamba okutegeera obujjuvu bw'obulamu.
- Ebitabo by'abannabbi abaawandiika ebingi n'abaawandiika ebitono: Mu bino tusoma ekigambo kya Katonda eri abantu be mu biseera ebimu okubasoomooza oba okubazzaamu

amaanyi. Tuyigiramu bingi ku mbala ya Katonda n'e z'abantu.

Mu bitabo eby'eNdagaano Empya byawuddwamu emirundi 4:

- Enjiri: Bitulaga biki ebyaliwo mu kiseera Yesu we yabeerera mu mubiri ku nsi.
- Ekkanisa eyasooka: Yesu nga amaze okuva ku nsi, abantu abaddako baabulira bannaabwe ebyo bye yakola. Ebyafaayo byabwe biwandiikiddwa wano.
- Amabaluwa: Abakulembeze b'ekkanisa eyasooka baawandiika amabaluwa eri ebibinja by'abakkiriza okubazzaamu amaanyi. Gawandiikiddwa wano.
- Obunnabbi: Era nga ne mu Ndagaano enkadde mu bannabbi, ekitabo kino kiraga ekigambo kya Katonda eri abantu be. Okuyita mu lulimi olw'obubonero, tuweebwa okulabulwa ku bigenda okubaawo era n'okutugumya.

**Endagaano Enkadde**

| Amateeka | Ebyafaayo | Ebitontome | Bannabbi abaawandiika ebingi | Bannabbi abaawandiika ebitono |
|---|---|---|---|---|
| Olubereberye | Yoswa | Yobu | Isaaya | Koseya |
| Okuva | Eky'Abalamuzi | Zabbuli | Yeremiya | Yoweeri |
| Eky'Abaleevi | Luusi | Engero | Okukungubaga | Amosi |
| Okubala | 1 Samwiri | Omubuulizi | Ezeekyeri | Obadiya |
| Eky'Amateeka Olwokubiri | 2 Samwiri | Oluyimba | Danyeri | Yona |
| | 1 Bassekabaka | | | Mikka |
| | 2 Bassekabaka | | | Nakkumu |
| | 1 Ebyomumirembe | | | Kaabakuuku |
| | 2 Ebyomumirembe | | | Zeffaniya |
| | Ezera | | | Kaggayi |
| | Nekkemiya | | | Zekkaliya |
| | Eseza | | | Malaki |

**Endagaano Empya**

| Enjiri | Ekkanisa eyasooka | Amabaluwa | Amabaluwa | Amabaluwa | Obunnaabbi |
|---|---|---|---|---|---|
| Matayo | Ebikolwa By'Abatume | Abaruumi | 1 Timoseewo | Yakobo | Okubikkulirwa |
| Makko | | 1 Abakkolinso | 2 Timoseewo | 1 Peetero | |
| Lukka | | 2 Abakkolinso | Tito | 2 Peetero | |
| Yokaana | | Abaggalatiya | Firemooni | 1 Yokaana | |
| | | Abaefeeso | Abaebbulaniya | 2 Yokaana | |
| | | Abafiripi | | 3 Yokaana | |
| | | Abakkolosaayi | | Yuda | |
| | | 1 Abasessaloniika | | | |
| | | 2 Abasessaloniika | | | |

Kaakati nga emaze okuvvuunulwa mu nnimi ezisinga obungi mu nsi yonna, Baibuli esigala nga ky'ekitabo ekikyasinze okubeera ku tatale mu bitabo ebirala byonna ebyettunzi.

**Ebigambo bino mu Baibuli ani yabiwandiika?**
(Jjukira nti olina okuwaayo omuntu omu oba babiri okubaako eby'okuddamu bye baddamu).
Pawulo, omukulembeze mu kkanisa eyasooka, ye yawandiika ebigambo bino mu bbaluwa eri Timoseewo. Ab'omu maka ga Timoseewo baali bamusomesezza ebyawandiikibwa okuva mu buto bwe. Oluvannyuma Pawulo yamusisinkana n'amutwalanga mu ngendo ze okusomesa abantu ku bifa ku Katonda era n'okuzzaamu abakkiriza amaanyi. Pawulo yasibibwa mu kkomera olw'okukkirizakwe mu Yesu, era mu Bbaluwa eno, tulaba nga asemberedde okufa. Yawandiika okuzzaamu amaanyi abayambi be abaali bakyaali abato okweyongera yo mu kukkiriza kwe mu Yesu era n'okumujjukiza obukulu obuli mu byawandiikibwa bwe buli.

**Lwaki Baibuli ya nkizo?**
(Jjukira nti olina okuwaayo omuntu omu oba babiri okubaako eby'okuddamu bye baddamu).
Pawulo yagamba Timoseewo nti ebyawandiikibwa bya lungamizibwa Katonda kennyini, oba nti '*Katonda ye yabyogera'* Wadde nga empandiika mu bitabo byonna teri mu ngeri y'emu naye waliwo enkwatagana wakati waabyo mu bigambo ebikulu, emitwe, ebirowoozo ebigenda nga birukiddwa wamu okuleeta amakulu mu byafaayo mu bulambulukufu bw'olugero lwonna eyewuunyisa. Mu mazima, bye byafaayo byennyini ebyensi yennyini gye tuli mu era gye tumanyi.

**Baibuli eyinza kukol ki?**
(Jjukira nti olina okuwaayo omuntu omu oba babiri okubaako eby'okuddamu bye baddamu).
Baibuli etuwa okutegeera Katonda – Kitaffe, n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu. Etuwa okumanya engeri Katonda gy'alabamu ensi, okuva gyetandikira okutuuka gy'ekoma. Etunnyonnyola wa omuntu

gye yava era lwaki obulamu bujjudde bizibu. N'okutuwa ekifaananyi ekigazi eky'okumanya ekyo kye tuli nga abantu. Etutegeeza lwaki twayawukana ne Katonda, era na kiki kye yakolawo ku nsonga eyomutawaana guno, n'engeri gye tuyinza okubeera ekitundu ku nteekateeka ze ez'okutununula.

**Kiki Baibuli kye teyinza kukola?**
(Jjukira nti olina okuwaayo omuntu omu oba babiri okubaako eby'okuddamu bye baddamu).
Twetaaga okwetegereza Pawulo kyeyawandiika: ebyawandiibwa biyinza okutugeziwaza, ne tufuna obulokozi olw'okukkiriza okuli mu Kristo Yesu. Wadde nga kirimu ebigamb eby'obulamu, yo Baibuli yennyini tesobola kuwa muntu obulamu obw'omwoyo. Obulamu obwo bujja gyetuli nga buyita mu Yesu Kristo nga tumukkirizza. Baibuli yamugaso nnyo gye tuli naye okufuna obulokozi tuteekwa kukkiriza Yesu, oyo nga ky'ekigambo ekiramu. Tusobola n'okuyita Baibuli ekipande ekiragirira nga kisonze okunwe eri omuntu omutuufu, Yesu, asobola okutulokola okuva mu bibi byaffe era n'okutuwa obulamu obutaggwawo.

**Ebyawandiikibwa biyinza kutuyamba bitya?**
(Jjukira nti olina okuwaayo omuntu omu oba babiri okubaako eby'okuddamu bye baddamu).
Pawulo agamba nti ebyawandiikibwa bituyamba mu kuyigiriza, okunenya, okutereeza era n'okutendeka mu butuukirivu. Bitulaga wa we tukyamye, era nga ekitangaala bwekyaakira mu kizikiza eky'emitima gyaffe n'okulowooza kwaffe. Bitulaga eby'okulabirako bye tuyina okugoberera n'obutagoberera. Ebyawandiibwa bituwa n'essuubi, nga bitulaga nti Katonda ayinza okukozesa omuntu yenna gwaba ayagadde, si nsonga obanga ebyafaayo by'obulamu bw'omuntu oyo byali bitya - oba bibi mu ngeri ki bwe baali tebannaba kukkiriza Yesu.

Baibuli etuyigiriza mu butuukirivu – naye tekimala gaggya gyetuli! Omwoyo Omutukuvu (omuyambi Yesu gwe yasindikira abayigirizabe nga amaze okuzuukira) ayogera n'emitima gyaffe tusobole

okuyayanira obulamu obutukuvu era obuyonjo. Bulijjo aggya kutuzzangamu amaanyi tusobole okutuuka ku kiruubirirwa ekyo.

Eky’enkomerero, Pawulo yazzaamu Timoseewo amaanyi okukula mu nkolaganaye ne Katonda. Yayogera ku muntu wa Katonda okuba nga *atuukiridde*. Katonda alina ebikolwa ebirungi ffe bye tuyinza okukola. Pawulo ayogera eri Abaefeeso nti:

> *Kubanga ffe tuli mulimu gwe, abaatonderwa mu Kristo Yesu olw'ebikolwa ebirungi, Katonda bye yasooka okuteekateeka ffe okubitambulirangamu.*
>
> *Abaefeso 2:10*

Bino tusobola okutuukana nabyo bwe tuba nga tugenda mu maaso nga abayigirizwa era nga tweyongera okumanya Katonda okusingawo. Ebyawandiikibwa n’Omwoyo Omutukuvu birina omulimu munene gwe bikola mu mutendera guno – ebirabo eby’omuwendo byetaagisa.



Eddakiika 10

**Eky’okukola**

Mweyawuleyawulemu obubinja obwa 3 oba 4 mugezeeko okuddamu ebibuuzo bino:

- Waliwo mummwe eyali awulidde nga Katonda ayogera naye nga ayita mu lunyiriri lwonna mu byawandiikibwa bya Baibuli?
- Lwali lunyiriri ki?
- Lwaleeta nkyuukakyuuka ki mu ggwe?
- Kiki kyewakolawo nga ekyaava mu ekyo?



Eddakiika 10

**Okusaba**

Musigale mu bubinja bwammwe musabire wamu, nga mwebaza Katonda olw’ekirabo kya Baibuli.

Osobola okumusaba:

- Okumusaba akuyambe okumutegeera ennyo nga oyita mu kusoma n'okuwuliriza Baibuli.
- Okugondera kya kugambye nga ayita mu byawandiikibwa.
- Okukuwa omukisa n'obuvumu okusobola okugenda nga ogabana n'abantu abalala amazima g'oyize okuva mu Baibuli.

Sabira buli muntu essaala nga osiziira ku lunyiriri olw'obukusu nga osaba Katonda abapakirire ddala amaanyi agokukolanga ebikolwa ebirungi nga bwe beeyongera okusoma ekigambo kye.

**Eky'okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno, bw'onolaba oluguudo oba akapande, webaze Katonda olw'okukulagirira eri Yesu Kristo. Mwebazeolw'ekirabokyebyawandiikibwa okukugeziwaza ofune obulokozi.

Soma ebyawandiikibwa mu kimu ku bitabo bya Baibuli ekimpi ddala ggwe kululwo oba n'abantu abalala 1 oba 2. Oyinza okutandika n'ekitabo kya Yakobo, 1 Peetero, oba 1 Yokaana, ebbaluwa ezawandiikirwa ekkanisa eyasooka. Ekitabo kya Makko nakyo kitabo kirungi okutandikirako. Kigaziko era kitubuulira ebyafaayo eby'ebyo ebyabaawo Yesu nga akyali ku nsi.

Bwewabaawo atalina Baibuli oba atasobola kusoma muzzeemu amaanyi asobole okutuula n'omuntu agirina mu kibiina era nga asobola okugisoma.

**Okujulira**

Nga omaze okusaba Katonda okukuwa omukisa ogw'okugabana amazima agava mu Baibuli n'abalala, weenoonyeze emikisa egyo era

bwegiba gizze gikozese.

Lowooza ku bantu bewali oyogeddeko nabo nga ekitundu ku kujulira kwaffe. Saba Katonda akulage oba nga mu abo bewali obuulidde ayandyagadde oddemu ogabaneko naye oba nga waliwo omuntu omupya eyeetaaga okugabanako naye wiiki eno. Katonda agenda kubaako omuntu gw'akuteeka ku mutima osobole okwogerako naye. Oyinza okukozesa enkulungo ziri 3, kozesa ekyawandiikibwa eky'obukusu oba baako ekikolwa eky'ekisa ky'okolera omuntu omulala kibeere nga yeemu ku ngeri y'okusaasaanya amawulire agamazima okuva mu Baibuli.

Oyinza okugabana eby'okuddamu by'ofunye mu kusaba nga oli wamu n'abantu mu kibiina omulundi oguddako.

# Ebyokuwandiika



8

# Engeri y'okuyiga Baibuli

'Etteeka lya Mukama lyatuukirira,
erikomyawo emmeeme:
Okutegeeza kwa Mukama kunywevu,
okuwa abasirusiru amagezi.
Bisaanira okubiyaayaanira okusinga
ezaabu, era n'ezaabu ennyingi ennungi:
Biwoomerera okusinga omubisi
gw'enjuki n'ebisenge byagwo.'

Zabbuli 19:7&10

**Okuteekateeka**
Bye weetaaga okukozesa mu musomo guno:

- Baibuli 3 oba 4

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?
- Wasabye abantu 3 oba 4 okuleeta Baibuli naddala abo abazirina?

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 10

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**
Ekigendererwa ky'essomo wiiki eno kwekumanya engeriy'okuyiga Baibuli. Kino kizingiramu ebirowoozo ebitulaga wa aw'okutandikira n'enkola ez'okusisinkana Katonda n'okuteeka ekigambo kye mu bulamu bwaffe.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 10

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna. Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo ku lwabwe bokka.

*Etteeka lya Mukama lyatuukirira, erikomyawo emmeeme:*
*Okutegeeza kwa Mukama kunywevu, okuwa abasirusiru amagezi.*
*Bisaanira okubiyaayaanira okusinga ezaabu, era n'ezaabu ennyingi ennungi:*
*Biwoomerera okusinga omubisi gw'enjuki n'ebisenge byagwo.*

*Zabbuli 19:7&10*



**Okugero**

Somera ekibiina okugero luno wammanga. Luno lwe lugero lwa Kabaka Dawudi mu Baibuli.

Lwali limu ne wabaawo omulenzi omuto mu Israeli ayitibwa Dawudi. Yali musumba. Yamala ebiseera bingi nga ali wabweeru nga alabirira endiga ze oba nga akola emirimu gya kitaawe. Ye yali omulenzi asembayo mu baana bonna aba Yesse era ne baganda be tebaalowooza nti Dawudi alibaako ekyamaanyi kyaliba – kubanga ye yali omuto ennyo mubo bonna. Naye Dawudi y’ayagala nnyo Katonda n’amazimage. Yetegerezanga ebintu ebirungi ebyali bimwetoolodde neyeebaza Katonda olw’ebyo bye yali akoze. Dawudi yayagala nnyo n’okuyimba. Yakubanga ennanga era nga awandiika n’e bitontome, era nga ebimu by’afuulibwa annyimba.

Ebiseera gyebyakoma okweyongera, abantu b’omu maka gaabwe batuuka ku kyabeewunyisa ennyo. Nnabbi eyali ayitibwa Samwiri yajja awaka n’ayagala okulaba abalenzi bonna – Katonda yali amugambye ayiwe amafuta ku omu ku baana ba Yesse nga y’alifuuka Kabaka wa Israeli mu maaso eyo. Ani gwe yali alina okulondako? Mukulu waabwe bonna? Eyali ow’ekiwago asingirayo ddala? Eyali asinga okulabika obulungi? Talina gwe yalondako n’omu – Katonda yali agambye Samwiri atunuulire okusinga bya mumutima gwa muntu so sibya kungulu, ebirowoozo ebikusike eby’omuntu, Dawudi kye yava alondebwa.

Yali mulenzi muzira, era okukkirizakwe wamu n’obuvumu bwe

byagezesebwa. Oba olyawo mumanyi engeri gye yawangulamu omusajja naggwano eyali ayitibwa Goliyasi nga akozesa envuumuulo n’amayinja byokka ge yalonda ku kagga. Dawudi yagumiikiiza ebizibu bingi kubanga Kabaka eyaliko nga Dawudi tannaba kujja (Sawulo) yamukwatirwa obuggya n’ayagala n’okumutta, naye mu nkomerero enteekateeka za Katonda nezituukirira Dawudi nalangirirwa okuba Kabaka. Obwakabaka bwe bwagaziwa era Kabaka Dawudi n’akulaakulana. Naye teyeerabira Katonda. Yasaba era n’ayimba ennyimba ez’okutendereza Katonda mu biseera bye ebyeddembe era ne mu biseera ebibi. Ezimu ku zabbuli mu Baibuli zaffe, zawandiikibwa oyo Dawudi, era ziyambye abakristaayo okuyimusa emitima gyabwe era n’okutendereza Katonda, nga bategeera nti y’ ali mu buyinza era mwesigwa bulijjo.

Ekyawandiikibwa kyaffe ekyolwaleero kijja kuva mu zimu ku Zabbuli za Dawudi. Tujja kulaba engeri gyeyayagalamu ebigambo bya Mukama namakuboge era nazuula omukisa mu kugonda kwe yagondamu.

**Okumanya Baibuli**
Somera abantu Zabbuli 19:7-11:

> 7 *Etteeka lya Mukama lyatuukirira, erikomyawo emmeeme:*
> *Okutegeeza kwa Mukama kunywevu, okuwa abasirusiru amagezi.*
> 8 *Okuyigiriza kwa Mukama kwa butuukirivu, okusanyusa omutima:*
> *Ekiragiro kya Mukama kirongoofu, ekyakira amaaso.*
> 9 *Entiisa ya Mukama nnungi, ya lubeerera emirembe gyonna:*
> *Emisango gya Mukama gya mazima, gya butuukirivu ddala.*
> 10 *Bisaanira okubiyaayaanira okusinga ezaabu, era n'ezaabu ennyingi ennungi:*
> *Biwoomerera okusinga omubisi gw'enjuki n'ebisenge byagwo.*
> 11 *Era ebyo bye birabula omuddu wo:*

*Mu kubyekuuma mulimu empeera ennene.*

**Tulina kutandikirawa?**
Oyinza okusoberwa wa w'oyinza okutandikira mu Baibuli, kubanga ekitabo kinene bulala. Okugisoma nga ova lupapula ku lupapula si ye ngeri esinga obulungi; oluvannyuma tuba twagala okusoma Baibuli yonna, naye nga bwetutyo bwe tugenda tugisoma. Lwaki tetutandika n'ekimu ku bitabo by'enjiri ennya (Matayo, Makko, Lukka oba Yokaana) awo weyongereyo ku Bikolwabyabatume okuyiga ku bulamu bw'ekkanisa eyasooka. Odde ku Zabbuli okusobola okufuna ennyimba n'ebitontome ebikwata ku bulamu bw'omuntu bwonna, n'ebyayitamu, oba Olubereberye okusobola okuzuula engeri Katonda gye yatonda ensi.

**Katonda ayinza atya okwogera naffe nga ayita mu Baibuli?**
Ebiseera ebimu oyinza okusoma Baibuli n'oba nga tolina ky'ogyemu. Teweeraliikirira. Kubanga okyayingiza mazima, gy'okomya okugenda nga weyongera okugisoma, ogenda kwesanga nga yo yennyini etandise okwebikkula gy'oli. Amazima agali mu Baibuli gatukwatako si nsonga twewulira tutya. Okubeera nga osoma Baibuli buli lunaku ku genda ku kuyamba okufuna ekifaananyi ekinene ku kiki Baibuli kyegamba, eno nga bw'oyiga obutundutundu obumpimpi mu buziba. Bw'otandika okugisoma gezaako okulaba nga ekifaanannyi ky'ekigendererwa ky'ebyawandiikibwa mu kitabo kyonna ky'oba osazeewo okusoma okifuna. Weetegereze *ani* yawandiika ekitabo, Kyawandiikibwa *ddi* era *Lwaki* Kyawandiikibwa?

Ate ebiseera ebirala, ogenda kwesanga nga waliwo ekitundu ky'osomye ebigambo ne birabika nga ebibuuse ne biva ku lupapula ne byekkata mu ggwe. Ekyo bw'olabanga nga kibaddewo, okyetegerezanga, n'otandika okulowooza n'obwegendereza engeri gy'ebikukwatako mu bulamu bwo, mu ndowoozayo na biki by'oyitamu. Bwe weetegereza ebyawandiikibwa ebyo olaba nga kya kuddamu eri essaala zo? Wailwo Omwoyo Omutukuvu ky'akugamba okukola, nga okubaako gy'ogenda obeereko by'okyuusa? Omwoyo Omutukuvu waliwo ky'akunenya olw'endowooza embi gy'olina mu

nneefumiitiriza y’omutima gwo?
Saba Katonda akuyambe otegeere by’osoma. Toggwamu maanyi bw’otuuka ku bitundu ebikalubo mu byawandiikibwa. Ggwe weyongere bweyongezi. Ebiseera ebimu agenda kugamba, nti, “Oo! Kaakati ndaba” okusinziira ku biki by’osoma, oluvannyuma ebigenda nga byennyonnyola katundu ku katundu bye wali totegedde mu ntandikwa.

Baibuli eringa bw’olaba ekirombe. Ebimu ku by’omuwendo omungi biri kungulu, birabika mangu oba obitegeera mangu. Byangu okutegeera. Naye eby’omuwendo omungi ebimu biri wala mu ttaka, obeera olina ku lafuubana nnyo okusobola okubituukako. Y’ensonga lwaki eyogera ku kwefumiitiriza, nga olowooza ku biki by’osomye.

Togenda kumanya buli kintu mu ddakiika 5 naye buli lwe tusoma, nga bwe tusaba Katonda atuyambe, tuba tweyongera kuzimba amazima ge mu mitima gyaffe ne mu birowoozo. Mu mpolampola, Omwoyo Omutukuvu alongoosa endowooza zaffe, nga bwatutuusa ku ekyo ky’ayagala tubeere. (Oyinza okusoma Zabbuli 119:9 – 11 okwongera okuvumbula ebisingawo.) Toterebuka! Naye beera n’enkolagana n’abakristaayo abalala. Gabana n’abo by’oyiga okuva mu Baibuli. Kigenda kubazzaamu amaanyi, era luliba olwo, naawe ne bakkuzzaamu amaanyi.

Jjukira Dawudi kye yayogera mu Zabbuli 19:11- mu kwekuumanga amakuboge mulimu amagoba mangi nnyo. Ffenna twagala okuweebwa empeera, naye eno ebeerera emirembe gyonna. Teri nga ssente oba ekirabo ekirabika obulungi – kibeera kizimbibwa mu bunywevu mu kukkiriza kwaffe ne mu kwagala Katonda omulamu n’okumumanya okusingawo. Dawudi yayogera ku bigambo bya Katonda nti biwoomerevu okusinga omubisi gw’enjuki era nti bisinga zaabu, nga atujjukiza nti ebintu bya Katonda bya muwendo nnyo okusinga bye tuwoomerwa ne tweyagaliramu eby’ensi eno.

Eddakiika 15

**Eky'okukola**

Tugenda kumala eddakiika 15 nga tusoma engeri y'okuyiga Baibuli. Mweyawulemu obubinja bwa 3 – 4, wakiri nga mu buli kabinja mulimu alina Baibuli gye bayinza okusoma nga beekakasa.

Mu bubinja bwabwe, basabe bakole bino wammanga:

Basome: Omu kubo asoma mu lwatu Makko 6:30 – 44, 'Yesu nga aliisa enkumi ettaano.'

Banyumye: Abalala mu kabinja kaabwe addamu okwogera olugero mu bigambo byabwe.

Beefumitirize: Buli omu akubaganya ebirowoozo ku bibuuzo bino wammanga n'ebyokuddamu:

- Ebyawandiikibwa bitugamba ki ku Katonda?
- Ebyawandiikibwa bitugamba ki ku ffe?
- Waliwo kye tuteekwa okukola oluvannyuma lw'okusoma ebyawandiikibwa bino?

Muddemu mutunuulire: Salawo buli omu ku bantu kiki kyagenda okukola nga asinziira ku byategedde mu kyawandiikibwa nga mukubaganya ebirowoozo ku bibuuzo ebingiko.

Twandibadde nga tusoma Baibuli bulijjo mu biseera byaffe ebyakasirise ne Katonda. Kituyamba okutuuka kukumumanya era lye limu ku makubo agasinga mwasobola okwogera naffe.

Era kikulu ffe okutandika okugabana n'abalala ebyo byetuyize mu Baibuli era n'okuwangana embalirira ku kukubaganya ebirowoozo ku byetuyize mu Baibuli. Ekyawandiikibwa ky'olwaleero nga ogasseeko olunyiriri olwobukusu bitulaga nti waliwo emiganyulo egiri mu kusoma ekigambo kya Kationda.

Eddakiika
5

**Eky'okukola**
Gabanyamu akibinjakyo emirundi ebiri era olonde omukulembeze eyekakasa nti asobola mu buli kabinja. Kakasa nti omukulembeze oyo alina Baibuli y'okusoms Zabbuli 19:7-11.

- Nga bakubirizibwa omukulembeze wabwe, akabinja akamu kasomera kabinja kannaako mu lwatu ekitundu ekisooka (ekye'byawandiikibwa 7-10), eky'okulabirako: 'Etteeka lya Mukama lyatuukirira.'
- Ate akabija kali akalala nako ne kasoma ekitundu ekisigadde ekyebyawandiikibwa, 'erikomyawo emmeeme'.
- Musome ebyawandiikibwa byonna 7-10 mu ngeri eno.
- Ate, obubinja bwombi ne bweggatta okusoma (olunyiriri olwe 11) olusembayo okuva werutandikira.'Era ebyo byebirabula omudduwo…'

Eddakiika
5

**Okukubaganya ebirowoozo**
Gabanyaamu abantu bonna mu bubinja obwa 3 oba 4.

Gamba nti olunyiriri okusembayo olwa (Zabbuli 19:11) lwogera ku mpeera ennene mu kwekuuma amakubo ge. Buuza ekibiina nti mpeera ki ezo zetuyinza okufuna mu byawandiibwa ebyasoose.

Oluvannyuma lw'eddakiika entonotono, genda nga wetoolola ekibiina obuuze buli omu mu kibiina ayogere ku mpeera wakiri 1 ye gyalowooza nti yandiba nga yeeyo. Okusinziira ku kukubaganya ebirowoozo kwe babaddemu.

Eddakiika
10

**Okusaba**
Mububinja bwe bumu obutonotono, mwebaze Katonda olwokukuuma Baibuli okuyita mu myaka emingi bwegityo era n'olwokuba nti naffe tulina omukisa gw'okugisoma wano wetuli. Mumusabe asobole okutuyamba okutegeera bye tusoma.

Mumwebaze olwemikisa gye tufuna bwe tuba tugisomye era ne tugondera Omwoyo Omutukuvu byatulaga.
Mumusabe atulage ekintu kyonna kyayogera ku kitundu ky'abantu kyetulimu n'embeera wamu n'ebyetaago byaffe.

**Eky'okukola mu wiiki eno**
Wiiki eno, ojja kumala ekiseera nga oyitayita mu Baibuli oba nga owuliriza Baibuli esomebwa ku katambi era olondeko akagero kamu oba bubiri konoteeka mu nkola emitendera gye twayiseemu olwaleero: Basome, Banyumye, Beefumitirize Muddemu mutunuulire.

**Okujulira**
Katonda bwayogera naawe nga ayita mu byawandiikibwa oba naddamu okusaba kwo, beera muvumu! Buulirako abalala kiki Mukama kyakukoledde.

Wejjukize ebyawandiikibwa eby'obukusu bye mwakayiga. Muli bwowulira nga weekakasa nti ebyawandiikibwa ebyo obikutte, bigabaneko n'abalala – biyigirize n'abalala.

**Emisomo wegisangibwa**
Ku mutimbagano kuliko ebifo bingi mwoyinza okusanga emisomo mwetusobola okusanga Baibuli ne tusobola okwongera okuguyigako. Bw'oba nga osobola okufuna omutimbagano kebera ku:


- www.biblegateway.com
  Kuno ojja kusangako Baibuli nga eri mu nzivuunula za mirundi mingi era nga kuliko ne baibuli nga esomebwa mu ddoboozi.
- www.youversion.com
  Wano osobola okukoppa nga oteeka omusomo ku ssimuyo oba ku computer, Baibuli enzijuvu ne ndagiriro yokugisoma nga kuliko Baibuli ensome.
  www.thebibleproject.com

Wano osangawo vidio z'ebitabo bya Baibuli n'emitwe emikulu, enfunze era nga zabwerere.

- www.easyenglish.bible
  Wano osangawo Baibuli ku mutimbagano eyawandiikibwa mu luzungu olwangu okusoma n'okutegeera.

9

# Okusaba kye ki?



'Nga mumusindiikiririzanga ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka ku mwoyo ebigambo byammwe.'
1 Pitrosi 5:7

**Okuteekateeka**

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?

Eddakiika 5

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa ky'essomo wiiki eno kya kutegeera kiki okusaba kye kuli. Eno mpuliziganya ne Katonda. Kiringa omwana omuto nga ayiga olulimi lwa bazadde be okulimu okwogera n'okuwuliriza.

Eddakiika 5

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Somera ekibiina ebyawandiikibwa eby'obukusu ne webisangibwa mu lwatu. Ddamu obisome eno nga ekibiina bwekiddamu byosoma okutuusa nga buli omu asobola okulwogera yekka. Abamu bazzeemu amaanyi bagezeeko okuluddingana ku lwabwe.

*Nga mumusindiikiririzanga ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka ku mwoyo ebigambo byammwe.*

*1 Peetero 5:7*

**Okugero**

Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Muwala w'omwami omu yali asabye omusumba w'ekitundu okujja asabireko kitaawe. Omusumba bwe yatuuka, yasanga

omwami yebasse ku kitanda n'omutwe gwe nga guzizikiddwa obutto bubiri era nga ne ntebe eteriiko muntu eri awo ku mabbali gekitanda kye. Kabona n'alowooza nti omwami omulwadde yali akitegeddeko nti yali agenda kujja

Kabona n'agamba nti, 'Ndowooza obadde onsuubira'.

Omulwadde naddamu nti, 'Nedda, ggwe ani?'

Omusumba naye kwekuddamu nti, 'nze omusumba omupya ankolera awamu n'omusumba omukulu ku kkanisa eyekitundu. Bwe ndabye entebe enkalu nga eri wano nendowooza nti mubadde mugitegekedde nze era nga munsuubira ekiseera kyonna.'

Omulwadde naye n'amuddamu nga agamba nti, 'Ooo we waawo, entebe, Oyinza okuzzaawo oluggi bw'oba tofaayo? Omusumba n'azzaawo oluggi mu kusoberwa. Omusajja n'agamba nti,'Kino sikibuulirangako muntu yenna, wadde muwala wange'. 'Naye obulamu bwange bwonna simanyangako ngeri gye basababamu. Mu kkanisa nawuliranga omusumba nga ayogera ku kusaba, naye sassangayo birowoozo byange.'

Buli kusaba kwonna okwategekebwanga, nafubanga nnyo obutakubeeramu; okutuusa olunaku lumu, kati emyaka nga ena egiyiseewo, mukwano gwange, Joe, n'angamba nti, "Joe, okusaba kintu kyangu nnyo; eno ebeera mboozi gy'obeera nayo ne Yesu." Kakati kino kye nteesa. Tuula ku ntebe, teeka entebe awo mu maaso go, era olabe yesu mu kukkiriza nga atudde ku ntebe eyo. Si muzimu, kubanga ye kennyini yasuubiza, nti, 'naabeeranga nammwe ennaku zonna.' Awo otandike okwogera gyali era owulirize mu ngeri yemu era nga bw'oli nange kakati.' Nange kye nakola ne nkigezaako era nkyagadde nnyo era mbeera nkikola emirundi mingi buli lunaku. Naye era nkikola negendereza. Singa muwala wange

andaba nga njogera n’entebe enkalu, asobola okuterebuka oba n’alowooza nti ntabuse omutwe.

Omusumba bwe yawulira emboozi eno, nakwatibwako nnyo era na zzaamu omulwadde amaanyi namugamba yeyongere okugenda mu maaso. Awo nasaba naye essaala bweyamala, naddayo ku kkanisa.

Ebiro bwe byayitawo bibiri muwala w’omwami n’akubira omusumba essimu nga amutegeeza nti kitaawe yali afudde akawungeezi ako.

Omusumba nabuuza nti ‘walabye nga enfa ye ebadde yamirembe?’

Omuwala naddamu nti,’Weewaawo, bwe navudde awaka ku ssaawa nga munaana, yabadde asoose kumpita nsemberere ekitanda kye, nasaagasaga nange, nannywegera ku ttama. Bwe nazzeeyo nga nvudde ku tterekero oluvannyuma lw’essaawa nnamba, nasanze afudde. Naye waliwo ekyannewumyisizza – ngeri ya kyamagero. Awo nga kitange tannafa, yesigamye ku ntebe eyabadde okumpi n’ekitanda nawummulira awo.[2]

**Okumanya Baibuli**
Somera abantu Matayo 6:9-13:

*[9]Kale, musabenga bwe muti, nti Kitaffe ali mu ggulu, Erinnya*
*lyo litukuzibwe. [10]Obwakabaka bwo bujje. By'oyagala*
*bikolebwe mu nsi, nga bwe bikolebwa mu ggulu. [11]Otuwe leero*
*emmere yaffe eya leero. [12]Otusonyiwe amabanja gaffe, nga*

[2] Ku mutimbagano, *An Empty Chair* (Kuliko entebe eteriiko muntu) www.storiesforpreaching.com/an-empty-chair/ [Accessed 29 Omwezi gwa Museenene 2017]

*naffe bwe tusonyiye abatwewolako. [13]Totutwala mu kukemebwa, naye otulokole eri omubi. Kubanga obwakabaka, n'obuyinza, n'ekitiibwa, bibyo, emirembe n'emirembe, Amiina.*

**Okusaba kye ki?**

Abantu bangi basaba, essaala ne bweba nga si ya kunoonya 'buyambi!' Essaala bulijjo eba mpuliziganya naKatonda. Nkola ya kutuukirira Katonda era ngeri gye tulaga mu okukkiriza kwaffe. Tewaliiwo nkola eyasengekebwa nti gye tulina okusaba. Okusaba tekulina nkola eri awo nti yemu eyo eteekwa okugobererwa, kye kintu kye tusobola okukuza ne tukula mu kukkiriza.

Essaala esobola okuba:

- Okukaabirira Katonda mu kiseera eky'obwetaavu.
- Okuwogganira waggulu ennyo mu ssanyu, nga bakuwadde ekirabo.
- Okusabira abalala nga bali mu bwetaavu.
- Okumala akaseera nga oli mu maaso ga Katonda weyawudde kubalala.
- Akaseera w'obeerera awo nga oli mu kuwuliriza Katonda.
- Okubeera awo nga akaseera okawaddeyo olindiridde okufuna okuva eri Katonda.

Nga bwetwawulidde olugero lw'omusajja omukadde eyali omulwadde, okusaba kuyiza okuba okuzibu mu ntandikwa, naye mu mazima bwe tutegeera nti Yesu ali naffe, tusobola okwogera naye awo essaala neba nga etwanguyira. Gyetukomya okwegezesa, essaala zaffe zikula. Tuyiga okwogerezeganya ne Katonda ku ngeri gye twewuliramu mu bulamu bwaffe obwomunda, embeera zetuyitamu mu nsi etwetoolodde. Essaala zaffe zitandika okudda mu bikolwa olwo ne zikola enjawulo.

**Yesu yasaba**

Yesu yamala ebiseera bingi nga asaba eri Kitaawe Katonda. Mu byawandiikibwa bya Baibuli eno asomesa abayigirizwabe essaala

kati gye tuyita ‘Essaala ya Mukama waffe’ era nga etuyigiriza okusaba, etuyigiriza bintu ki bye tuteekwa okusaba. Essaala nkulu nnyo bwe tuba twagala okukula mu nkolagana yaffe ne Katonda.

**Essaala ya Mukama waffe etutegeeza ki?**

Tugenda kwetegereza buli katundu k’essaala ya mukama waffe k’etutegeeza.

- *Kitaffe ali mu ggulu’*
  Akatundu kano katutegeeza nti tulina okujjukira ekyo Katonda kyali, era n’engeri gye tumwatula. Nga Kitaffe, ali mu Ggulu. Ye si Taata wa Yesu kyokka, naye era naffe ye Kitaffe era kitegeeza nti afaayo gye tuli: ayagala okuwulira essaala zaffe.
- *‘erinnya lyo’ ‘litukuzibwe’(ttukuvu)*
  Ebigambo bino bitutegeeza nti Katonda Mutukuvu, ye Kitaffe naye ate ye Mutonzi we nsi, munene okusinga bwe tuyinza okulowooza.
- *‘obwakabaka bwo buggye’*
  Kino kitutegeeza nti alina enteekateeka era tuteekwa kumusaba agiteeke mu nkola. Yesu yayigiriza nti obwakabaka bw’omuggulu buli kumpi: twagala obwakabaka bwe, ekiseera obuyinza bwe ku bintu byonna ku nsi bwe bulituukirizibwa, okujja amangu.
- *‘byoyagala bikolebwe, ku nsi nga bwe bikolebwa mu ggulu’*
  Mu ggulu okwagala kwa Katonda kukolebwa, kyetuva tusaba kyennyini ekyo kye kiba kikolebwa ne ku nsi – ensi okukyuusibwa.
- *‘otuweleero emmere yaffe eya buli lunaku’*
  Kino kitutegeeza nti tuteekwa okwesigama ku Katonda olwa buli kyetaago kyaffe buli lunaku. Nti tusigale nga gwe twesigamyeko so si ffe kweteekamu bwesigwa.
- ‘*otusonyiwe ebibi byaffe, nga naffe bwe tusonyiwa abatusobya’*
  Kino kitutegeeza nti Katonda yatusonyiwa. Gano mawulire

makulu nnyo naye okusonyiyibwa kuno kuteekwa okwongerwayo eri abo abatukosezza oba be tubanja.

- *'totutwala mu kukemebwa naye otulokole mu bubi'*

Kino kitutegeeza nti twetaaga okusaba obukuumi eri okukemebwa era n'okununulibwa okuva mu buyinza bwa Sitaani.

Zino zonna ssaala nkulu nnyo: zituyigiriza kiki Katonda kyaali, kiki kye tuli, biki ebisookerwako mu ye era na buyambi ki bwe twetaaga okuva eri ye. Gezaako okusaba essaala ya Mukama waffe buli lunaku. Sabanga mpolampola buli lunyiriri nga osaba Katonda akubikkulire buli kyennyini kyayagala akutegeeze ku buli katundu ka ssaala.

Eddakiika 3

**Eky'okukola**

Buuza abantu bonna oba nga bakyajjukira okulunyiriri olw'obukusu. Bagambe balwogere mu lwatu wamu nate.

**Okusabira abalabe**

Okusaba kwa Yesu kwali kusoomooza ebiseera ebisinga. Yagamba nti:

> 43 *Mwawulira bwe baagambibwa nti Oyagalanga munno, okyawanga omulabe wo:* 44 *naye nange mbagamba nti Mwagalenga abalabe bammwe, musabirenga ababayigganya.*
>
> *Matayo 5:43-44*

Okusabira abalabe baffe kuyinza okulabika nga kuzibuwala nnyo gyetuli, naye kitwetaagisa okutwala ekiragiro kino nga kikulu ddala. Katonda ayagala buli omu, era buli omu amwagaliza obulamu obupya naffe bwe twazuula; n'olwekyo twetaaga okuba nga tusabira n'abo abazibu ennyo.

**Okusaba**

Gamba abantu buli omu mu kasirise asabire abalabe be mu ddakiika

Eddakiika 3

ntono ddala: bano bayinza n'okuba abantu bo bennyini bebatayagala oba be baayombagana na bo oba bebatakwatagana na bo. Bazzeemu amaanyi basabe Katonda abayambe baagale abantu abo era nga ye bw'abaagala era n'okuwonya enkolagana eyo.

**Katonda addamu essaala zaffe zonna?**

Waliwo ebintu bingi byetwandisabidde era Katonda talinaako kkomo ku kikwata ku kuddamu essaala zaffe. Naye, kirabika nga ebiseera ebisinga essaala zaffe teziddibwamu. Katonda awulira essaala zaffe zonna naye agamba 'WEWAAWO' ku ssaala ezo zokka eziri mu kwagala kwe okutuukiridde ku lw'obulamu bwaffe ne mu nsi etwetoolodde. Kiyinza okuba ekizibu bwe tulowooza nti essaala zaffe ziba teziddibwamu, bwe kirabika nga Katonda atatuwuliriza. Mu mbeera nga zino tuteekwa okumanya nti Katonda yasinga okumanya buli kintu era n'okumusaba atuyambe tusabirenga mu kwagala kwe. Kino kitegeeza nti tuteekwa okuba nga tulemerako mu kusaba, ebiseera ebimu kiba kitwetaagisa okukyuusamu ku bye tusabira.

**Okukubaganya ebirowoozo – Tusabe tutya?**

Eddakiika 5

Nga muli mu bibinja bya bantu 3 oba 4 mukubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino wammanga.

- Olabye bintuki abantu bye bakola nga basaba oba by'osomyeko mu Baibuli (okugeza nga okufukamira, okutambulatambula nga basaba, okweyawula bokka, okuwoggana, okusirika, okuyimba okukaaba?)
- Ggwe kiki kyowuliriramu emirembe?
- Ngeri ki endala ggwe z'olowoozako zewandyagadde okugezaako?

**Eky'okukola**

Eddakiika 5

EBIKOLWA by'okusaba - Eno ye ngeri gye tuyinza okusengeka essaala zaffe eri Katonda.

Mweyawulemu obubinjabinja bwa bantu 2 – 3 era mubeere n’okusaba kw’ebikolwa ebyo wamu:

- **Okusinza n’okutendereza**:

Buulira Katonda ngeri ki gy’omwewuliriramu, laga okwagala kwo gyali, mutendereze. Bw’oba ofubabufubi okufuna e ebigambo eby’okwogera kebera mu kitabo kya Zabbuli kikuwe okutaangazibwa.

- **Okwatula ebibi:**

Yatulira Katonda ebikolwa byo by’olaba nga wayonoona era nga osalawo okwenenya. Musabe akukyuuse nga aviira ddala munda mu mutima.

- **Okwebaza:**

Jjukira ebintu byonna Katonda byakukoledde oba by’akuwadde, jjukira ekyo kyali era n’ebyo byatukoledde ffenna era omwebaze.

- **Okwanjula oba okwesabira byeweetaaga:**

Kino kitegeeza kusaba Katonda ebyo bye twetaaga era n’ebyo ensi etwetoolodde bye yeetaaga. (soma Abafiripi 4:6).

Osobola okusabira mu kibinja n’abalala oba okusaba wekka, nga owuliza eddoboozi oba muli mu mutima era mu lulimi lwonna lw’owuliriramu emirembe. Oyinza n’okuwandiika awantu bwe kiba nti kinaakuyamba obutava ku mulamwa.

Eddakiika 5

**Okusaba**

Musabe essaala ya Mukama waffe nga bweri mu Baibuli wiiki eno. Funa abantu bonna bosobola abo kusaba nabo. Bazzeemu amaanyi okuyiga essaala eno mu mutwe era bagisabire mu biseera byabwe.

**Eky’okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n’omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw’olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno londawo akaseera obeereko wekka ne Katonda okusaba nga oyita mu mitendera giri gye tulabye.bw’omala okusaba Katonda, mala akaseera nga

omuwuliriza. Ayinza okukuddamu nga ayita mu kyawandiikibwa, ekigambo ekiyitira mu birowoozo byo, oba okuyitira mu kintu ekiri okumpi naawe, oba okuyitira mu muntu omulala oba mu ngeri endala za, mirundi mingi. Saba katonda akuyambe obeere nga omutegeerera ddala bwayogera.

Wandiika ebyo byonna Katonda byayogera naawe wiiki eno.



**Okujulira**
Wiiki eno twala omukisa okwewaayo okusabako n’omuntu gw’osanga. Teweetaaga kusaba ssaala mpanvu era nga ya kulombojja kawonvu n’akagga, saba busabi Katonda abeere nammwe era abalungamye mu ssaala zammwe. Bwe muliba mukomyewo mukibiina kyammwe, owe alipoota erimu okunnyonnyola nga bwe byagenda.

Twalako akaseera ojjukire abantu bonna b’oyogeddeko nabo nga ekitundu ku bikolwa by’okujulira. sabira buli omu. Twala akaseera okutuula mu kasirise era owulirize Katonda. Yandi baako kya kulungamya okugenda okukola era n’okubaako n’omuntu nate gw’ogenda okusabako naye.



10

# Okusabira Awamu

'Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.'

Ebikolwa By'abatume 4:31

**Okuteekateeka**

Bye weetaaga okukozesa mu musomo guno:

- Ekkalaamu n'olupapula

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?
- Asked everyone to bring a pen and some paper?

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 5

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa ky'essomo lya wiiki eno kwe kuyiga obukulu bw'okusabira awamu mu maka gaffe gano amapya.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna. Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo ku lwabwe bokka.

*Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne*

*boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.*

*Ebikolwa By'abatume 4:31*

**Okugero**
Somera ekibiina okugero luno wammanga:

> Uganda emanyiddwa mu byafaayo nga ensi eyakolanga endagaano ne bakatonda bamawanga okuyita mu kusaddaaka abantu. Enkola eno ey'ekikaafiiri yayimbula omuzimu gw'okufa n'okuzikiriza ku nsi eno ey'omuwendo bweti. Obukulembeze obukambwe okuva ku Iddi Amin Dada, Milton Obote, n'abalala, bwaleka omuntu owa bulijjo mu kutya buli lukedde. Mu 1984 okuggalirwa mu makomera, okutulugunyizibwa, n'okufa byatuusibwa ku kkanisa okuyitira mu magye: obukadde bw'abantu nebufiirwa obulamu. Ku kino, kwagattibwako okufa okwaleetebwa ekitongole ky'eby'obulamu ekyalangirira nti omwaka ogwa 1997 weguliituukira nga kimu kyakusatu eky'abantu kiriba kisanguddwawo obulwadde bwa AIDS – SILIIMU.
>
> Kale okuyigganyizibwa kuno kwe kwaleetawo okukunganiranga wansi mu binnya okusabiranga mu nkiso okwetooloola Uganda. Amakanisa muggwamga lyonna gaatandika okwegatta mu kusaba okwawamu okwali okwannaakola ntya mu buwaze obwekitalo, Katonda yerage asobole okukomya okuyiwa omusaayi n'okuzikirira.[3]

Era ekyava mu kusaba kuno Daniel Bernard (omuwandiisi w'ekitabo kye twakamala okusomamu ekitundu) yawa obujulizi nti obunene bw'omusango gw'eggwanga bwakendeera, era nga bwe kyaali ku

---

[3]Bino biggyiddwa mu kitabo, Daniel Bernard, Praying up a Storm (Shippensburg, PA.: Ekyafulumizibwa Inc., Destiny Image 2004, ku lupapula 122

HIV ne AIDS mu Uganda. Okusaba kuleetawo enjawulo, naddala ebibinja by'abantu bwe biggya awamu.

**Okumanya Baibuli**
Somera abantu Ebikolwa By'abatume 4:23-31:

*23 Bwe baateebwa ne bagenda mu kibiina kyabwe, ne*
*bategeeza byonna bye bagambiddwa bakabona abakulu*
*n'abakadde. 24 Nabo bwe baawulira ne bayimusa eddoboozi*
*lyabwe n'omwoyo gumu eri Katonda, ne bagamba nti*
*Mukama, ggwe eyakola eggulu n'ensi n'ennyanja n'ebirimu*
*byonna, 25 ggwe eyayogerera ku bw'Omwoyo Omutukuvu mu*
*kamwa ka jjajjaffe Dawudi mulenzi wo nti*
*Ab'amawanga kiki ekibeesazizza akajegere,*
*N'ebika birowoozezza ebitaliimu?*
*26 Bakabaka b'ensi baasimba ennyiriri,*
*N'abakulu baakuŋŋaanira wamu*
*Ku Mukama ne ku Kristo we:*
*27 Kubanga mazima baakuŋŋaanira mu kibuga muno ku*
*Mulenzi wo omutukuvu Yesu, gwe wafukako amafuta, Kerode*
*ne Pontio Piraato wamu n'ab'amawanga n'ebika bya Isiraeri,*
*28 bakole byonna omukono gwo n'okuteesa kwo bye byalagira*
*edda okubaawo. 29 Kale kaakano, Mukama, laba okukanga*
*kwabwe, owe abaddu bo bagume nnyo okwogeranga*
*ekigambo kyo, 30 bw'ogolola omukono gwo owonye,*
*n'obubonero n'amagero bikolebwenga mu linnya lya Mulenzi*
*wo omutukuvu Yesu. 31 Bwe baamala okusaba, mu kifo we*
*baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo*
*Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.*

Bangi ku ffe tutera okusaba fekka era twagala okukikola kubanga kituyamba, naye ate bwe tujja mu maaso ga baganda baffe ne bannyina ffe okusabira awamu wabaawo amaanyi mu kitundu. Kiba ky'amaanyi nnyo singa abakkiriza bakungaana ne basabirako

awamu. Ekyawandiikibwa kyaffe kirambulula bulungi ensonga eno.

**Obubaka obwanjuzi bw'ebyaliwo mu ntandikwa**
Ebyawandiikibwa bya Baibuli byawandiikibwa mu kiseera ekyali ekizibu ddala eri ekkanisa. Kkanisa yali mu kuyigganyizibwa kw'abafuzi b'ensi abaali mu buyinza.

?
Eddakiika 5

**Okukubaganya ebirowoozo**
Buuza abantu oba nga waliwo amanyi we tusanga ekitundu ekirimu embeera Peetero ne Yokaana gye baalimu.

- Bazzeemu amaanyi batunuulire emabega mu kitundu ekisooka mu Bikolwa byabatume 4 okutegeera ekyo ekyakabeerawo.
- Buuzako abantu abatonotono okugabana kye bayiga mu mbeera Peetero ne Yokaana gye baayitamu.

Maliriza okukubaganya ebirowoozo nga ogamba nti Peetero ne Yokaana, abaali abakulembeze mu kkanisa eyasooka, baali mu katyabaga kanene era baali bakayimbulwa mu kkomera. Baakakibwa nnyo okuba nga balekayo okukiikirira Yesu Kristo. Mu biseera bino eby'okuterebuka, Peetero ne Yokaana baalina ekkanisa nga eri mabega waabwe, era bwe baabasumulula mu kkomera b'agenda ne beegatta n'abakkiriza abalala mu kusaba.

Olunyiriri olwa 23 lutujjukiza nga bwe kiri ekikulu okuba n'abantu abafaayo kulwaffe, era abantu bano be bakola omubiri oba amaka ga Kristo. Peetero ne Yokaana wano baalina ekibiina ky'abantu ekibawagira abaali abakkiriza era nga bagoberezi ba Kristo. Abantu abo beegatta ku kye tuyita okusaba okw'obumu. Beetaba mu ssanyu ery'okuteebwa kwabwe, si kyo kyokka naye era ne mu kugabana mu kukaluubirizibwa kwabwe. Tewali kye baali basobola kusuubira ekisingawo okujjako okwesiga baganda baabwe ne bannyinabwe okubawagira mu kusaba.

Mu nnyiriri olwa 25 n'olwa 26 tulaba nti abakkiriza bonna baasabira wamu Zabbuli 2:1-2. Mu nnyiriri 27-29 baatwala ebyawandiikiba ebyo ne babisabiramu mu mbeera gye baali bayitamu, nga bejjukanya nti enkwe zonna ezikontana ne Katonda oba okumulwanyisa kwonna kwa bwereere. Amazima gano gaali ga kubazzaamu maanyi nga tebanneyongerayo mu kusaba okwali kuddako.

Ennyiri 29-30 zituleetera okuwulira kye baddako okusabira. Mu ssaala zaabwe, tulaba ebintu ebikulu 3 ebisaana okusabira:

- **Baasaba Katonda abalwanirire.**

Baategeera nga ye yalina obuyinza obusingayo; ye MUYINZA WA BYONNA (amaanyi ge gasukkulumye). Ali waggulu wa byonna, era alaba n'okumanya n'amanya ebitiisatiisa ebya batuukangako.

- **Baasaba Katonda abawe okubuulira ekigambo n'obuvumu.**

Mu butonde twandisuubidde bo okusaba Katonda aggyewo okuyigganyizibwa oba okusaba obukuumi ku bulamu bwabwe, naye Omwoyo Omutukuvu yabalungamya basabe OBUVUMU okwongera okubuulira**.**

- **Baasabira eby'amagero okuyita mu mukono gwa Yesu Kristo.**

Kirabika nga bwe baatiisibwa nga balina engeri gyebaddanga mu kwe wozaako namagezi agawaggulu: wano nebasaba Katonda okwongera okukola EBYAMAGERO okuyita mu bo. Kino kiyinza okuleeta obumu ebyamagero bwe birabikako wakati mu bo.

Peetero, Yokaana n'abagoberezi ba Yesu abalala baasaba emikisa emirala egy'okulangirira era n'okulaga obwakabaka bwa Katonda, mu kiseera eky'okuwakanyizibwa ennyo. Baakimanya nti abantu bagenda kukkiriza Yesu singa bamuwulirako ne bamulaba nga akola. Tewaaliwo kintu kyonna ekyali kisobola okumuziyiza ne bwe kyandigezezzaako. Mu lunyiriri 31 tulaba okuddamu okwa mbagirawo eri essaala zaabwe kubanga bwe tusaba Katonda

awulira.

Batugamba nti ebintu bibiri byabaawo:

- **Ekyamagero**

  Ekifo mwe baakungaanira kya kankana: ekyo kyamagero. Kikolwa ekyakolebwa Katonda butereevu mu nsi.
- **Katonda yaddamu butereevu okusaba**

  Baasaba okufuna obuvumu era ne bafuna kyennyini ekyo nga bajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu.

Mu byonna tulaba ekkanisa etulaga obukulu bw'okusabira awamu. Tutegeera kati nti ekikolwa ekyokusabira awamu kituleeta mu kubeerawo kwa Katonda mu ngeri esinga okuba ey'amaanyi ate ey'enjawulo okusinga lwe tusalawo okusaba nga ssekinnoomu.



Eddakiika 10

**Okukubaganya ebirowoozo**

Buuza abantu bogere bye balowooza nti byeby'omuganyulo ebiva mu kusabira awamu.

Teekawo akaseera abantu boogere eby'okuddamu byabwe, era bwe baba bamaze okwogera ebirowoozo byabwe, wunzika nga osoma ensonga zino wammanga, nga onokolayo ensonga ez'okukubaganyako ebirowoozo ezivudde mu byokuddamu byabwe.

- Okusabira awamu kitegeeza nti bwe tubeera awamu tuba n'essaala nnyingi ezisabibwa. Tangaaza obukulu bwa buli ssaala obuli mu ssaala ennyingi ez'awamu.
- Okusabira awamu kutereeza ebirowoozo bya bantu mu kitundu. Kunzijukiza nti siri nzekka; muli newulira nti ndi kitundu kya mugaso ekyetaagisa mu kigendererwa ekikulu.
- Okusabira awamu kukuza okukkiriza kwange bwe ndaba okwewaayo kw'abalala era n'okuwulira biki Katonda byakola mu bo.
- Okusabira awamu kumpa omukisa ogwokwagala abalala buli

lwemba nga nnyamba mu kusitula emigugu gyabwe mu kusaba.

Buuza abantu biseera ki mu bulamu bwabwe bye balowooza nga okusabira awamu kwe kunaabeeranga ekintu ekikulu okukola. Bazzeemu amaanyi bagabane ebyokulabirako era owunzike nga naawe obawa ebyokulabirako ebiva mu ggwe kennyini.

Eddakiika 5

**Eky'okukola**
Gamba buli muntu abeereko n'olupapula n'ekkalaamu.

Saba buli omu awandiike era akube ekifaananyi eky'eby'okulabirako bisatu mu nsi yaffe mu biseera bino, abantu mwebabeerera mu katyabaga olw'okujulira Yesu. Kiyinza okuba ekintu kye baawulirako nga owomukwano akinyumya oba nga baawulira mawulire nga gasomebwa.

Eddakiika 15

**Okusaba**
Bwe bamala, saba buli omu agabane wakiri ekyokulabirako kimu ku ebyo ebisatu era mutwaleko akaseera mu kibiina nga musabirako abantu abali mu mbeera ezifaanako bwe zityo.

Basabe buli omu atwale ebyokulabirako ebyo ebisatu ewuwe, bibayambe okujjukira okubeera nga basabira abantu abali mu mbeera ezakazigizigi ezo okuyita mu wiiki.

**Eky'okukola mu wiiki eno**
Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno, mutwale ekiseera kya ddakiika 30 nga ekibiina oba ne bibinja by'abemikwano b'omanyi. Londa wakiri ebintu bisatu by'oyagala okusabira mu buvumu. Musabire wamu mu kukkiriza era mutunule mulabe kiki Katonda kyagenda okukola. Munoonye ebyawandiikibwa mu Baibuli ebiyinza okuba nga bye bisobola okutuukana n'okusaba kwammwe ku buli nsonga.

(Ekitabo ekisaana okutandikirako kye kya Zabbbuli).

**Okujulira**

Okukakasa nti kyetubaddeko kituufu, weeweeyo okuyamba omuntu 1 oba 2 okutegeera obukulu bw'okusabira awamu. Londa yo omuntu atali wa kabinjako, oyinza okulonda omuntu gwe wali ogabanyeko naye, oteeketeeke okumusisinkana mu wiiki eno mwogere kukusaba.

# Ebyokuwandiika



11

# Okusinziza Awamu

'Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.'

Abaruumi 12:1

**Okuteekateeka**

Bye weetaaga okukozesa mu musomo guno:

- Okulaba nti bye muteekwa okukola nga ekibiina bitambula bulungi, wandiikaebyawandiikibwa bya Baibuli ku lupapula, obiwe buli kabinja okusinziira ku biki ebigenda okwogerwako.

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?
- Saba abantu 5 buli omu aleete Baibuli enasomebwa mu biseera by'okuyigira awamu mu kibinja.

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 5

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigenderwa ky'essomo wiiki eno kwe kuyiga obukulu bw'okusinza Katonda mu bumu bw'abantu mu maka gaffe amapya. Tujja kuzuula amakubo getusobola okusinzizamu nga tujja wamu era n'okussaamu ekitiibwa ensibuko y'obulamu obupya fenna bwe tugabana.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna.

Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo ku lwabwe bokka.

> *Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.*
>
> *Abaruumi 12:1*

**Okugero**
Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Cornelius yakulira mu kyaalo abantu mwe baakunganiranga ne basinza ekifaananyi kye baayitanga ‘Chibne Cikumkuluka’ (Ejjinja eddene eryetooloola nga). Kyakkirizibwanga nti ejjinja eryo lyagabanga ebyennyanja bingi mu nnyanja buli lweryetooloolanga ne liyingira mu mazzi ge nnyanja. Waaliwo ekibinja ky’abantu abaakolanga nga baakabona b’ekifaananyi ekyo. Bassibwangamu nnyo ekitiibwa era baakunganyanga abantu wamu okubanga bateekateeka emikolo gy’okujaganya. Buli omukolo lwe gwakolebwanga, wabangawo okuyiisa omwenge n’emmere nefumbibwanga mu bungi abantu basobole okujaguza olw’ebyennyanja ebingi ebyakwatibwanga okuva mu nnyanja. Guno gwabeeranga mukolo ogumanyiddwa abantu bonna.

Bakabona okusobola okutuukirizanga obulombolombo bw’emikolo, baasuubiranga okufuna ssente okuva mu bantu abomu kitundu; bulijjo ssente zino zabanga musaala naye nga si ssente nkalu wabula abantu batwalibwanga nebasasula mu ngeri ya kulima emmimbi mu nnimiro zabakabona. Kabona yenna bwatamatizibwanga na musaala ogwo, oba bwe baawuliranga nti tebaweereddwa kitiibwa kimala, tebaakolanga mikolo, era n’ejjinja teryetooloolanga era n’ebyennyanja tebyalabikangako.

Mu kiseera ekyo kabona omukatuliki yajjanga n’abuuliranga nga

avumirira okusinza ebifaananyi, nga agamba nti mukifo kyokusinza ebifaananyi abantubali basaanye basinze Yesu, Katonda mutuufu. Abaminsane bano, baafuba nnyo okutandikawo essomero n'akalwaliro okuyamba abantu b'ekitundu.

Newajjawo okweyawulayawula mu bantu ab'ekitundu. Abo abaali bakkiririza mu Jjinja eddene eryali lyetooloola, naddala abo abaafunanga mu bulombolombo n'okusasulwa mu ngeri endala tebaasanyukira mawulire gano amapya mu kitundu. Baalaba nga enjiri eno ekankanyizza embeera yabwe ey'okwebeezawo. Naye era, abantu bangi abalala abakkiriza amawulire amalungi aga Yesu bwebaalaba engeri okwagala kwa Yesu okwalagibwa nga kuyitira mu baminsane gye kwakyuusa ekitundu. Abantu ne bategeera nti buli muntu yali alina kukkiriza Yesu so si kufuuka bakabona bali abatali batuufu abaasabanga empeera.

Bwewaayitawo ekiseera, ekigambo kya Katonda kyayogera mu maanyi mu bulamu bwabantu bangi. Buli omu nalaba enkyuukakyuuka eyajjawo okuyiatira mu ssomero n'akalwaliro. Nabaana babasamize nabo ne baanirizibwa mu ssomero era kino ne kyongera okumatiza ekitundu. Abantu ne basalawo okukkiriza Yesu, nga bamusinza ne baba nga tebakyasinza Ejjinja eddene eryetooloolanga. Abantu bateeka obwesigwa bwabwe mu Katonda okuba nga agabirira mu byetaago byabwe olwo ne bakomya okusinza ebifaananyi. Enneewulira eyobumu neyokwegatta ne yetondawo. Enkola eyekibiina kiri ekikadde bakabona webaabeereranga n'obuyinza ku bantu n'ewangulwa abantu bonna ne batandika okutegeera nti baali baagalibwa era nga bonna benkanankana mu maaso ga Yesu. Kino nekifaananako nga ekyamagero.

**Okumanya Baibuli**

Somera abantu <u>1 Ebyomumirembe 16:23-27:</u>

[23]*Muyimbire Mukama, mmwe ensi zonna;*

*Mwolese obulokozi bwe buli lunaku buli lunaku.*
*24 Mubuulire ekitiibwa kye mu mawanga,*
*Eby'amagero bye mu bantu bonna.*
*25 Kubanga Mukama mukulu, era agwana okutenderezebwa ennyo:*
*Era agwana okutiibwa okusinga bakatonda bonna.*
*26 Kubanga bakatonda bonna ab'amawanga bye bifaananyi:*
*Naye Mukama ye yakola eggulu.*
*27 Ekitiibwa n'obukulu biri mu maaso ge:*
*Amaanyi n'essanyu biri mu kifo kye.*

**Ekigamba kusinza kitegeeza ki?**
Ekigambo kusinza kyava mu kigambo 'okusaanira' e ky'olungereza olukadde era kikwatagana n'ekigambo eky'omulembe guno 'okusaanira'. Okusinza kwe kukkiriza okusaanira oyo asinzibwa. Bwe tusinza tuba tulaga obugonvu n'okwewaayo**.**

Okusinza kusobola okubeera kwa ngeri za mirundi mingi era ne ku weebwa ebintu eby'enjawulo. Abantu basobola okusinza Katonda, ebifaananyi oba ebintu ebirabikako nga ssente, amaka oba ebibinja byemipiira. Obulamu bwaffe bulaga kiki kyetusinza. Wa wetumalira ebiseera byaffe, engeri gye tukolamu ebintu era ne ngeri gyetukozesaamu ebyobugagga bwaffe, ebyo byonna bibikkula ebintu byennyini bye tusinza.

**Kik kyennyini abakristaayo kye basinza?**
Nga abakristaayo, tusinza Katonda wa Baibuli. Ebyawandiikibwa byaffe eby'olwaleero bitulaga ko katono ku mbalaye era netugenda nga tweyongera okumumanya ne mu byawandiikibwa ebirala ebya Baibuli.

**Okukubaganya ebirowoozo**

Eddakiika 5

Saba abantu baddemu basome ebyawandiikibwa by'olwaleero, 1 Ebyomumirembe 16:23-27 era mukubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino:

- Ekyawandiikibwa kino kitutegeeza ki ku Katonda ne ku

mbalaye? (Ebyokuddamu byammwe biteekwa okubaamu bino: nti mukulu asaanidde okusinzibwa, wakutiibwa okusinga ba katonda abalala, ye yatonda eggulu, wa kitiibwa, wakitalo, munywevu era musanyufu).

- Ekyawandiikibwa kino kitulagira kukola ki? (Ebyokuddamu biteekwa okubaamu nti tuteekwa okumuyimbira, okulangirira obulokozibwe buli lunaku, okulangirira ekitiibwa kye n’okubuulira ku bikolwa bye ebyekitako eri abantu bonna.)

Mu bakristaayo, okusinza kikolwa kya mu lukale ate era kya mu kyaama ekyokulangirira embala eyekitiibwa era nebikolwa bya Katonda. Tukkiriza nti ye mutonzi w’ensi yonna, asingirayo ddala amaanyi, omutukuvu ennyo era Katonda Taata atwagala, eyatuma omwana we Yesu okutulokola okuva mu bibi byaffe. Tukkiriza nti ayongera okukola mu bulamu bwaffe nga ayita mu Mwoyo Omutukuvu.

Ekigendererwa ky’okusinza kwaffe kwe kugulumiza Katonda mu ngeri nnyingi. Bwe tusinza tuteekwa okukikola nga tulaga ekitiibwa, nga tujjukira kiki Katonda kyaali era n’ekifo kyaffe mu maaso ge. Mu kusinza tujja eri Katonda ne tukkiriza nti mutukuvu, twewaayo gyaali era tumuwa obulamu bwaffe.

**Katonda tumusinza lwa kigendererwa ki?**
Ensonga enkulu ennyo gyetulina nga abakristaayo kwekuwa Katonda ekitiibwa. Mu kusookera ddala tumuwa ekitiibwa nga Kabaka wa Bakabaka era Mukama wa Bakama, okusinga abalala bonna. Mukumusinza tuba tumugulumiza n’okukkiriza okusaanira kwe. Mu lugendo luno tukwatibwako mu mwoyo. Mukumusinza tuba tumuteeka mu kifo kye ekimusaanira mu bulamu bwaffe n’okwagala kwaffe kuba kutuukagana n’okwagala kwe. Okusinza kwaffe kuyinza okuba entandikwa y’enjiri mu bantu abatwetoolodde.

Tuteekwa okwegendereza nti okusinza kwaffe tekuba matendo

agempewo oba agemiwulenge mu bigambo. Singa twerabira okutunuulira oyo gwetusinza ebirowoozo ne tubiteeka ku ekyo kyetukola, tuba tugenda kuva mu kusinza kuno nga tetukomeddwako. Tuba tulinga abagenze mu muzannyo obaabagenda mudduuka.

**Tusinza tutya?**
Okusinza kusobola okutwala emitendera gya mirundi mingi. Tusobola okugulumiza Katonda mu kusaba n'okwebaza, okwatula ebibi byaffe, okusabira abalala era n'okukola obuweereza bwonna obutegeke oba obutugwako obugwi. Okusinza kuteekwa okuba nga kwe kutudde ku ntikko yobulamu bwa bakristaayo bonna era ffenna tuteekwa okubeera abantu abasinza. Nga tusinza tusobola n'okuba nga buli omu ayigira ku munne.

Okusaddaaka bulijjo kubadde ekimu ku mbeera yokusinza. Mu ndagaano enkadde ensolo yasaddaakibwanga okusobola okuleetera abantu okusinza. Ekyokulabirako tulaba Yibulayimu nga azimba ekyoto kya mukama kwanaweerangayo saddaaka (Oluberyeberye 12:8, 13:3-4). Naye kino tekikyetaagisa kubanga ssaddaaka ya Yesu ye kennyini gyeyeweerayo ku musaalaba yadda mu kifo kyenkola enkadde, okutukkiriza ffenna okusinza Katonda mu ddembe bwe tuba n'okukkiriza mu ye nga tumanyi ebibi byaffe nti byasonyiyibwa. Okusinza kuba kya kuddamu eri okwagala kwa Katonda, era n'obulamu, n'okuzuukira kwa Yesu.

Mu Ndagaano Empya, okusinza kwabangamu bino: okutendereza, okusaba, okubuulira enjiri, okusonda ne sakalamentu (ekikolwa kyetukola kungulu ekirabika ekibanga akabonero kekyo Katonda kyakola munda mu ffe.) Bino byonna biba kitundu ku kusinza kwaffe leero kale tujja kuba nga tu tunuulira kimu ku kumu.

**Eky'okukola**

Eddakiika 10

Ekibiina kyawulemu ebibinja 5 ebitonotono. Buli kibinja kiwe obuvunaanyizibwa bw'okukola ebikolwa bino ebyokusinza ebiwandiikiddwa wammanga. Basabe bakebere mu Baibuli kiki

kyeyigiriza ku nsinza eyengeri eyo nga batunuulira ku byawandiikibwa ebibaweereddwa era nebyo byebayinza okulowoozaako.

Okuvannyuma lweddakiika nga 5 leeta ebibinja wamu obasabe bagabane byebaggyeemu na kiki kye bayize. Wano onaabera onoonya kulaba nga batuuka kukwogera ku byokuddamu ebiringa bino ebiwandiikiddwa wammanga ku lwa buli kibinja.

**Ekibinja 1 - Okusaba:** Kebera Engero 15:8, Abasessaloniika1:2 ne 1 Timoseewo 2:1.

- Okusaba kuyinza okuba essaala ezokwebaza, okwatula ebibi, okwegayiriria abalala n'okusinza okwolukale.

**Ekibinja 2 - Okutendereza:** Kebera mu 2 Samwiri 22:50 ne Abakolosayi 3 :16.

- Okutendereza kusobola okubeera nga kwa kuyimba nnyimba n'ebiyiiye oba Zabbuli.
- Kusobola okubeera kwogera ku bulungibwe na bukulubwe.

**Ekibinja 2 - Okutendereza:** Kebera mu 2 Samwiri 22:50 ne Abakolosayi 3:16.

- Ekyawandiikibwa kitulungamya okusanyukira mu kigambo kya Katonda.
- Tusobola okugulumiza Katonda nga tuyita mu kuyiga kigambo kya Katonda, okukikwata mu bwongo bwaffe, okusomesa n'okukibuulira era n'okukiraga mu bulamu bwaffe nga tuli bawulize eri ekigambo kye.

**Ekibinja 4 - Okusonderagana:** Kebera mu 1 Abakkolinso 16:2, 2 Abakkolinso 8:1-4 ne 2 Abakkolinso 9:7.

- Okuwaayo nga tuwagira omulimu gw'ekitundu mu bakristaayo.
- Okuba abagabi mu mutima omusanyufu.

**Ekibinja 5 - Amasakalamentu:** Kebera mu Matayo 28:18-20, 1

Abakkolinso 10:16 ne 1 Peetero 3:21.

- Okubatiza nakwo ngeri ya kusinza. Kabonero ak'ekikolwa ekyokungulu akobulamu bwaffe obupya mu Katonda.
- Okusembera ku mmeeza entukuvu nakwo ngeri ya kusinza. Kutusiba wamu nga abantu abawamu mu kukkiriza era mu nkolagana eyolubeerera ne Katonda.

Lubeerera tuyimba ennyimba ezokusinza, naye okusinza kusukkuluma nnyo kukuyimba obuyimbi: era nga bwetusoma mu lunyiriri lwaffe olwobukusu, obulamu bwaffe bwonna buteekwa kuba bwa kusinza Katonda.

Mu Mikka 6:6-8, ne Amosi 5:21-24 abantu abawamu abasinza baweebwa obuvunaanyizibwa obwenkalakkalira okulaga obutuukirivu bwa Katonda mu bikolwa byabwe. Kino kitegeeza nti tuteekeddwa okulaga ekitiibwa kya Katonda mu bikolwa byaffe ebyokusaasira eri baliranwa baffe (laba Matayo 22:36-39 ne Abaruumi 12).

Obukkakkamu yensibuko y'okusinza. N'olwekyo bwetuyiga okuweereza Katonda mu bwetowaze nga tuweereza eri abantu abanakuwazibbwa nembeera zensi mu bitundu ebitwetoolodde tuba tumusinza.

Eddakiika 10

Kaakati muteeke bye muyize mu nkola. Mulonde enkola 1-2 eyokusinza muzikozese mumale eddakiika 10 nga musinziza wamu.

Eddakiika 10

**Okukubaganya ebirowoozo**

Nga ekibinja mu kubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino:

- Tuyinza tutya okuyingiza abantu bonna mu kusinza kwaffe?
- Waliwo ekintu kyonna ekitwawulayawula era ne kituziyiza okusinzanga abantu abali awamu? Bwekiba bwekityo, kyekiki? (Bwe wabawo ekyogeddwa, kyandibadde kirungi

okukkiriza wabeewo ekiseera ekyokwenenya nga ekibiina wamu, oba oli awo n'obakulembera mu ssaala ey'okwenenya.)

- Kisoboka abantu baffe okukulembeza ennono zamadiini oba enzikiriza mukifo kyokuteeka essira ku kukkiriza nebamaliriza nga okusinza kwabwe kwa mpewo?

**Okusaba**

Eddakiika 15

Gabanyamu ekibiina mu bibinja bya bantu 3 oba 4. Basabe basabire ensonga zino:

- Buli omu asabire munne era musabire nabantu be mulimu, tulyoke tuweereze okusinza kwaffe eri Katonda. Musabe nti kakatonda oba akafaananyi akalala konna kabikkulibwe era kasuulibwe ebbali.
- Mwatule ebibi ebikoleddwa.
- Mweweeyo era mubeeko kye mukola, okulaga nga musinza Katonda, mwagalana, era nga mukolera wamu ebintu wekiba kyetagisizza.

**Eky'okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wiiki eno malako akaseera nga osinza Katonda. Gezaako okulaba nga oyinza okwegatta nabalala okusinziza wamu Katonda. Saba Katonda akulage ebisaana okukyuusibwa mu bulamu bwo osobole okubeera saddaaka ennamu.

**Okujulira**

Nnyonnyola nti bwe tuba tusinza Katonda, atuleetera obulamu obupya. Okuyita mu kusinza kwaffe, abantu abalala basobola okulaba ekitiibwa kya Katonda era nebasobola okumukkiriza nebasobola okwefunira obulamu obupya.

Wiiki eno, sinza Katonda nga obuulirako omulala gwolaba ku bulungi bwa Katonda. Saba Katonda akulage omuntu omutuufu

owokwogera naye. Oyinza okubuuza abantu oba nga balinayo akagero ku bulungi bwa Katonda oba nga waliwo kye baagala okwongera okumanya.

Baanirize bajje mu kkanisa yo oba mu kabinjako okusinza Katonda wamu naawe.

# Ebyokuwandiika

12

# Omwoyo Omutukuvu Agaba Obulamu



'Nze mbabatiza n'amazzi olw'okwenenya: naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, sisaanira na kukwata ngatto ze: oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro.'
Matayo 3:11

**Okuteekateeka**

Bye weetaaga okukozesa mu musomo guno:

- Akati akakalu akaweza 20cm obuwanvu buli muntu mu kibiina
- Akabokisi k'ekibiriiti

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?

Eddakiika 5

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa kyessomo lya wiiki eno kwe kutegeera nti okubeera omukristaayo si kumanya bumanya Yesu oba kumukkiriza. Yesu yasuubiza okusindika Omwoyo Omutukuvu okubeera nga mu ffe era nti Omwoyo Omutukuvu yalibeera ensibuko y'obulamu obupya mu myoyo gyaffe.

Eddakiika 5

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna. Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo

ku lwabwe bokka.

> *Nze mbabatiza n'amazzi olw'okwenenya: naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, sisaanira na kukwata ngatto ze: oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro.*
>
> *Matayo 3:11*

**Okugero**
Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Faith abeera mu kizinga mu massekkati ga Okavango Delta, mu Mambuka ga Botswana. Ekitundu kimanyiddwa nti kirimu ensolo ez'omu nsiko era kye kimu ku bifo ebirungi ennyo mu nsi yonna mw'oyinza okulabira ebinyonyi ebya buli langi ebitatera kulabika labika. Faith n'abewaabwe balima enva nza bika bingi bye batunda ku lukalu. Amala ebiseera bye ebisinga obungi nga alima nga alabirira era nga atunda ebirime asobole okuliisa abamakaage.

Newankubadde nga ekifo kimanyiddwa nnyo, olw'obulungi bwakyo, Faith n'abamakage obulamu bubakalubidde. Faith alina okusomoka omugga gwamazzi nga agenda mu katale akomubuulo mu kyaalo, okutunda enva z'amaka. Omugga gwasomoka akozesa lyato ettono mu mugga ogulimuesolo enkabwe nga envubu ne goonya.

Akaato kaakozesa katono kavugibwa na nkasi. Enkasi kiba kiti ekyabajjibwa. Mulimo mukalubo era omusana bwe guba gwayase bulungi gukalubira ddala nnyo. W'agenda okutuukira ku lukalu nga yenna amenyesemenyese. Ate abeera tali yekka mu kaato, mubeeramu byaba agenda okutunda, ennyannya ziba nnyingi nga zizitowa mu kaato ako.

Mu kitundu kya Okavango mulimu omuyaga mungi. Olumu bwe yali akooye nnyo nga akuba enkasi ku mazzi, nawulira nga omuyaga gukunta mu maaso ge n'afuna ekirowoozo. Nagamba nti lwaki sikozesa muyaga guno gwennyini neguwungula eryato lino asobole okwanguyirwako. Nakwata olugoye olugazi ennyo, nalusiba ku kaato

ke. Nga muli agamba bwaliba ku mugga omuyaga negujja alikozesa nkola yanjawulo.
Lwali lumu, Faith bwe yali afulumye nga ayingide mu mazzi atandike olugendo lwe olw’omu katale, omuyaga ne gutandika okukunta. Omuyaga gwali gwa muggundu era nga gwa kaseera katono. Mangu ddala nasuula okugoye waggulu nelwezingulula mu bbanga. Olugoye lwali lugazi ekimala okuseeyeeyesa akaato. Omuyaga ne gujjula okugoye ne akaato ne katandika okuseeyeeya. Mu ntandikwa, omuyaga bwegwajjula olugoye, akaato katandika okuseeyeeya; olwokubanga gwali gwa maanyi, akaato kabula kata kevuunike mu mazzi. Bwoba ogerageranyizza amaanyi gomuyaga nokukuba enkasi omuyaga gwatandikira ku misinde mingi nnyo. Guno gwe gwali omulundi gwe ogwasooka okuseeyeeya mu lyato nga akozesa muyaga. Kale nolwekyo omuyaga gwakola kinene okusinga emikoko gye kyegyakolanga nga akuba enkasi mu ngendoze.

Era nga Faith bwe yali, naffe tusobola okulafuubana tubeereko bye tukyuusa mu bulamu bwaffe era n’ensi etwetoolodde nga twesigamye ku maanyi gaffe. Naye ffe abakristaayo, tulina obusobozi okutuukirira Omwoyo Omutukuvu owa Katonda, atuwe empewoye etuwe amaanyi agokutambuza ebintu n’okuleeta enkyuukakyuuka. Omulimu gwaffe gwa kumwaniriza mu bulamu bwaffe, atwanjululize olugoye olugazi mu mpewo ye tutandike okuseeyeeya.

**Okumanya Baibuli**
Somera ekibiina <u>Matayo 3:11:17</u>. Kitandika na Yokaana omubatiza nga ayogera.

> 11*Nze mbabatiza n'amazzi olw'okwenenya: naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, sisaanira na kukwata ngatto ze: oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro.*
> 12*Olugali lwe luli mu mukono gwe, naye alirongoosa nnyo egguuliro lye; alikuŋŋaanyiza eŋŋaano mu ggwanika, naye ebisusunku alibyokya n'omuliro ogutazikira.*

*[13]Awo Yesu n'ava e Ggaliraaya, n'atuuka ku Yoludaani eri*
*Yokaana, amubatize. [14]Naye Yokaana yali ayagala*
*okumugaana, ng'agamba nti Nze nneetaaga ggwe okumbatiza,*
*naawe ojja gye ndi? [15]Naye Yesu n'addamu n'amugamba nti*
*Kkiriza kaakano: kubanga kitugwanira bwe tutyo okutuukiriza*
*obutuukirivu bwonna. N'alyoka amukkiriza. [16]Awo Yesu, bwe*
*yamala okubatizibwa, amangu ago n'ava mu mazzi: laba,*
*eggulu ne limubikkukira, n'alaba Omwoyo gwa Katonda*
*ng'akka ng'ejjiba, ng'ajja ku ye; [17]laba, eddoboozi ne liyima mu*
*ggulu, nga ligamba nti Oyo ye Mwana wange, gwe njagala,*
*gwe nsanyukira ennyo.*

Yokaana Omubatiza yatumibwa Katonda okulangirira era n'okuteekateeka abantu olwokujja kwa Yesu. Ebyawandiikibwa bino mu Matayo bitutegeeza okugero lwa Yesu nga Yokaana abatiza Yesu mu Mugga Yoludani. Waliwo emisomo mingi gyetusobola okuyigira ku bubaka buno.

**Yokaana yamanya kye yali**

Yokaana Omubatiza yali muntu. Yalina okuyitibwa okuva eri Katonda okulangirira Yesu- naye yali amanyi ekifo kya Yesu mu nsi eno. Yagamba nti**, '**naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi,' (olunyiriri 11). Yokaana si ye yali Yesu; ye yali muweereza wa Katonda. Naffe bwe tutyo bwe tuli. Ebiseera ebimu abantu balowooza nti be balina obuyinza okuyamba oba okulokola abantu. Si kituufu. Tuteekeddwa okumanya wa wetukoma mu bulamu bwaffe eno nga bwetulindirira Katonda akole mu ffe era atukoleremu. Omwoyo we Omutukuvu ye atuwa obulamu era nabalala.

Mu njiri ya Yokaana, Yesu bwe yali asemberera omugga okubatizibwa, Yokaana yayogerera waggulu neddoboozi eddene nti, 'Laba, Omwana gw'endiga gwa Katonda' (Yokaana 1:36). Mu biseera bino kino kibuzaabuza okukyogera. Kitegeeza ki? Omwana gw'endiga gwakozesebwanga mu buwangwa bw'eddiini

y’Abayudaaya abekiseera ekyo nga saddaaka olw’ebibi by’abantu. Omwana gw’endiga gwasaddaakibwanga eri Katonda era okuyita mu mutendera ogwo, abantu baatukuzibwanga okuva mu bibi byabwe ne batereezebwa mu maaso ga Katonda. Baali tebasobola ku kyekolera.

Mu ngeri yemu, Yesu ye yali omwana gw’endiga ogwa Katonda. Katonda gwe yali atumye okusaddaakibwa olw’ebibi by’ensi. Yokaana kino yakitegeera kye yava ayogerera waggulu nti, ‘Laba, Omwana gw’endiga’. Yokaana yakitegeera nti omulimu gwa Katonda gwe gututereeza ne Katonda. Omwoyo wa Katonda ye atuwa obulamu.

**Yesu abatiza na Mwoyo Mutukuvu na Muliro**

Yesu nga tanaleka bayigirizwabe, yabasuubiza nti alibasindikira ekirabo: Omwoyo we Omutukuvu abeerenga mu bo. Omwoyo Omutukuvu, era nga Yesu, Katonda ddala era ajja mu bulamu bwaffe bwe tuba tumwanirizza naleeta okubeerawo kwa Katonda n’amaanyi kubuli muntu mu ffe. Baibuli eyogera ku kubatizibwa oba okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu owa Katonda.

Yesu okutubatiza n’Omuliro Kitegeeza ki? Omuliro kifaananyi ekikozesebwa okwogera ku Mwoyo Omutukuvu okuba n’amaanyi era nga teri asobola kumufuga n’omuliro bwe gutyo bwe guli, gwokya era ne gusaanyawo. Bwoba otunuulidde omuliro nga gwaka mu kisiko awantu wonna mu nsi, omuliro gwokya buli ekiri maaso gakyo. Amaanyi ga Katonda gasobola okwokya buli muze mubi na buli kirowoozo ekitwawukanya ne Katonda.

Ekifaananyi ekirala Baibuli kyekozesa kyekyo ekyempewo eyamaanyi. Baibuli ekigambo kyekozesa kyekyoekiyitibwa, ‘ruach’omuyaga ogwamaanyi ogukuntira mu bulamu bwaffe. Tetuteekeddwa kwekolamu buli kintu ffe ffenyini mu bulamu bwaffe. Era nga olugoye lwa Faith mu lugero lwaffe, obulamu bwaffe bulina kujjuzibwa Mwoyo wa Katonda.

Omwoyo Omutukuvu ali mu bulamu bwaffe takoma kukutuwa bulamu, naye atusobozesa okuwa n'abalala ababeera naffe obulamu.

Eddakiika 5

**Eky'okukola**

Mukyokukola kino mujja kwetaaga akati oba akabaawo buli muntu mu kibiina. Era nga bwe tujja okuba nga tukozesa omuliro, mbasaba mufulume mugende mu kifo ekitali kumpi namayumba. Abaana nabo bwe baba nga bagenda kwetaba mu kyokukola kino, bayambibweko omuntu omukulu.

- Buli omu akwate akatike akoleeze akabiriiti akoleeze ku kati.
- Akati bwe kakoleera, nnyonnyola abantu obagambe nti, nga bwe mulaba kino, ne Katonda bwatyo bwakola ne mu bulamu bwaffe. Abukumamu omuliro nga akozesa Omwoyo Omutukuvu. Omuliro gukiikirira okutya Katonda ffe ne tufuuka abalamu. Fuba okulaba nti buli omu kino akitegeera.
- Buli kati kamuntu kakoleeze nga omuliro ogujja ku kati akako. Nga bwogenda nga okola kino, nnyonnyola abantu nti bwati n'omwoyo bwagaba obulamu. Nga buli omu muffe bwagenda nga agabana obubaka bwa Yesu eri abalala nabo basobola okufuna ekirabo kyobulamu obupya. Omwoyo Omutukuvu ajja natukoleeza mu omulirogwe ffenna.
- Saba omuntu omu oba babiri mu kibiina akoleeze akati komulala okulaga nti obulamu busobola okulanda nga businziira ku bulamu bwa muntu omu.

**Yokaana ne Yesu bakimanya nti Omwoyo agaba obulamu**

Owulira nga kikwewunyisa okuba nti ne Yesu yali yeetaaga okubatizibwa? Yesu yali muntu ddala era Katonda ddala, muntu ate era Katonda. Waliwo oluyimba olukadde olumanyiddwa ennyo nga lugamba nti, Katonda yemalamu yenna neyejjako oba

neyeyambulako byonna, okujjako okwagala[4] najja mu kikula kya Yesu ku nsi okutulokola.
Naye Yesu era nga omuntu omulala yenna, yali yeetaaga OmwoyoOmutukuvu okutuukiriza ekyo Katonda Kitaawe kye yali amutumye okutuukiriza. Yesu bwe yabatizibwa, Omwoyo Omutukuvu yamukkako; abantu ne balaba ekiringa ejjuba nga kimukkako. Yesu ne Yokaana omubatiza bwe baba nga beetaaga Omwoyo Omutukuvu, naffe tumwetaagira ddala!

Eddakiika 5

**Eky'okukola**
Oba nga Yesu ye nnyini yeetaaga Omwoyo Omutukuvu tumwetaaga kyenkana ki? Ffe okusobola okuba nga tujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, twetaaga okugamba ntiweewaawo eri Katonda era tumukkirize okubeera mu bulamu bwa ffe.

Buuza mu kibiina oba nga mulimu omuntu eyandyagadde okwetwalira eddaala lino. Bwe mubaamu, awo osabe essaala eno wamu nabo nga ogisoma lunyiriri ku lunyiriri eno nga bwe bagiddamu oluvannyumalwo.

> Mukama Yesu, njagala okujjuzibwa n'Omwoyo wo Omutukuvu.
> Weebale olwobulamu obupya bw'ompa.
> Olwaleero nsalawo okukkiriza ekirabo ekyo.
> Nsonyiwa olwamakubo gembadde ntambuliramu mu bulamu;
> nsaba ojje obeere mu nze era onnyambe obulamu bwange obusigadde mbubeeremu nga nkuwa ekitiibwa.
> Nzijuza Omwoyo Omutukuvu onfuule mupya.
> Amiina.

Eddakiika 10

**Okukubaganya ebirowoozo**
Nga muli mu bibinja bya bantu 3 oba 4 mukubaganye ebirowoozo ku bibuuzo bino wammanga. Nga mumaze okukubaganya ebirowoozo,

[4] Charles Wesley, 'And Can It Be' (Kisoboka), 1738

mugabane ebivuddemu nabalala abomukibiina.

- Wali ojjuzibbwa Omwoyo Omutukuvu? Wawulira ki mu ggwe?
- Bitundu ki muffe ebiyinza okukyuuka ne bitereera nga Omwoyo Omutukuvu azze mu bulamu bwaffe?
- Waliwo ekibi mu bulamu bwaffe kye twetaaga okusumululwamu? Bwe tuba tetwekakasa ebibi bwe bifaanana, buuza oba nga waliwo embeera mu bulamu bwaffe w'otuuka nowulira nga osalirwa omusango.

Kakasa nti otwalako akaseera nga ogabana eby'okuddamu ne kibiina kyonna.



Eddakiika 15

**Okusaba**

Baibuli egamba nti tussengako emikono ku bannaffe mu kusaba. Buli muntu mu kibiina asaanye okusabirwa omu ku omu. Saba abasigadde bakungane bamwetooloole mu kumusabira buli omu amusseeko emikono. Mwenna wamu, musabe ajjuzibwe oba abatizibwe n'Omwoyo Omutukuvu. Musuubire okulaba obubonero obw'Omwoyo Omutukuvu nga ajjula abantu: abamu bayinza okuseka, okukaaba, okuwulira emirembe, oba essanyu eritabeerangako mu bulamu bwabwe. Mwanirize Omwoyo Omutukuvu okukola omulimugwe omulungi wakati mu kibiina.

Ekibiina nga kikola bwe kityo, oyinza okulaba nga abantu abamu balaga okutabuka okutabadde tekusuubirwa, okusunguwala oba ebikolwa ebyo bukambwe. Abamu bayinza okukankana nokwesisiwala. Oyinza okulaba abamu nga balaga obubonero obutali bwa buntu bulamu; ekyo kiraga nti waliwo omwoyo omubi oguba gweraga mu bo. Kale buli ekibeerawo jjukira nti Yesu byonna abifuga. Temutiisibwa oba okukangibwa. Mulagire bulagizi omwoyo ogwo okusirika nokugulagira gufulume mu muntu oyo mu linnya lya Yesu Mukama waffe. Bino tetusobola kubikola mu maanyi gaffe. Okujjako mu maanyi ga Yesu.

Omwoyo omubi nga gugenze oba nga omuntu abadde atabuse

akkakkanye, kiba kiseera kya kusaba Omwoyo Omutukuvu ajje ajjuze omuntu oyo okutuuka ku kubooga. Kino kikulu nnyo era laba nga omuntu ono asigala mu nkolagana ennungi ne Yesu.

Musabire buli muntu mu kubiina, omu ku omu. Muyinza n'okusabira abantu abali mu mbeera enkakanyavu nga bafuba bufubi, kino ekisabirwa kiyinza okuba nga kyakubaganyiziddwako ebirowoozo emabegako.

**Eky'okukola mu wiiki eno**


Tujja kubangako n'omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw'olusoma olwa buli wiiki. Wesabirenga buli lunaku nabantu bonna bogabanyeko nabo nga ekitundu kukujulira kwemubaddengamu, nti Omwoyo Omutukuvu asobole okujja abawe obulamu.

**Okujulira**

Matiza ekibiina nti ekigendererwa kya Katonda si kuleeta buleesi Omwoyo Omutukuvu agaba obulamu mu bulamu bwaffe. Lowooza ku bantu bonna bemwogeddeko nabo mu biseera ebyokujulira kwe mubaddengamu. Yesu ayagala kuleeta bulamubwe mu bantu bonna ne mubantu abalala era ne mu mbeera zetuyitamu. Era kino bwe kyalinga ne mu biseera bya Yesu nga kyali ku nsi mu mubiri. Omwoyo Omutukuvu yamuleetera obulamu era ne kubantu bonna okuyita mu ye.
Wiiki eno nga oli wekka oba nabalala abomu kibiina kyo, musabe Omwoyo Omutukuvu abalage embeera emu gye muyinza okubaako kyemuyamba mu bantu be mulimu. Musabire wamu Omwoyo Omutukuvu owa Katonda ayingire mu mbeera era mumubuuze abalage engeri gyemuyinza okutereezamu embeera ezo.

13

# Omusomo mu bufunze



'Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.'

2 Abakkolinso 5:7

**Okuteekateeka**

Bye weetaaga okukozesa mu musomo guno:

- Ekkalaamu n'olupapula

Olina:

- Gw'osabye mu kibiina okusoma olugero?
- Gw'osabye mu kibiina okusoma ekitundu ky'ebyawandiikibwa mu Baibuli?
- Osabye abantu okuleeta ekkalaamu n'empapula?

**Okwaniriza n'Okuzza amawulire**

Eddakiika 5

- Weebaze buli omu olw'okujja okubeerawo mu kibinja.
- Tandika n'essaala ennyimpimpi nga nnyangu.
- Buuza ekibiina oba nga baakola omulimu ogwabaweebwa 'Okukola wiiki eno' era 'n'okujulira'.
- Yita abantu bajje mu maaso basobole okugabana ekintu kyonna buli omu kye yayiga oba kye yakomako nga akoze ekyo ekyamuweebwa okukola.

**Ekigendererwa**

Ekigendererwa ky'essomo lya wiiki eno kwe kwejjukanya ku birowoozo ebikulu bye twogeddeko mu kitabo kye Misingi 1 era n'okutunuulira mu maaso ku bigenda okuddirira mu kitabo 2.

**Ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu**

Eddakiika 5

Ekibiina kisomere ekyawandiikibwa eky'okukwata obukusu ojulize ne wekisangibwa mu Baibuli. Ddamu era okisome mu butundutundu obutonotono, eno nga ekibiina bwe kiruddamu nga bw'ogenda osoma buli katundu oluvannyumalwo. Olwo ogende nga oyongezaako ku buwanvu bw'ebitundu by'ogenda osoma era nga bwe baddamu okutuusa lw'olaba nga basobola okulwogera lwonna. Abantu bazzeemu amaanyi okugezaako nga bagenda baddamu bo ku lwabwe bokka.

*Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde*

*ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.*
*2 Abakkolinso 5:17*

**Okugero**
Somera ekibiina okugero luno wammanga:

Waliwo akabuga akali ku lubalama lwe nnyanja mu Bungereza akayitibwa Whitby. Nga ojjeeko emirimu emingi egikolebwa mu, kamanyiddwa nnyo olw'omulimu gw'okuvuba ebyenyanja. Emyaka nga kikumi egiyise amayumba gaazimbibwa mu kabuga gasobole okuba nga gakozesebwa abavubi. Bwaba nga buyumba butonotono, ku bu polota obw'essente entono okumpi n'enjegooyego z'enjazi. Mu myaka egitali gya wala egy'obuyumba obwo bw'afuuka ebisulo byabalambuzi abajja mu kuwummula nga bakyalidde ekitundu ne bafuna ekifo ekirungi kye balabiramu ennyanja.

Mu mwaka gwa 2012 kyali kiseera kya nkuba nnyingi nnyo era n'obudde bwali bubi nga ne ttaka libomoka n'obuyumba obwali okumpi n'ennyanja nga 5 bwa gwa. Abantu abaali mu buyumba baddukamu era ne busaanawo wamu n'amayumba amalala agekitundu okumpi n'oluguudo.

Newankubadde nga ekifo kyali kirungi okubeera mu, kati kyafuuka kya katyabaga okubanga oli azimba okumpi n'enjazi era kati waliwo omulimu omunene ogwokutereeza ekifo ekyo okutaliza amayumba amalala.

**Okumanya Baibuli**
Somera abantu <u>Matayo 7:24-27:</u>

*[24]Buli muntu awulira ebigambo byange ebyo, n'amala abikola,*
*kyaliva afaananyizibwa n'omusajja ow'amagezi eyazimba enju*
*ye ku lwazi: [25]enkuba n'etonnya, mukoka n'akulukuta, kibuyaga*
*n'akunta, ne bikuba enju eyo; so n'etegwa; kubanga*
*yazimbibwa ku lwazi. [26]Na buli muntu awulira ebigambo*

*byange ebyo n'atabikola, alifaananyizibwa n'omusajja atalina magezi, eyazimba enju ye ku musenyu: [27]enkuba n'etonnya, mukoka n'akulukuta, kibuyaga n'akunta, ne bikuba enju eyo; n'egwa: n'okugwa kwayo kwali kunene.*

Eddakiika 5

**Okukubaganya ebirowoozo**
Buuza abantu oba nga waliwo mu bo abaali bazimbyeko ku nnyumba.

- Kiki kye basinziirako okusalawo ekifo ekirungi eky'okuzimbamu?
- Ate ekifo ekitali kirungi kyakuzimbamu kiyinza kubeera wa?

Yesu yayogera olugero lwabasajja babiri, eyazimba ennyumbaye ku musenyu, n'omulala eyazimba ku lwazi. Emiyaga bwegyajja, era nga bwegitera okukola, ennyumba eyazimbibwa ku musenyu negwa, naye ate ennyumba eyazimbibwa ku lwazi teyagwa. Engero zino zombi zituyigiriza essomo ddene: bwe tutazimba misingi gyaffe bulungi, buli kyetulizimba kigenda kugwa emiyaga bwe giriggya. Era nga bwe kiri nti kiriwoozo ekikwatibwako mu bikolebwa n'emikono, bwe kityo bwe kiri ne mu by'omwoyo. Nga abakristaayo tukkiriza nti kintu kikulu okuzimba obulamu bwaffe ku musingi omunywevu; mu mazima Katonda ayogerwako nga 'olwazi' mu Baibuli. Mu kitabo kino, n'okuyita mu misomo gy'emisingi, tugenda kulaba emitendera gy'okuyiga engeri gye tufunamu obulamu obupya mu Katonda, nengeri gyetuyinza okuzimba obulamu obwo nga tweyambisa emisingi okuzimba ku lwazi okunywevu.

Okuzimba ku lwazi kitwala ekiseera kiwanvu okusinga ekiseera kyomala nga ozimba ku musenyu. Ye nsonga lwaki abantu bangi bakemebwa okutwalako kiri ekimala akaseera akatono kubanga kyangu. Naye Baibuli etugamba nti tubeere n'enjawulo mu bulamu bwaffe. Mu Matayo 7:13-14 Yesu agamba nti:

*[13]Muyingire mu mulyango omufunda: kubanga omulyango*

*mugazi, n'ekkubo eridda mu kuzikirira ddene, n'abo abayitamu bangi. [14]Kubanga omulyango mufunda n'ekkubo eridda mu bulamu lya kanyigo, n'abo abaliraba batono.*

Obulamu bwaffe obweki kristaayo, bulamu bwa kwanganga, bugenda kubeeramu ensozi ne bikko, ebisoomooza n'okujaguza NAYE bwe tukuuma emisingi gyaffe nga minywevu ku lwazi awo wetunaasobolera okulwanagana na buli ekigya.

Eddakiika 15

**Eky'okukola**
Bw'oddako emabega n'otunuulira emisomo gyetusomye, saba buli muntu alondeyo ekintu kimu ku byetuyize akigabaneko nga alaga kiki kyayize, ky'azudde oba ekyo ekitandise okukyuusa endowooza ne nneeyisaye.

**Bwotunuulira ku byetuyisemu mu katabo 1: Obulamu Butandika**
Mu katabo kano mu mitendera, gya **Obulamu Butandika**, twayanjula endowooza yobulamu obupyanga ekirabo ekiva eri Katonda. Kye kintu kyalina ku lwa buli muntu mu ffe, nga tosososdde oba toyawudde kiki kye tukoze. Era nga ekyawandiikibwa kyaffe ekyobukusu bwe kitujjukiza:

*Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.*
*2 Abakkolinso 5:17*

Kaakati nno nga ekipya bwe kizze kifaanana kitya?

Ekirabo eky'obulamu obupya kitegeeza nti singa tukimusaba, Katonda atusumululа okuva mu bulamu obukadde obwekibi n'okulafuubana. Tetukyali abamwawukanako, naye atukomyawo mu nkolagana eyomukwano wamu naye, eribeerera emirembe gyonna. Ajja nabeera mu mitima gyaffe n'atandika omutendera ogw'okutukyuusa nga aviira munda mu ffe nga adda ku ngulu.

Atwagala nga bwe tuli, naye kiba kiyitiridde bwatuleka nga bwatufunye. Gyetugenda nga tweyongera okumumanya, n’okugamba nti weewaawo gyali bulijjo, atwala obulamu bwaffe n’abubumba tusobole okugenda nga tweyongera okufuuka nga ye.

Era nga mu bulamu twazaalibwa mu maka. N’obulamu bwaffe bwe buli mu Katonda: twegatta ku maka ge agensi yonna. Tulina baganda baffe ne bannyinaffe, ne Kitaffe owomuggulu omupua. Kitegeerza nti tetukya beerako muntu nomu gwetubeera naye nga omulabe waffe; tulinaokusonyiwa abo betwasoowaganako nabo emabega. Mu mazima Matayo 5:44 Baibuli egenda mu maaso okugamba nti:

> *Naye nange mbagamba nti Mwagalenga abalabe bammwe, musabirenga ababayigganya.*

Nga bwe twagambe emabegako, kijja kutwala ekiseera okusobola okumanya Katonda ne tukola kyetuteekeddwa okukola mu maka gaffe amapya. Twetaaga alaseera nga tuli ffekka nga tuli naye ate era kitwale akaseera nga tuli wamu naboluganda abakristaayo mu maka amapya. Kino tusobola okukikola nga tusaba era nga tumuwuliriza, nga tuyita mu kusoma n’okuyiga Baibuli, era n’okumusinza nga tuli ffekka era nga tuli wamu namaka gaffe amapya.

Nekisembayo, twayanjudde ensonga ey’Omwoyo Omutukuvu gyemuli, nga tubalaga nti ye yajja okubeera mu mitima gyaffe bwetuba tumwanirizza. Omwayo Omutukuvu yaleeta obulamu, era nga omuyaga mu ligero lwa Faith olwokuseeyeeya ku mazzi. Twamaze akaseera nga tusaba tukoowoola Omwoyo Omutukuvu okujja ajjuze obulamu bwaffe era atuwe okubeera obumu neKatonda.

**Tukunukkirize akatabo 2: Obulamu Bukula**
Mu katabo akaddako, ***Obulamu Bukula*** tugenda kuyiga bingiko ku Mwoyo Mutukuvu era naki kye kitegeeza okujjuzibwa Omwoyo Omutukuvu. Era tugenda kuyiga bingi ku mbala ya Katonda ye nga

atwagala, era na ngeri ki okwagala okwo gye kukoma ku birowoozo byaffe era n’ebikolwa. Tujja kutandika okutegeera mu buziba bw’amakulu agali mu kufa kwa Yesu ku musaalaba kye kutegeereza ddala gye tuli era na ngeri ki Katonda gy’atulabamu.

Buli ssomo lijja kutusobozesa okunoonyereza n’okuzuula bingi ku bulamu obupya bwe twaweebwa, lijja kulagirira emakubo gaffe, okumulisa ebirowoozo byaffe oba olyawo nokuzaamu amaanyi emitima gyaffe. Mazima ddala tukuzzaamu amaanyi okugenda mu maaso otwegatteko mu Katabo Akemisingi 2.



Eddakiika 15

**Okusaba**

Jjukiza abantu nti bo okusobola okukkiriza ekirabo ekyobulamu obupya era nokuba nti buli kyebayize kifuuka kya buliwo mu bo balina okutwala eddala eryokukkiriza, nokubanga batwala amadaala agokukkiriza okuyigira ku Katonda. Buuza oba nga waliwo ayagala okutwala eddaalaerisooka eryokukkiriza ekirabo kya Katonda ekyobulamu. Bwaba waali olwo nno saba essaala eno wamu nabo:

> Weebale Yesu olwokufa mu kifo kyangel
> Weebale olw’okumpa obulamu obupya.
> Nsonyiwa olwebibi byonna mu bulamu bwange.
> Olw’ebyo byonna by’onkoledde, mpaayo byonna bye nnina ku lulwo!
> Nyamba ntambulire mu bulamu bwo.
> Amiina.

Twala akaseera nga weebaza Katonda olwa byonna abantu bye bagabanye ku biseera byabwe nga batunuulira emisingi mu Katabo 1.

Bwomala okwebaza nokutendereza Katonda, mala akaseera nga osabira ensonga zonna eze nkalakkalira nebisoomooza abantu abamu mu kibiina bye bayinza okuba nga bayitamu.

**Eky’okukola mu wiiki eno**

Tujja kubangako n’omulimu gwe tukola nga tuli ekka oluvannyuma lw’olusoma olwa buli wiiki. Kwata akayinja konna mu ngalozo oba olwazi okunene lwoyinza okutuulako oba okuyimirirako. Twalako akaseera nga wefumiitiriza ku bugumu bwolwazi olwo. Awo otandike okwebaza Katonda okuba nti ye yasinga okuba omugumu ennyo okusinga ezo era omusabe ayongere okuzimba obulamu bwo ku ye, ‘Olwazi’.

**Okujulira**

Mu kusaba tegeeza Katonda akulage omuntu gwoyinza okwaniriza mu ssomo eriddako nga mutandika Ekitabo ekyo 2. Oba oli awo yandiba nga ye omu kwabo gwobadde ogabananga naye obugero bwo mu kujulira okubaddengawo, oba omuntu gwe wagabana naye ekyawandiikibwa ekyobukusu, oba gwe wagabana naye enkulungo 3 oba gwe wagenda noyogerako bwogezi naye. Babuulireko by’osobodde okuyiga okuva mu musomo gwomu kibiina era balowooze ne ku kukomawo okwegatta mu lusoma oluliddako.

# Ebyawandiikibwa eby'obukusu

'Omubbi tajja wabula okubba, n'okutta, n'okuzikiriza. Nze najja zibe n'obulamu, era zibe nabwo obungi.**'**

*Yokaana 10:10b*

'Laba, nnyimiridde ku luggi, nneeyanjula: omuntu yenna bw'awulira eddoboozi lyange, n'aggulawo oluggi, nnaayingira gy'ali, era nnaaliira wamu naye, naye nange.**'**

*Okubikkulirwa 3:20*

'Nneebaza Katonda wange buli lwe mbajjukira,…nga ntegeeredde ddala kino ng'oyo eyatandika omulimu omulungi mu mmwe aligutuukiriza okutuusa ku lunaku lwa Yesu Kristo:**'**

*Abafiripi 1:3&6*

'Kale mugende, mufuule amawanga gonna abayigirizwa, nga mubabatiza okuyingira mu linnya lya Kitaffe n'Omwana n'Omwoyo Omutukuvu;'

*Matayo 28:19*

'Era tulowoozaganenga fekka na fekka okukubirizanga okwagala n'ebikolwa ebirungi; obutalekanga kukuŋŋaana wamu, ng'abalala bwe bayisa, naye nga tubuulirira; era nga tweyongeranga okukola ebyo bwe tutyo,**'**

*Abaebbulaniya 10:24-25a*

'Musirike mumanye nga nze Katonda.'

*Zabbuli 46:10a*

'Buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu: omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi.'

*2 Timoseewo 3:16-17*

‘Etteeka lya Mukama lyatuukirira, erikomyawo emmeeme:
Okutegeeza kwa Mukama kunywevu, okuwa abasirusiru amagezi.
Bisaanira okubiyaayaanira okusinga ezaabu, era n'ezaabu ennyingi ennungi:
Biwoomerera okusinga omubisi gw'enjuki n'ebisenge byagwo**.**’

*Zabbuli 19:7&10*

‘Nga mumusindiikiririzanga ye okweraliikirira kwammwe kwonna, kubanga ye ateeka ku mwoyo ebigambo byammwe.’

*1 Peetero 5:7*

‘Bwe baamala okusaba, mu kifo we baakuŋŋaanira ne wakankana; bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne boogera ekigambo kya Katonda n'obuvumu.’

*Ebikolwa By'abatume 4:31*

‘Kyenvudde mbeegayirira, ab'oluganda, olw'okusaasira kwa Katonda, okuwangayo emibiri gyammwe, ssaddaaka ennamu, entukuvu, esanyusa Katonda, kwe kuweereza kwammwe okw'amagezi.’

*Abaruumi 12:1*

‘Nze mbabatiza n'amazzi olw'okwenenya: naye oyo ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, sisaanira na kukwata ngatto ze: oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu n'omuliro.’

*Matayo 3:11*

‘Omuntu yenna bw'aba mu Kristo kyava abeera ekitonde ekiggya: eby'edda nga biweddewo; laba, nga bifuuse biggya.’

*2 Abakkolinso 5:17*

# Ebyokuwandiika

# Olukalala lw'ebifaananyi

| **Ekifaananyi** | **Ebikwata ku kifaananyi** |
|---|---|
| Eddiba eryokungulu | Ekifaananyi kyakubibwa ku Crabtree |
| Olupapula lw'omutwe gw'Essomo 1 | Ekifaananyi kyakubibwa Annie Spratt ku Unsplash |
| Olupapula lw'omutwe gw'Essomo 2 | Ekifaananyi kyakubibwa Igor Ovsyannykov on Unsplash |
| p20: Ekibya ekyebbumba | Ekifaananyi kyakubibwa PublicDomainPictures ku Pixabay |
| p20: Ekibya ekiwunde | Ekifaananyi kyakubibwa cocoparisienne ku Pixabay |
| Essomo 3 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Larry Li ku Unsplash |
| Essomo 4 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Benny Jackson ku Unsplash |
| Essomo 5 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Aman Shrivastava ku Unsplash |
| Essomo 6 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Johannes Plenio ku Unsplash |
| Essomo 7 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Jonas Verstuyft ku Unsplash |
| Essomo 8 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Enrique Vidal Flores ku Unsplash |
| Essomo 9 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Jeremy Yap ku Unsplash |
| Essomo 10 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Jon Paul Witt, kyakozesebwa na lukusa |
| Essomo 11 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Jonatan Pie ku Unsplash |

| | |
|---|---|
| Essomo 12 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Joshua Newton ku Unsplash |
| Essomo 13 ku lupapula | Ekifaananyi kyakubibwa Aaron Burden ku Unsplash |

ESSOMO LY'EMISINGI 1

# Obulamu Butandika

***Essomo ly'essomo*** eriyamba abantu okunoonyereza n'okukula mu nkolagana yabwe ne Katonda era n'okubazzaamu amaanyi okuweereza bantu bannaabwe mu bitundu mwe bawangaalira. Lyawandiikibwa mu ngeri ey'omutindo ogwa waggulu ennyo esobola okusomesebwa mu buli kitundu kyonna okwetooloola ensi, era nga lituukana na buli buwangwa bw'abantu. Essomo ly'emisingi liri mu nsengeka ya bitabo bina, nga buli kitabo kirimu engigiriza esengekeddwa mu ngeri ey'okukubaganya ebirowoozo wakati w'ebibinja by'abantu ya mirundi kkumi n'esatu.

***Essomo ly'emisingi*** lyawandiikibwa abantu abaakyaala nga bava mu bitundu eby'enjawulo mu nsi yonna nga bakola nga ba nnakyewa, era ne bakungaanya wamu emisomo gye baawaandiika ne gisunsulwa ab'ekitongole ekiyitibwa (Dignity).

***Essomo ly'emisingi 1: Obulamu Butandika*** ligendereddwa okuyamba abaakalokoka oba abo abatalokokanga. Litandika mu ngeri ennyangu ennyo okutegeera mu kulungamya abantu mu mitendera egy'okukkiriza n'okumanya Katonda.

**Tutuukirire ku hello@dignityonline.org.uk oba ku +44(0)7340 573 937. Bw'oba oyagala okufuna ensengeka enzijuvu ey'emitwe gyaffe n'emiwendo, kyalira omukutu gwaffe ogwa website: www.dignityonline.org.uk/publications.**

Luganda 1st Edition
Pulan yo ku ddiba: The Message Trust
Ekifaananyi kyo ku ddiba: Crabtree/Unsplash

DIGNITY

www.dignityonline.org.uk